

OKUKUZA ABAANA NABWO BUWEREZA MU BITUNDU  
**EMPULIZIGANYA EY'OKWAGALA**  
**EKITABO EKY'OKUJJUZAMU**

**OMUZINGO 2**

“Kale mugende, mufuule abantu b'amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe. Era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo” (Matayo 28:19-20).

*Empuliziganya ey'Okwagala Muzingo 2 Ogwo Okukuza Abaana Buwereza Mu Bitundu.*

**Emitwe emilala mubuwereza bw'okuza abaana**

*Enkuza y'Abaana Ekyusa (Omuzingo 1)*

*Tendeka Abaana Bo (Omuzingo 3)*

*Okukangavvula Okw'omu Baibuli (Omuzingo 4)*

*Ekitabo ky'Omukulembeze*

**Obutabo Obulala Obwa FDM.world**

Omukristayo kumusingi ogwamazima: Omusingi ogwa namaddala ogwokuyigiriza aka Craig caster.

Obufumbo nabwo buwereza aka Craig caster

Okutegeera abavubuka aka Craig caster.

Obutabo bwona obwa FDM world bukirizibwa okusomebwa omuntu kinomu, oba abangi ngekikozesebwa mukuyigirizibwa era nokuwabula.

**Kino Kikulu:** Amabanga age'mpapuula okuva mukatabo ke emirimu akasooka gagidwamu. Enamba ezempapuula ezimu zandiba zibukidwamu ku lwe nsonga eno.

# **Empuliziganya ey'Okwagala**

Okukuza Abaana Nabwo Buwereza Mu Bitundu Omuzingo 2  
*Amaka ag'Obuwangwa, Ag'omugatte, n'Agakuzibwa Omuzadde Omu*

Craig Caster

Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe: era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo. (Matayo 28:19-20)

# OBUWEREZA MUKUYIGIRIZIBWA KW'AMAKKA

Esimu: (619) 590-1901

Emayilo: info@FDM.world

Website: [www.FDM.World](http://www.FDM.World), [www.discipleshipworkbooks.com](http://www.discipleshipworkbooks.com)

Empuliziganya ey'Okwagala Mu Okukuza Abaana Buwereza Mu Bitundu Omuzingo 2, aka Craig caster.

ISBN 978-1-7331045-7-9

Okukubisa ne nkola eya kali magezi obwananyini ©2020 bwa Craig caster. Obwananyini bwona busigalizidwa. 09012020 kadidwamu.

Okugyako mungeri endala ewandikidwa, byonna ebyawandikibwa bigidwa okuva mu nkola empya eya king James version. Obwananyini 1982 bya Thoma Nelson. Bikozezedwa awali olukuusa. Obwananyini bwona busigalizidwa.

Ebyawandikibwa ebilabidwa na kabonera NASB bigidwa mu New American standard Bible obwananyini 1960,1962,1963,1968,1971,1972,1973,1975,1977,19995 bya musinji gwa Lock man. Bikozezedwa awali olukuusa.

Ebyawandikibwa ebilambidwa ne NIV bigidwa okuva mu Baibuli entukuvu, New international Version. NIV obwananyini 1973,1978,1984,2011 bya Biblica. Bikozezedwa awali olukosa. Obwananyini bwona busigalizidwa ensi yonna.

Awatali kukoma kulukusa lwa bwa nanyini obusigalizidwa wagulu, tewali kitundu kukufulumya kuno - newankubade mu bukubisiswa oba munkola eya e-book, oba ekintu kyona ekikubisidwa ekyawukana - kyandi nadamu Okufulumizibwa, okuterekebwa munda oba nekyanjulibwa mu mutendeera ogwo'kukiza oba nekisindikibwa, mu ngeri yona oba mungeri zonna (mubyamasanyalaze, ebyuma, okwokesamu, okukwata a maloboozi oba nengeri endaala) awatali lukuusa luwandiike.

## Ebirimu

Entandikwa .....	v
Enyanjula .....	vii
Essomo 1: Okwagala Kulina Kakwate Ki Ku Kino? .....	10
Essomo 2: Ekyenjawulo Kubaana Baffe.....	15
Essomo 3: Okugerageranya Okugugumuka n'Okwanukula .....	21
Essomo 4: Okwagala Kugumikiriza .....	28
Essomo 5: Okwagala Kulina Ekisa .....	33
Essomo 6: Okwagala Tekweyagaliza .....	37
Essomo 7: Okwagala Kweyisa Bulungi.....	43
Essomo 8: Okwagala Bye Kutakola.....	52
Essomo 9: Okwagala Kujaguza .....	57
Essomo 10: Okwagala Kugumikiriza.....	64
Essomo 11: Empuliziganya Yankizo.....	68
Essomo 12: Omutima ogw'Okwagala.....	72
Essomo 13: Okulemelerwa Okwagala .....	79
Essomo 14: Olutalo Lwomwoyo .....	89
Essomo 15: Okuyigganyizibwa n'Okwerowoozaako.....	95
Ebyongerezeddwako Eby'okukozesa .....	103
Eky'ongerezedwamu G: Okulongoosa Empuliziganya Yo ey'Okwagala. ....	132
Ekyongerezeddwako S: Okwekebeera kw'abazadde.....	136
Ebisembayo .....	144
Ebikwata Kumuwandiisi .....	146

## Entandikwa

Abazadde abasinga obungi bandikkiriziganyizza ku bintu bibiri: okukuza abaana kiyinza okuba *eky'ekitalo era ekizibu*. Waliwo enkyukakyuka eziteekwa okukolebwa ku buli njawulo y'omwana, era okukuuma abaana nga basanyufu kiyinza okuba ekizibu. Naye ekisinga okusomooza kwe kukuliiza abaana mu mpiisa. Abafumbo balina okukola nga ttiimu, abazadde abali obwannamunigina bakolera awatali buyambi era buli muzadde alina okusoomoozebwa okukuuma n'okutendeka buli mwana okuva lwe yazaalibwa okutuuka lw'akula. *Ddi, wa, ngeri ki, bungi ki, emirundi emeka*, okumala ebanga ki era nga *ddala kino kikola*, bye bimu ku bibuuzo ebijjude ebiroowoza by'omuzadde bw'atunuulira omwana ow'omuwendo era omujeemu. Ekituufu kiri nti, abazadde abasinga obungi ennaku zino tebamanyi wa gye bayinza kudda, bakkiriza nti bazadde baabwe baakola omulimu omulungi, era bawulira nga tebalina bisaanyizo.

Naye waliwo obuyambi eri abo abanaawuliriza. Katonda, omutonzi w'ebintu byonna, tatulese nga tetulina ndagiriro. Ye mutonzi w'ekitongole kye tuyita amaka era atuwadde ebiragiro ebitegeerekeka mu Kigambo kye ku ngeri y'okutuuka ku buwanguzi. Kino tulina okukitwala nga kikulu kubanga tulina omulabe. Bayibuli egamba nti Setaani atulwanyisa era yandyagadde okusaanyaawo amaanyi g'amaka, era nga kino kye kikolwa eky'okulumba ekkansa, abantu, n'obujjulirwa bwaffe obw'Ekikristaayo eri ensi eyabula. Naye Katonda, ng'amanyi byonna bye twetaaga, atuwa Ekigambo kye n'Omwoyo Omutukuvu, ekimala okuwangula olutalo lwonna.

Eky'ennaku, Abakristaayo abasinga obungi tebamanyi nti Bayibuli ya mugaso mu kukuza abaana, n'olwekyo badda mu bintu ebyayita oba endoowoza z'ensi okufuna obuyambi. Naye kino kye kiseera okuwuliriza n'okunoonya amagezi ga Katonda n'endagiriro okunyweza amaka gaffe. Bwe tuba nga tetuli beetegefu kugondera Mutonzi waffe, kiki kye tusuubira mu biseera eby'omu maaso? Bwe tukola ebintu ebitali bya Katonda, ebivaamu biba bya bujemu n'okuzikiriza. Kiyinza okujja mpolampola, n'olwekyo ne tutakiraba, naye enkomerero buba bulumi.

Enteekateeka y'Okukuza Abaana Buwereza ejja kukuyamba okuyiga enteekateeka ya Katonda ey'okukuza abaana. K'obe ng'okola ng'amaka ag'obuwangwa, amaka ag'omagatte, amaka ag'omuzadde omu, oba bajjajja abakuza abazzukulu, emisingi gya Katonda egy'okukuza abaana gikola bulungi era gyankomerede. Ffenna tuli baana ba Katonda, ng'amwotwalidde abazadde awamu n'abaana, era tayinza kutuleka nga tetulina busobozi bwa bulamu bwa ssanyu, bw'obuwanguzi obujjude essanyu.

Katonda akuwe omukisa okuyitira mu nnono ze ez'ekitalo, ezikyusa obulamu bwo n'okuwa amaka go omukisa nga bw'omukkiriza okukufuula omuzadde gw'ayagala.

Musabire wamu essaala eno.

*Mukama waffe Yesu, tusaba obuyambi bwo n'amagezi okubeera abazadde abakussaamu ekitiibwa n'okukugulumiza. Tukasaba otuwe okukkiriza okukwesiga n'ekisa okukyusa ebintu ebyo bye tukola obubi. Tuyambe okutandika okukola by'oyagala mu ngeri gye twagala n'okutendekamu abaana baffe. Amiiina*

# Enyanjula

Akatabo kano kakoledwa okkulunḡamya mukuyigirizibwa, ekitegeeza okutambulira mu nnono za katonda. Bwe tukozeza ebigambo nga okutambula, tusuubira nti okitegeera nti okubeera wansi w'ennono zino kikulu nnyo ng'okuyiga okutambula.

Bino by'ebiruubirirwa by'ekitabo kyaffe eky'okujjuzamu:

1. Okukulaga nti Katonda atuwa ennono z'okukuza abaana.
2. Okutegeka obeere nebikozesebwa n'okuteeka mu nkola ennono zino, era
3. Okulunḡamya amaka go mu kusonyiwa, okuwonya, n'okuba obumu okuyitira mu buwulize eri Katonda.

Obuwereza mukuyigirizibwa kw'amakka obwa Famire discipleship ministries buliwo okuyamba mu kusomesa omubiri gwa Kristo mu bintu ebikulu, okulemererwa okuyigiriza abalala kikwatagana buterevu nokulemererwa mu bufumbo ensangi zino. Era tumanya tutya kino? Olwebyo byetulabye, byetuyiseemu, n'ebyo bye tuzudde mu miwendo egikakasiddwa leero.

## **Omutendera**

Essomo lyawuddwamu emirundi ettaano. Tutandika n'omuzingo ogusooka netweyongerayo nemizingo emilala nga bwegiddiringana. Gwe okubuuka emizingo egimu notagisoma kubanga tojagadde kiba kikemo gyoli era tekiba kirungi kubanga buli ssomo lilina kyelikuyigiriza era lizimbidwa ku linalyo. Okugeza wandiyagadde okumanya ebyetaago byomwami oba omukyala byeyegomba, naye waliwo ennono zebyawandikibwa eziyamba omuntu okuyiga nga tonaba kumanya nyo mwagalwawo byayagala mu nkola ey'obwakatonda.

Fuba okumaliriza omusomo gumu buli lunaku okumala ennaku ttaano. Okusobola okuyiga obulungi buli lunaku kikulu nnyo mu by'omwoyo.

Ennono zino zigezeseddwa era nezikakasibwa bulungi. Nzikozesezza mu bufumbo bwange era nyambye bangi nga nzisomesa emirundi mingi nga mpabula abafumbo n'okusomesa mu bibiina. Tegeera kino nti kano si katabo "*ak'ebintu bitaano ebyangu okukola mu bufumbo.*" Okubeera omuyigirizwa wa Baibuli mulimu muzibu era kyetaagisa okwewaayo eri Katonda by'ayagala nga bw'okyusa ezimu ku ndowooza zo n'enneeyisa yo. Ekyo kijja kwetaagisa okwewaayo, okwefiiriza, n'obwetoowaze.



## Okutandika buli lunaku:

- Tunuulira buli kusoma kwa buli lunaku ng'ekiseera ky'omala ne Katonda wo, era Musuubire okwogera naawe okuyitira mu Kigambo Kye.
- Olunaku lutandiike ne saala, osabe mukama akulage wa wolina okukyusamu era akuwe n'amaanyi okuteeka mu nkola by'oyize.
- Fumiitiriza. Toyanguyiriza kuyita mu bintu ogambe nti omalirizza. Katonda muwe obudde okwogera naawe, era fumiitiriza ku ebyo bye muyiga.

## Ebintu by'Olina Okumanya:

- Okusoma kuno kintu kipya mu byokola era kijja kwetaagisa okiwa obudde. Eby'okuyiga birina okukolebwa buli lunaku. Bw'osubwa olunaku, tobuuka mpapula, wabula fuba okumaliriza byonna by'osoma mu ntegeka y'abyo.
- Ebiseera ebimu tutandika pulojekiti ne tutamaliriza. Lowooza ku bukulu bw'obuvunaanyizibwa bwo obw'okukuza abaana era osaleewo okumaliriza okusoma kuno n'obwesigwa. Sabira entegekazo n'ebintu ebirala by'olina okukola. Saba omuntu okusaba nawe bwe kiba kyetaagisa.
- Bw'oba mufumbo, jjukira nti omwagalwawo wa mugaso nnyo mu kufuba kuno. Muyige wamu oba mu ngeri ey'enjawulo, buli kiseera mukubaganye ebirowoozo naye ku ebyo bye muyize bwe bikwata ku nsonga z'obufumbo n'okuza abaana n'enkyukakyuka zonna eziba zeetaagisa.
- Eby'okuyiga biyinda okwawukana ku bungi bw'ebiweereddwa. Oluvannyuma lw'okumaliriza buli ssomo, tunula mu ky'okuyiga ekiddako osobole okuteekateeka obudde bwo ne Katonda, ofunemu ekisinga obulungi.
- Ekifo kiweebwa okuddamu ebibuuzo n'okuwandiika ebirowoozo byo n'okusaba. Bw'oba ofunye ekitabo kino ekyokujjuzaamu okuva kuyintaneti n'okiprintinga, tukuwa amagezi okukinyeza n'obuuma busaatu obwa binding n'oteekamu empapula endala zonawandikamu obuwandiike bwo.

## OKUSIMA EBUZIBA

Ekitundu kino kiwa akakisa okusoma Ebyawandiikibwa n'okubikwataganya n'ensonga eyogerwako. Ojja kweyongera okumanya Baibuli, ennono za Baibuli ezikwata ku bufumbo, n'ekyo Katonda ky'akusuubiramumu ng'oli mufumbo.

### Okwekebera

Bw'oba osoma ennono za Baibuli, ekitundu kino kikuwa obudde okwekebera, okuzuula ebifo

#### FAYIRO Y'AMAZIMA

Obubokisi nga buno, buwa ennyinnyonnyola y'ebigambo oba ebigambo ebiva mu Baibuli. Tufaayo nnyo okukozesa enkuluze za Bayibuli ezimanyikiddwa ennyo, ez'eddiini, ennungi n'eby'okuddamu okusobola okutegeera obulungi ebyogerwako bwe kiba kisoboka. Bingi ku binnyonnyola bino biri mu Ekyongerezeddwako R: *Enkuluze*.

ebyetaagisa okulongoosaamu. Ekifo kiweebwa okuwandikaamu olukalala lw'ebyo byoyize, okwatula kwo, n'okusaba amaanyi n'amagezi okukola enkyukakyuka ezo. Ekimu ku bintu ebiyinza okubaawo ng'omuyigirizwa kwe kuwa embalira ey'obwassekinonu. Katonda bw'akuraga nti wasobya omwagalwawo oba abaana bo, kkiriza ekibi kyo obasabe okusonyiyibwa. Kino kikole buli kiseera ne bwe kiba nga tekimanyikiddwa.

## **Enteekateeka y'Okukola**

Oluvannyuma lw'okusoma ennono za Baibuli, ekitundu kino kikusoomooza okubaako ky'okolawo n'okussa mu nkola by'oyize mu bufumbo bwammwe. Okusobola okubeera abayigirizwa ab'amazima tuteekwa okutegeera nti Katonda takoma ku kwagala nti ffe tweyongere mu kumanya, naye era atulagira okutambulira mwebyo bye tumaanyi.

## **Ebikozesebwa Ebyongerezedwaako**

Nkusaba okozese ebintu ebikozesebwa ebiri ku nkomerero y'ekitabo. Biriwo kulwo'kukula kwo, era tubyoogerako mu bitabo byonna eby'okujjuzamu. Nga tonnatandika lugendo luno olulungi, jjuza *Ekyongerezedwako A: Ebbaluwa ey'Okwewayaya* (omuzingo 1).

## **Okulungamizibwa kw'Omukulembeze**

Akatabo k'*okulungamizibwa* kw'omukulembeze kasangibwa ku FDM.world wansi wa *Free Ministry Downloads* nga kitegeza nti osobola okawanula okuva ku *intaneeti kubwereere*. Ebintu byonna ku mukutu gwaffe ogwa Intaneeti biteeka essira ku kuyigirizibwa era biweebwa ku bwereere.

## Essomo 1: Okwagala Kulina Kakwate Ki Ku Kino?

Ng'omuwaabuzi wafamire nteera nyo okuwulira abaana nga bagamba: mpulira nga abazzadde bange abatanjagala," ngate omuzaadde yenna bwabuzibwa akyisaako nesira nti ayagala omwana we. Ekizibu kiri nti abazadde abasinga bakola awatali kwagala. Okunyigilizibwa nebizibu bya bazzade bisobola okwanika ebibi ebisuse mufte. Twogeera ebintu ebikontana nokwagala, ebiseera ebisinga, singa omuzadde tatwaala buvunanyizibwa n'okusaba okusonyibwa, omwana tajja kuwulira nga ayagalwa.

Nga bwetutunula kukwagala kwa bayibuli, Yesu attuwa okubikulirwa muki kyatusubila mu bayigirizwa be, ekyikyakola ne leero, gendelera nti yesu yali tateesa naye nga alagira.

Eteeka epya lyembawa mwe, nti mwagalanenga; nga bwembagaade, namwe mwagalanenga, kukino kwebanamanya nti muli bayigilizwa bange, bwemuba muyina okwagala kwabuli omu.

Etteeka eriggya mbawa nti Mwagalanenga; nga bwe nnabaagalanga mmwe, era nammwe mwagalanenga. 35 Bonna kwe banaategeereranga nga muli bayigirizwa bange, bwe munaabanga n'okwagalana mwekka na mwekka."

### Okwegezesa

Okusinzira kulunyiriri olwa 35, okutukiriza kweteeka linno okukwataganya otya n'enkolagana yo ne Kristo nabalala, okusinga abaana bo?

---

---

---

---

---

---

---

Katonda atugamba nti tetusobola kulaga kwagala kwaffe nga tatuyambye, genderera enkwatagana wakati wekigambo kyakatonda nokukola kwo mwoyo omutukuvu mubulamu bwaffe.

Kubanga mummaze okwetukuza obulamu bwammwe mu kugondera amazima olwokwagalanga aboluganda okutaliimu bunnanfusi, mwagalanenga mu mutima nokufuba okungi: bwe mwazalibwa omulundi ogwokubiri, sin a nsigo eggwawo, wabula etegwawo, nekigambo kyakatonda ekiramu ekyo lubeerera. (1 Peetero 1:22-23).

Ekiigambo "Amazima" kitegeeza obutaba munanfusi, okwagala okw'amazima kusobola okubawo okuyita mu kubeera mu Kristo n'okugondera amazima okyita mumanyi g'omwoyo

omutukuvu, abeera mumukiriza. Mukusoma okwayita twayiga mu 2 peetero 1:3 yesu agamba, "Kubanga obuyinza bw'obwakatonda bwe bwatuwa byonna ... olw'okutegeerera ddala." Era okutegeerera okwo kuja okuyita mukigambo kya Katonda.

### **SIMA EBUZIBA**

Nyonyola engeri nnya katonda z'atugamba okwagala abalala, ngogasseko n'abaana baffe.

Okwagala kubeerenga kwa mazima. Mukyawenga obubi, mwegattenga nobulungi. (Abaruumi 12:9)

---

---

---

Okusinga byona nga mulina okwagalananga okungi ennyo mwekka na mwekka: kubanga okwagala kubika ku bibi bingi (1 Peetero 4:8)

---

---

---

Kubanga katonda mutuukirivu tayinza kwerabira mulimu gwammwe nokwagala kwe mwalaga eri erinnya lye, bwe mwaweereza abatukuvu, era mukyaweweereza. (Abaebulaniya 6: 10)

---

---

---

Abaagalwa, twagalanenga: kubanga okwagala kuva eri katnda; na buli muntu yenna ayagala yazaalibwa katonda era atgeera katonda. (1 Yokaana 4:7)

---

---

---

### **Okwagala Kwa Bayibuli Kyekyi?**

Okwagala kwa bayibuli tekuyimilira ku busimu, era si kwa buttonde. Ffe mu butonde tweyagaliza era ebisinga byetololera kuffe, okwagala kwa bayibuli kikulwa ekisigamye ku kusaalawo. Ekika kyomukwano gunno sikyabulijjo era kiva mumutima ogukwasidwa katonda, kubanga kuva eri yee, mumazima, nemubwerufu okwagala abaana baffe, tuyina okusooka okwagala katonda nokumukwasa emitima gyaffe.

Mubyobuwangwa byaffe leero, ekigambo kwagala kizanyidwa nyo nti n'omuwendu gwakyo gugudde, tukozeza ekigambo kyekimu nga tunyonyola ngeri gyetuwulira eri katonda, abaana

baffe, nemere ezenjawulo. Abazzade abasinga bajja kuwa obujulizi nti bagaala abaana babwe, naye nga omutindo gwetuyinza okupimirako okwagala okwadala kyekigambo kyakatonda.

Ebigambo bibiri ebivunula "okwagala" okuva muluyonani okudda mu bayibuli eyo luzungu: *agape* ne *phileo*, agape kwekusalawo oyagale awatali bukwakulizo, ng'ate phileo kubako obukwakulizo okwagala. Tuyina kwagala okutalina bukwakulizo kubanga okwagala kwa Katonda kufukiddwa ddala mu mitima gyaffe, mu Mwoyo Omutukuvu gwe twaweebwa." (Abaruumi 5:5).

Katonda atuyise okwagala abaana n'omukwano ogutaliko bukwakulizo, ogwasadaka, ogutajibwabwawo singa ayagalwa alemelerwa okutuka kubisubirwa. Okwagala okutaliko bukwakulizo kusinzila ku muwendo katonda gwatadde kubaana bo, si ku mbeera z'obuntu, amannyi, obunaffu, oba okulemelerwa.

Tekisoboka mumanyi gaffe kwagala n'okwagala kwa Katonda okutaliko bukwakulizo, naye yebazibwe katonda! Bwetusembeza kristo, Omwoyo omutukuvu ajja n'abeera mumitima gyaffe.

Bwetumwekwasa netuffa eri ffe, omwoyo omutukuvu ajja kwagala abaana baffe okuyita mufte. Kubanga okwagala kwa bayibuli tekwesigamizidwa ku busimu nampulira, kyekintu kyokola ngera kinyonyolwa nakulabilbwa mubikolwa.

Okuyiga okulaga okwagala kwakatonda kyankizo. Amawulire amalungi: singa omusingi gwaffe n'omukwano gwaffe ne yesu kristo gusimbibwa bulungi, tusobla, mumannyi g'aKatonda, okuzimba okuwanirirwa abaana baffe kwe betaaga. Okulemelerwa tekulowoozebawo. Tusobola okufuna we tutandikira, era ekiseera ekyo kija bwetutegeera nti okwagala abaana baffe kiva mumutima ogwewadeyo eri Katonda. Yeneyisa gyetulina okusalawo, okunoonya, okuyiga, n'okukuliramu, ffenna twagala abaana baffe kukigeera ekimu, naye twagala kugoba busukulumu mukwagala.

### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Agape*—Okuddamu kw'omutima gwa Katonda eri aboononyi abatasaana. Agape kwe kwagala kwa Katonda okwolesebwa mu kwefiiriza olw'okugasa abo ba yagala. "Engeri ya Katonda enkulu enoonya ebirungi by'abalala awatali kulowooza ku bikolwa by'abwe." "Kizingiramu Katonda okukola by'amanyi nti bye bisinga obulungi eri omuntu so si ekyo omuntu ky'ayagala. . . . Omwana we okuleeta okusonyiyibwa eri omuntu."<sup>2</sup>

*Phileo*— Engeri omwoyo gw'omuntu gye gudammu ku ekyo ekigusikiriza ng'ekisanyusa. "Phileo kwa njawulo bulungi (ku agape) era kwogera ku kitiibwa, ekitiibwa eky'amaanyi, n'omukwano ogw'ekisa kusinga kukwata ku nneewulira."<sup>3</sup> Phileo kwagala kwa mukwano, okusalibwawo essanyu omuntu ly'afuna okuva mu oyo oba ekyo ky'ayagala.

Pawulo yamanya nti abantu mu bufirippi bayagalananga, naye yabazamu amaanyi okwongera okwagala:

Era kino kyensaba okwagala kwammwe kweyongereyogerenga kusukkirirenga mu kuteegera nokwawula kwonna: mulyoke musiimenga ebisinga obulungi; mubeerenga abatalina bukuusa era abatalina kabi okutuusa ku lunaku lwa kristo;

nga mujjudde ebibala ebyobutuukirivu, ebriwo kubwa yesu kristo, katonda aweebwe ekitibwa, atenderezebwe. (Abafiripi 1:9-11)

Genderera nti pawulo teyabasaba kuwulira nga abagala, ekijja okunyonyolebwa musomo eridako. Eno yesaala yebikolwa gyetuyinza okusaba ng'affe. Engeri biri ezitulaaga engeri gyetuyinza okukozesa mu nga esaala:

1. "okwagala kwammwe kweyongereyogerenga kusukkirirenga mu kuteegera nokwawula kwonna" olunyiriri 10, kino kitegeza okuba nekinji ekisuse," okuba n'okusinga kukimala ky'okwagala. Okumanya (epignosis mu Luyonaani) kiutegeza okuba n'okumanya naye nokukolerako ebikolwa. okwawula kutegeza "okuba n'okubikulirwa, oba ekigeera ky'okuteegera, nokusalawo ekyekuusa kumpisa ezikulukuta okuva mukumanya." Eassaala kwekumanya engeri yokwagala mungeri ya bayibuli era n'okujitambuliramu.
2. "mulyoke musiimenga ebisinga obulungi" olunyiriri 11. *Okusiima* kutegeza "okugenda mu maaso n'okugezesa, okwekenneenya nga tonnakkirizibwa kukola." "Agape kutuukiriza ebisaanyizo eby'okusukuluma ennyo, omutindo gw'Ekigambo kya Katonda, ogw'okwagala okw'obwesimbu.

Katonda atukilize kino mukusoma ekigambo kye. Ng'okozesa ekyawandikibwa mu bafirppi, wandika ku ka papula esala yo ng'omuntu, osabe Katonda akifule kyamazima mubulamu bwo. Ku lw'amasomo amatono agaddako kozesa esala eno okutandika obudde bw'okusoma kwo, ekyokulabilako:

*Mukama Yesu, nsaba okwagala kuno kuyite munze ebiseera byonna, njagala nzijule okwagala kwo mubuli mbeera z'ensanga buli lunaku, Mukama, nyamba obutekwasa nga butaba nakilowozo kyakwagala, oba ekikolwa eri abaana banga. Bambi, mpa okwawula kwo kungeri gyenyinza okugabana okwagala kuno mubuli mbeera zensanga ng'omuzzadde. Yesu gulumizibwa mu buli kyenkola mumaaso gange n'eri abaana bange, amiina.*

## **SIMA EBUZIBA**

Nyonyola engeri y'okukozesa okulabula kunno eri abaana bo.

Naffe kyetuva tetulekatyo, okuva ku lunaku bwe twawulira, okubasabira nokubeegayirira mulyoke mujjuzibwe okutegeeranga byayagala mu magezi gonna nokutegeera ebyomwoyo, (Abakolosayi 1:90).

---

---

---

Empuliziganya ey'Okwagala

So temufaananyizibwanga ngemirembe gino: naye mukyyusibwenga olwokufuula amagezi gammwe amaggya, mulyoke mukumenga bwe biri katonda byayagala, ebirungi ebisanyusa, ebituufu. (Abaruumi 12:2)

---

---

---

Nga mukeberanga mukama waffe kyayagala bwe kiri; (Abaefeso 5:10)

---

---

---

## Essomo 2: Ekyenjawulo Kubaana Baffe

Enono eyomugaaso, olussi ebusibwa amaaso, eri nti: Katonda atonda buli mwana okuba owenjawulo. Muwala wange Katie, yalina ensonyi, okuva ku kaseera nga yakatandika okutammbula okutusa bweyaweza emyaka ettanu nti ku mukyala wange nange yalina okubako gweyekuteko bwetwabeera nga mubifo ebikunganirwamu, nga tasobola kuva wetuli, n'emubifo ebimu ng'ekkanisa gyeyali amannyi abantu abanji, nga tasobola kuva fuuti kumi okuva wedi okudda ewamama we. Oluusi kyali kilabika bulala era nga kyewunyisa.

Buli lwakutaano katie nga alli kusomero lyabato, bayina nga okusinza n'okutendereza musomero abaana nga kikumi, okusinza bwekwatandika, abaana nga balekaana, "mukama yebazibwe!" kyabanga kiloto kyantisa eri katie. Yakwatanga kumattu nateeka omutwe wansi, ng'lwansa embeera eyo kukankana, kyeyakolanga. N'okuzanya okwa bulijjo kubisaawe byokuzanyirangamu, nga abaana attano bakanyuga emipira nga bwebalekaana, kyabanga kizibu eri Katie. Yatulanga kumeeza, nassiga nayogera nabasomesa be.

Bweyalina emyaka ettanu, twamutwaala mu Disneyland, tekyali kintu kilara kyonna okujjako "ekifo eky'esanyu kungsi." Katie teyakkyagala, kyamutwalila esaawa tannu ye okukaakana mukibinja kyabantu. Bwatyo ye bweyali. Ekirungi, bweyangenda nga akula, yatandika okufuna obuvumu.

Ate nga abalenzi banng'e bali banjawulo ddala, tebalinamu yadde embeera za katie. Mutabani wange nick ye yali ekikontana ddala ne kya Katie. Twabanga tumugoba buli kaseera, ngatuyita, "komawo wano, mwana gwe" kubanga ye yayagalanga kuba eyetongodde.

Abemikwano nenganda banji balaba eneyisa ya Katie, eyalabika nga etali yabulijo gyebali. Singa nze nemukyala wange twawulira nga abaswaala oba abatali bagumikiriza netweewala ebyetaago bye nga tugamba "lekelwawo okweyisa bw'otyo? Nvako! Yimilila wali. Abalenzi tebabikola bino." Singa twamwewala, kiki ekyalituseewo? Twandibadde tukosa Katie munda mu ye netuleta okukosebwa okwolubeerera, olw'okuba nti twagana okukiriza ebyetaago bye ebyenjawulo.

### Katonda Yeyabatonda

Okuba n'okusiima okwebuziba kubuli mwana, tuyina okutereka kino mubilowoozo nti *ani yabatonda*, ffe tuli kitudu kukutonda kwabaana baffe, naye katonda yemutonzi. Olubeeryeberye 1:26-27 egamba "Awo Katonda n'ayogera nti, "Tukole omuntu mu kifaananyi kyaffe, '... Bw'atyo Katonda n'atonda omuntu mu kifaananyi kye, mu kifaananyi kya Katonda mwe yabatondera; omusajja n'omukazi." Katonda yakola omussaja mu nfufu (lubeeryeberye 2:7) era byali birungi (luberyeberye 1:31)

Abaana baffe batondebwa mukifaananyi kyakatonda, era twetaaga okubasaamu omuwendo mungeri eyo, nemubutatukiride bwabwe nekikula kyabwe ekyenjawulo, sikyamakulu oba maka ag'obuwangwa, abazaade abawamu, oba muzaade omu, oba bajjaja, oba abakuliddwa abatali



bazzade babwe, fenna tugabana obuvunanyizibwa okuba n'abaana bakatonda mumaka gaffe era twetaaga okubasamu omuwendo.

Tuyina okuteereka mubilowoozo nti Katonda atukola buli omu nekyenjawulo. Wali ogenderede engeri omwana omu bwayiga mangu okusooka abalala? Omu ayinza okuba wantondo, omulala nga ye wamannyi ate nga omulala mukakamu. Bwogenderera kino mu bayibuli nabayigirizwa ba Yesu ekumi nababili, Peetero yali kyemalirira, nga abeera ayogeera, ngatte yokaana ng'omutume ow'okwagala, yalabibwa nga yesigamye ku kifuba kya Yesu.

Mu zabuli 139, dawudi atendereza katonda okumukola

Kubanga gwe olina omwoyo gwange:  
wambikako mu lubuto lwa mange.  
Naakwebazanga; kubanga okukolebwa kwange kwa ntiisa kwa kitalo:  
emirimu gygo gya kitalo;  
nekyo emmeeme yange ekimanyidde ddala. (Olunyiriri 13-14)

Omwogelezi omu yawandika ekyekuusa ku kyawandikibwa kino:

Dawudi akyuka natunulira amanyi n'obukugu bwa Katonda. Era ekigambo ky'alondawo eky'okuba nti Katonda ayinza byona kwe kukula okw'ekitalo kw'omwana ali mu lubuto lwa nnyina. Olubuto bwe luba lukoleddwa, luba ng'ekitundu ky'amazzi ekitono okusinga etondo eriri ku nyukuta eno aya *i*, era ekikula kyonna eky'omwana nga bwalibeera kitegekebwa – langi y'olususu lwabwe, amaaso gaabwe n'enviiri zaabwe, enkula y'amaaso gaabwe, obusobozi bw'obutonde bwabajja okuba nabwo. Ebyo byonna omwana by'ajja okubeeramu mu mubiri ne mu birowoozo biri mu ggi eryo gimusibwa.<sup>4</sup>

Kino tekisobola kunyonyolwa okusinga awo. Katonda yakola ffeba okubeera kyetuli, okuva kukuzalibwa, era atwagala. Kitufu, abaana baffe bazalibwa b'ononyi ngaffe, era betaaga okutendekebwa mukwagala n'okukwasibwa empisa, naye kijja kubeera mu kutegeera ekyo kyebali, era n'okwagala.

## **SIMA EBUZIBA**

Nnyonnyola engeri omuwandiisi wa Zabbuli gy'atwalamu ebitonde bya Katonda (nga mw'otwalidde n'abaana baffe) gy'eyinza okukuyamba okukkiriza nti omwana wo wa njawulo. Olina kuba na ndowooza ki?

Kubanga gwe mukama onsanyusizza nomulimu gwo:  
naajagulizanga emirimu gyemikono gyo. (Zabbuli 92:4)

---

Ai mukama emirimu gyo nga gya ngeri nnyingi  
wagikolagyonna mu magezi:  
ensi ejjude obugagga bwo. (Zabbuli 104:24)

---

---

---

Emirimu gya mukama mikulu,  
ginoonyezebwa abo bonna abagisanyukira. (Zabbuli 11:2)

---

---

---

Enteka teka zamukama eri abaana be zitandika ddi?

Bwe nali sinakubumba mulubuto nakumanya,  
era nga tonava mu lubuto natkutukuza;  
nkutadewo okuba nabbi eri amawanga. (Yeremiya 1:5)

---

---

---

Awebbwe nga ekitiibwa emirembe nemirembe. Amiina. (Abaggalatiya 1:5)

---

---

---

Buli omu kuffe ayina ekyenjawulo ku ye. Tekyiyina kwewunyisa nti abaana baffe banjawulo kuffe. Okubaagala obulungi, twetaaga okufuka abayizi aba baana baffe – okukiriza ekikula kyabwe, tegeera ebyetaago byabwe, era oyige okwogerezeganya nabbo mungeri eyokwagala. Era tewelabira okubalaga omukwano, ekisoobola okubbeera okusinzira kukikula kyabwe, bwetutateka mu nkola ebintu binno ebyobuzaade, ebizibu eby'amaanyi bisobola okubaawo.

Abazzadde bangi, nga tebamannyi oba okukitegeera, basobola okunakuwaza emyoyo gy'abaana babwe n'okwonona omuwendo gweberamu. Bwe tukikirira bubu Mukama,

obutayagaala baana nobutangera ku byetaago byabwe ebyobusimu, abazzadde abasinga bayinza okumalawo enkolagana yabwe nabaana babwe.

### **Entegeeka Z'ebikolwa**

Wandika embala ezenjawulo ez'abaana bo ozitwaale eri Katonda okuyita mu saala. Awo mwogere mwenna bwemuba bafumbo. Ekyokulabilako:

*Mukama, omwanan wange ayina ensonyi, atya nyo. Manyi omukoze bwatyo nga bwaali, nyamba mpe amagezi, ndanga (tulaage) engeri yokumuweereza mungeri eyo okusamu ekitibwa ebyetaago bye. Aminna.*

---

---

---

---

---

---

Okuyita mubitundu bunno, oja kuyiga bingi kungeri yokwagalamu abaana bo mungeri ey'obwakatonda. Weweyo mukusaba, era ajja kuba mwesigwa okugabirira amagezi n'amannyi gewetaaga okukola enkyukakyuka.

### **Okwogerezeganya Kw'okwagala Kutwaala Akaseera**

Ekirala eky'omugasso ku kwagala omwana wo kwekumala akaseera naye. Mu nsi yaleero, tusikibwa munjuyi nyingi ezemirimu, obuweereza, byetwaagala, n'okusanyuka, akaseera akatono akalekebwawo nga ke kabana. N'abazadde abalina abaana mu muzannyo gw'omupiira, softball oba emizannyo emirala bayinza okuba mu katyabaga. Ebyemizannyo birungi naye abantu abamu bakisussa. Bw'oba olina omwana omu eyenyigira enyo mu by'emizannyo ate nga abalala abasatu si bwe batyo, bubaka ki bwoba owereza eri abasatu abo ng'omala olunaku lwonna ku Lwomukaaga ne Ssande, ng'emmotoka ya takisi, okuvuga "ebimotooka by'emizannyo" nga basigala waka? Ekisinga obubi kwe kubawaliriza n'obatwala mu kisawe batule nga munabwe azanya. Tulina okunoonya engeri ennungi ey'okwagala buli omu ku baana baffe, okusenziira ku bye baagala.

Mu ggwanga lyaffe, bamaama bangi bakolera wabweru w'awaka. Nkusaba otegeere nti siteeka bamaama abakola wansi. Ekitundu gy'obeera kiyinza obakaka okuba nti abazadde bombi bayinza ssente. Naye ekyebuuzibwa kiri nti: Abazadde abakola bwe bakomawo awaka, emitima gyabwe n'ebirowoozo byabwe biri ludda wa? "Abaana mundekemu okumala akaseera. Nneetaaga ekaseera kange." Tusobola okukoowa, n'olwekyo beera mwesimbu ku ky'okubeerawo gye bali. Bw'otobaawo wajja kubaawo obuzibu.

Okwagala abaana baffe tekikosebwa olw'okuba nti tukola wabula olw'enneeyisa yaffe gyetwolesa. Bamaama abakolera mu Amerika bamala eddakiika 104 zokka buli lunaku nga

banyumya n'abaana baabwe omu ku omu ate bataata bamala eddakiika nga 59 buli lunaku. Abazadde abalina abaana abawerako, ekiseera ekyo eri buli mwana kiyinza okukendeera.

Ebizulidwa bilaga nti abaana balaba tivvi okumala essawa nyaa buli lunaku, ate nga abavubuka embanga lya sawa musanvu bbuli lunaku kumasimu gabwe. Kyewunyisa nti emikutu gyegisinga okubeera mubulamu bwa baana baffe nemubilowoozo byabaana baffe ne ndaba yensi? Okwagala abaana baffe nokusisinkana ebyetaago byabwe kitegeeza kusadaka, kwewaayo, nokubabeerawo. Okukwatagana n'ebyebetaaga kisobooka okuba okubasomera obutabo, okuzanya okubaka, oba okutambuza embwa. Kitwala obudde, naye abazzade bakungula empeera empya eyyokuteegera abaana nokubanyumirwa.

### **Ekisindikiriza Eky'amaanyi**

Waliwo ebyetaago binna ebizamu amannyi omuntu, ekisooka kwagala, ekyizamu amannyi ekisinga amannyi, ekyokubili byebyetaago ebikwaatikako: mere, bbugumu, nobukumi. Ekyokusatu lye ssanyu: okukusibwa, okuzanya, eby'obugaga, nokufuna byetwetaaga. Ekyokuna, ekisembayo okuba ekyamanyi, bwebulumi nokutya.

Bwekijja mukuzamu amanyi abaana, abazzade okusinga besigama kubulumi n'okutya. Ekyo tekyewunyisa? Ekyamazima kiri nti okwagala kwamannyi nyo mukuzamu amanyi. Okwagala kujja kusindikiriza abaana baffe okukola okusalawo okulungii nga bavudde wetuli, naddala bwebatuka mubuvubuka bwabwe, okwagala kwaffe kyekyamanyi ekibasindikiriza okugamba, "nedda, ekyo sikyagala" oba "ekyo sija kukikola" okwagala kkwaffe gyebali kyekisumuluzo.

Katonda kyekyokulabilako kyaffe, "era oba onyoomye obugagga bwobulungi bwe nobuwombeefu nokugumikiriza, nga tomanyi ngobulungi bwa katonda bukuleeta mu kweneenya?" (Abaruumi 2:4) era ekyo kyetwetaaga okunyweeza. Engeri gyekiri nti kwali kwagala kwa katonda n'obulungi bwe ebyatuleetera okweneenya, tetusanide kola kyekyimu eri abaana baffe? Ekisindikiriza kyali ki ekyaleetera Yesu okujja wansi okutufirila? Yokaana 3:16 etugamba kwaali kwagala okwamusindikiriza okujja atufiririre kumusalaba.

### **SIMA EBUZIBA**

Nyonyola bayibuli kyeyogeera kukukolera mukwagala. Nsonga ki nebivaamu, era oyinza kuziteeka otya mu kukuza abaana?

Naye katonda atenderezesa okwagala kwe gye tuli, kubanga bwe twali nga tukyalina ebibi kristo natufirira. (Abaruumi 5:8)

---



---



---

Era ndiwaayo era ndiweebwaayo nessanyu eringi olwobulamu bwammwe. Bwe nsinga okubaagala ennyo, njagalibwa katono? (2 Abakkolinso 12:15)

Abaagalwa, twagalanenga: kubanga okwagala kuva eri katonda; na buli muntu yenna ayagala yazzalibwa katonda era ategeera katonda. (1 Yokaana 4:7)

---

---

---

Mu ssomo lyaffe eridako, ogenda kuyiga okutendeka omwana wo, okuteekawo amateka, empisa n'okuboonereza. Naye jukira, okutendekebwa kwonna kuyina kuba kukwagala era nga kusindikilizibwa kwagala bwetuba tukikola mungeri ey'obwakatonda. Kino kizibu eri abazzade era kyetagisa okwefiriza. Okwagala okuba okwaddala, kuyina okulagibwa. Twebaza Katonda nti teyawulira buwulizi kwagala gyetuli? Toil musanyufu nti yalaga okwagala kwe? Atusaba tumugobelere n'okumulabilako nga tusukuluma okuwulira okwagala okutuka kukulaga okwagala.

## Essomo 3: Okugerageranya Okugugumuka n'Okwanukula

Okugugumuka si si kikulwa kya kigendererwa era kiyinza okuba eky'akabi. Okwagala omuntu tekiba kya kyamutindo mungi singa tuba tuddamu buzzi omuntu oyo.

### Okugugumuka Mu Mubiri

Ng'omuzaade omu Kristayo- omuweereza eri abanna baffe-okuddamu Mungeri etali nnungamu kibi era tekikirira bulungi Katonda. Tetulina kweyisa bubu eri abaana baffe mumbeera yonna. Okugendera ku mbeera tekyetagisa kulowooza kwonna. Tekyetaagiisa kuloowazako mukudamu ngendowooza esindikirizidwa mubiri. Mubwangu tugenda nabuli kijja mundowooza. Okusikuuka kuva mukikula kyaffe ekyekibi (omubiri), era tekilaga kwefuga, ate nga kino kibala kya mwoyo (Abagatiya 5:22-23).

#### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Gugumuka* —Okweyisa okusinzira ku mbeera oba okugilwanisa.<sup>8</sup>

*Okudamu mu mubiri*— Omukristaayo okweyisa mu mbeera mu ngeri ey'ekibi, mu muze gw'obutonde bwabwe obw'edda obwaagwa, oba okweyisa mu maanyi gaabwe n'okutegeera okusinga mu maanyi n'amagezi g'Omwoyo Omutukuvu.

Abaana bwebakola ekintu ekyikyamu, abazzade abasinga basikukuuka mungeri enkyamu nekyo ekisooka okubajira mundowooza, olussi ekibeera okubabogolera mubigambo ebikaawu, nga bakozesa obwenyi obwenyinyadde, oba obukanga, oba nokubakuba. Obukodyo obulala kwe kusilika, kubagana, nokubalumba. Olunyiriri lwe bilaaga ebyekibi eri abaana lusoboola dala okuwanvuwa. Ebyo si byagwagala era tebissanira kuyitibwa okutendeka kw'obwa Katonda.

Tuyina okujjukira buli lunaku nti ffe abaninga okuba n'amannyi okukoma kubulamu bwa baana baffe. Buli bwetusunguwaala, oba netusikukukira abaana baffe mungeri enkyamu, tukube obufannanyi nga tusikayo ekiso netubasalasa emitima. Ekyamazima tetulaba bukosefu mangu ago, naye nga ekyadala buli mukubawo. N'ekilala, bwetutakola bulungi kubukosefu obwo, okukosa kujja n'ekuleeta obukkawu, n'okuganibwa, kati abaana bwebafuka abavubuka tulasula omuwendo.

Ng'omuwabuzi, ndabye ebikumi by'abakristayo abalenzi n'abawaala nemitima egyimenyese. Bakosebwa nyo nti bajjude obulumi. Ekyenaku, abazzade ababakuza tebasobola kumanya kukosa kwe bali bakola kumwana ono nga badinganamu okusikuukira mumubilr mukifo kyokwanukulira mumukwano.

Okusikukira kumbeera nokubaluka kwo busimu tekitwaala budde bwonna namannyi. Kibeerawo mu bwangu nyo, engero 15:1 agamba, "ekigambo ekikambwe kisikula obusungu." Nga ate bayibuli egamba okujjawo ebikolwa ebikambwe okuva mumpisa zaffe. "Naye kaakano nammwe muggyeewo byonna, obusungu, ekiruyi, ettima, okuvuma, okunyumya ebyensonyi mu kamwa kammwe:" (abakkolosayi 3:8). Tuyina okukiriza amazima ganno n'etukoola okusalawo okukomya okweyisa munkola yekibi eri abaana baffe. N'abakristayo beyisa mu mubiri eri abaana babbwe nebatatwaala buvuunanyizibwa bwa mpisa zabwe.

## **SIMA EBUZIBA**

Wandiika buli ndowooza enkyamu oba enneewulira obikwataganye n'ekivaamu. Bwe kiba nti ekimu ku bino kiri mu bulamu bwo, manya engeri gy'olina okukyusaamu.

Lekka nga obusungu, ovenga mukiruyi:  
teweeraliikiriranga;  
okwagala obwaagazi okuleta obubi. (Zabbuli 37:8)

---

---

---

Lekka nga obusungu, ovenga mukiruyi: tweeeraliikiriranga; okwagala obwaagazi okuleta obubi. (Zabbuli 37:8)

---

---

---

Kubanga obusungu bwomuntu tebukola butuukiirivu bwa katonda. (Yakobo 1:20)

---

---

---

Omuntu eyewaala enyombo yeefunira ekitiibwa:  
naye buli musirusiru ayagala okuyombanga. (Engero 20:3)

---

---

---

Ejinja lizitowa, nomusenyu muzito;  
naye okweralikirira kwomusirusiru kubisinga byombi obuzito. (Engero 27:3)

## Okwanukula Mukwagala

Bwetuba abantu abanukula, tubeera abaniriiza, abakirizisibwa, oba okweyisa mungeri ennungi, ekikontana nokusikuuka. Okudamu kutwaala ebirowoozo. Tuyina okukozesa ebirowoozo byaffe n’okwagala. Ekyawandikibwa kitulagira okuleeta “buli kirowoozo okugondera Kristo” (2 Abakkolinso 10:5)

### FAYIRO Y’AMAZIMA

*Okwanukula*— Okudamu obulungi oba mu ngeri ennungi .<sup>9</sup>

*Okwanukula Mukwagala*—Ku Mukristaayo, kino kitegeeza okwanukula embeera n’obulagirizi obw’omunda, okwagala, amagezi, n’amaanyi g’Omwoyo Omutukuvu.

Okwanukula nakyo kitwala okwefuga. Tuyina okuleeta emmeme yaffe wansi wamannyi ga katonda, ekileteera ebibala byo mwoyo omutukuvu okukula. “ekibala kyo mwoyo kwagala. Sannyu nemirembe, okugumikiliza, ekisa, obulungi, okukkiriza, obuwombeefu, okwegendereza: ku biri ngebyo tewali mateeka.” (Abagalatiya 5:22-23). N’ekilala, ebyawandikibwa bigamba tuyina okugattako okwefuga kumusingi gwaffe ogw’okukiriza

Naye era olwekyo kyenyini bwe muleeta ku lwammwe okufuba kwonna, ku, kukkiriza kwammwe mwongerengako obulungi, era ne ku bulungi bwammwe okutegeera; era ku kutegeera kwammwe okwegendereza kwammwe okugumikiliza; era ne ku kugumiiiriza; era ne ku kugumikiriza; era ne ku kugumikiriiza kwammwe okutya katonda; era nekutya katondakwammwe okwagala aboluganda; era ne ku kwagala aboluganda kwammwe okwagala. (2 Peetero 1:5-70)

## Okwegezesa

Wandiika ebimu ku bintu ebitali bilungi obwennyi bwo nebigambo by'ebiokozesa erin'abaana bo.

---



---



---

## Entegeka Z’okukola

Wandika essala ngosaba katonda ekisa kye mubwesimbu osabe okusonyiyibwa bwolemelerwa mukitundu ekyo.

---



---



---



---



---



Eky'enkomelede, okwanuka mukifo kyokusikuuka kitwaala obudde. Kiyinza okuwanvuwa nga okubaala okuva kwemu okutuka kukumi, oba kiyinza nokuwanvuwa okusingako awo. Mu muzingo 4, tujja kuyiga ku mpisa, ngogasemu omugaaso ogwo obutakoleliranga mubusungu, olussi obusobozi okwanukula n'empisa entuffu kyetagisa omuzade okufuna mu akaseera ebweeru. Oba tambula oweo mumbeera eyo ogende osabe. Saba katonda amagezi okwanukula mungeri emuweesa ekitibwa mumukwano era ezamu omwana wo amannyi mu kwagala.

*Omutima gwo mutukirivu gusoma engeri yokudamu. (Engero 15:28)*

*Ekyomukimanyi baganda bange abaagalwa. Naye buli muntu abeeranga mwangu wa kuwulira, alwengawo okwogera, alwengawo okusumguwala kubanga obusungu bwomuntu tebukola butuukirivu bwa katonda (Yakobo 1:19-20)*

Ekyawandikibwa kitugamba obutakola kintu kyonna mu mubiri wabula okwanukula n'okwagala. Jjukira nti ekigendererwa kyaffe kwe kugulumiza Katonda. Ne mu biseera by'okukangavvula, abaana baffe ne bwe baba balemereddwa, ne bwe baba tebaagala kuwuliriza, ne bwe baba batusoomooza. Ne bwe kiba bwe kityo, twetaaga okudamu mukwagala. Jjukira nti kwagala kwa katonda kwetutukiriza, sikwaffe.

## **SIMA EBUZIBA**

Nyonyola obuvunanyizibwa bwaffe obwekusa kukwagala.

Eteeka empya lye mbawa mwe, nti mwagalanenga, nga bwembagadde. Namwe mwagalanenga (Yokaana 13:34)

---

---

---

Kku ebyo byonna era mwambale okwagalana, kye kintu ekinyweza okutuukirira. (Abakkolosayi 3:14)

---

---

---

Naye bwetwogeranga amazima mu kwagalana, tulyoke tukule okutuuka mu ye mu byonna, gwe mutwe, kristo; (Abaefeso 4:15)

---

---

---

Kubanga mumaze okwetukuza obulamu bwammwe mu kugondera amazima olwokwagalanga aboluganda okutalimu bunanfuusi, mwagalanenga mu mutima nokufuba okungi: (1 Peetero 1:22)

---

---

Okusinga byonna nga muina okwalananga okungi ennyo mwekka na mwekka; kubanga okwagala kubikka ku bibi bingi: (1 Peetero 4:8)

---

---

### **Omwaana Ow'emputtu**

Engero 14:29 egamba "alwaawo okusunguwala alina okuteegera kungi: naye alina omwoyo ogwanguyiriza agulumiza obusirusiru." Okusikuuka mukifo ky'okwanukula kilaga okubulwa kw'okuteegera mufte, era kikuliriza eneeyisa yobusirusiru eyeyongedeyo mubaana baffe, naddala mwabo ab'emputu.

Mubiseera byemyaka etaanu egya mutaabani wange, nasikukiranga kubumalirivu bwe mu ngeri ya kilalu. Nali musunguwavu, era nakozesa bubi obuyinza bwange. Ekyenkomeere, katonda yajja gyendi, "craig, oyinza okuteeka amafuta mumuliro ngogezaako okuguzikiza?" Nalwooza, era dala tekisoboka! Neera n'empulira edoboozi lya katonda, "buli lw'osunguwaala omwana wo nakimanya, omusindikiliza okweyongerayo nobusirusiru mumpisa ze."

Ebyawandikibwa bilaga nti bwe tusunguwaza omwana, abo ab'emputtu bajja kukiwakanya. Abaefeso 6:4 egamba "nammwe bakitaabwe tenusunguwazanga baana bammwe: naye mubalerenga mu kukangavvulanga ne me kubuuliriranga kwa mukama waffe." Olunyiriri lunno lugamba "bataata" kubanga baweebwa obuvunanyizibwa okulabirira amaka, naye era ennono eno nayo ya mama. Eteeka lili nti: tenusunguwazanga." Tewali gwebataliza wanno — oba ewalala wonna. Ekirizibwa kyoka kwekubatendeka, ekinanyonyolwa oluvanyuma, mu buziba. Okusunguwaza (parorgizo mu Luyonaani) kitegeza "okuleetera omuntu obusungu" oba okunumalako emirembe, oba okumusindikiriza.

Katonda bw'atulagira obutakola kintu, naye era netukikola mungeri, kibbi. Teri muzadde anyumirwa nga owana ow'emputtu agaanyi okumuwuliriza oba okumugondera. Naye bayibuli etulagira okwanukla mukwagala — oba okubeera nga kristo. Abaebulaniya 10:24 eyanjula okusindikiriza mu ngeri ennungi, "era tulwoozenga fekka na fekka okukubirizanga okwagala nebikolwa ebirungi;" okukubirizanga kitegeeza okuzamu omuntu amanyi mukweyisa

obulungi. Kyetwagalira ddala okukola kwekukubirizanga okwagala, ekiretawo empisa ennungi mumwaana wo, kino kyezikizira omuliro “eky’okwagala”

Ekikula oba embeera z’omuntu kijja mungeri katonda gyatukola mu. Abo abanutu ab’emitima emimalirivu oba emputtu be ba Peetero ne ba Pawulo b’ensi eno. Twetaaga abantu ng’abo mubwakabaka. Be bantu, singa batendekebwa bulungi, tebakoma ku kuwaguza nga baugenda mu maaso wakati mu kuyigganyizibwa okw’amaanyi kyokka, naye era baleetera n’abalala okuyita nabo mu mbeera ezo. Obuwanguzi bujja nga oyanukula eri amazima, ng’okozesa okwefuga, nga tovugibwa nnewulira yo nabusimu bwo. Kulwaffe ng’abazzade, amazima gategeza nti okudamu kwaffe kuva kumutima ogwatendekebwa ekigambo kyakatonda. Ekyamateeka 27:26, wagamba, “Akolimirwe oyo ata tanyweza bigambo byamateeka gano okubikolanga. Abantu bonna ne bagamba nti Aminna.” Okunyweza kitegeza nti ekigambo kyakatonda kizze mumitima gyaffe nekifuga eneyisa zaffe.

Omuyigiriza ekiragiro ekikulu mu mateeka kiruwa? Naye namugamba nti yagalanga mukama katonda wo nomutima gwo gwonna, nobulamu bwo bwonna, namagezi o gonna. Kino kyekeyiragiro ekikulu ekyoluberyebye. Nkyokubiri ekikifaanana kye kiny nti yagalanga mulirwaana wo nga bwe weeyagala wekka. (Mattayo 22:36-39)

Mukiwandiko kino katonda assanyo essira kumugaso gwo kwagala nomuwendo gw’obulamu bw’omuntu. Bwe tuba twagala omuntu era nga tumutwala nga wa muwendo, tumuyisa bulungi. Awatali kubuusabuusa, tuyinza okusalawo okulemererwa bwe tataba na kwagala, wadde nga tuyitibwa okuweereza ng’omuweereza era ekyokulabirako kya Kristo eri abaana baffe.

Kikino ekyokulabilako eky’okweyisa mu ngeri ekontaana n’okwagala: kaseera kabbugumu nga omwana wo yakamala okukola ekintu ekyobusiru, era nga mukiteesa ko namannyi. Essimu nevugga, n’olekeera awo okuwakana kw’obaddemu n’ogyidamu (mukwano gwo). “hello, byonna birungi, ndi bulungi. Oli otya?” N’olabika okuba omusanyufu gyebali ng’edoboosi lyo likyukidewo mbagilawo. Kiki kyoba olaga omwana wo? Omuntu ali kusimu wamuwendo.

Ekyenaku tubikola ebyo, nga tetulwoozeza namirundi ebiri. Abaana baffe nga bakyali batto, nga n’obumanyirivu bwokuteegera kwabwe tebuna kukula, bakilaba bulabi: mama oba taata ayagala abantu balala okusinga nze. Kino kibaawo nyo, nemumaka gaba Kristayo, era nga yensonga lwaki tusanga abaana bangi nga balina obuzibu obw’obutelaba nga bamuwendo.

## **Okwagala Kuba Kusalawo**

Bayibuli etugamba “okwambala okwagala.” Kyakusalawo, si nnewulira. Ennewulira zandigobelera, naye okusooka tuyina okukolera mubuwombefu bwa katonda. “Ku ebyo byonna era mwambalireko okwagalana, kubanga kwe kunyweza ebintu byonna.” (Abakolosayi 3:14). Ekigambo ekivvuunulwa nga okwagala wano kye kya agape. Nelson's Illustrated Bible Dictionary eyogera bw’eti ku kwagala kwa agape: “Okwawukana ku kutegeera kw’abantu, amakulu ga 'agape' si kwe kwagala okutaliiko ka kwakulizo, wabula okusookera ddala kwe kwagala okw’okusalawo kw’ememe so si kw’enneewulira.

Agape kitegeza okwanukula abana baffe nga ababgala n'okubatwala ng'ekyomuwndo, nebwtuba nga tunyize olw'ebyo byebasazewo. Tuyinza okuba nendowooza enkyamu, naye era tuyina okwanukula n'okwgala nobugumikiriza. Tubeera tuyiga okwefuga, enkola eyokuweweza omubiri gwaffe, tusoble okwewala okwogera ebyekisiru, okusala omusango, obutasasira. Kino kibala kya mwoyo mutukuvu, sikya buntu. Kuno okwagala tekujira mubutonde.

Okwagala kwa bayibuli tekwesigama ku busimu (oba ennewulira), kusalwo kwakwetowaaza, oba okwewayo, eri okulimiriza kwomwoyo omutuvu. Ffenna tukiteegera—okulumiriza okwogera naffe nga tetwefuze (abaefeso 4:29-32). Okwagala okutaliko bukwakulizo kusalawo okusamu omuwendo omuntu, nga omwana, emeirembe gyaffe bwegyitabulwa. Abaruumi 13:8 agamaba "Temubeeranga na bbanja lyonna eri omuntu yenna, wabula okwagalananga; kubanga ayagala muntu munne, ng'atuukirizza amateeka."

Okulaga okwagala kitandikira mumutima. Okuyiga okwanukula mu kwagala mukifo kyokusikuka mumubiri mutendera. Sikyasikukira mubusunga eri abaana bange naye nziramu mukwagala. Mukama yebazibwe, muataabani wange omukulu tayina butasoonyiwa bweyanterekera kulw'ensobi enyinggi zenakola mummyaka gye omukaaga egyasooka egyobulamu. Katonda awonyeeza ebijjukizo by'obusungu bwange, neneiyisa yanga eyekibi.

Bwoba okwattidwa mukusikuka kwe kibi oba eneyisa, ddamu amaanyi. Gwe nabaana bo musobola okufuna okuwonyezebwa kwekumu. Mu ssomo eridako tukola kukukyuka okuva mu mbeera ey'okusikuka n'osobola okwanukula mu kwokwagala. Kya mugasso okuteegera, naye era bwosalawo okweyongerayo mukusikuuka obubi, ojakusasulira omuwenedo gye bujja, n'abaana bo bwebatyo.

## Essomo 4: Okwagala Kugumikiriza

Abasing kuffe tukiriza nti tumanyi okwagala abanna baffe, naye tusobola kukyikakasa nga tugerageranya ekika ky'okwagala kwaffe n'okwagala okunyonyolwa mukigambo kya Katonda. Obubaka obujjuvu ku somo lino busangibwa mu 1 abakkolinso 13 ekinyonyola kiki okwagalal kyekuli ne kyekutali. Nga tusoma ennono mu sommo lino, tujja kuba twemulisamu okumanya kwaffe nempisa nga tubigerageranya namagezi gakatonda agabikulidwa kukwagala.

Nga bwetuyita mu mutendera gunno, bambi sigaza kino mundowooza nti Katonda atwagala, era ebiragiro bye bituzamu manyi, sikutusalira musango. Ye setaani, omulaabe waffe, ayagala tuwulire nga abasalidwa omusango. Omwoyo omutuvukuvu aweereza gyetuli nga abikula obifo wetwetaga okukyusa, era omulimu gwaffe kwekwaniriza okulumuiriza okwo. Katonda ayagala tuteegere ekyenjawulo wakati wokulumiriza nokwesalira omusango era nti, "tebaliiko musango abali mu Kristo Yesu." Abaruumi 8:1

Lowooza kulwaki watandika kubikozesebwa binno. Katonda abadde nga alindiride okugabana ebitnu binno nawe. Muagambe, "kale katonda, netegesse, nga bwobikula amazima gyendi, wa wendi mukola ekintu ekyikyamu? Nsaba nti oleeta okulumiriza era oteke okuyayana mumutima gwange gukyuke."

Mu 1 Abakkolinso 13 Katonda akozesa ebigambo ebikola okunyonyola okwagala — Si bigambo ebinyonyola. Kubanga ekinyonyola okwagala kwe kulaba nga kutekebwa munkola. Okwagala si kintu kyetumala ganyonyola. Wabula kintu kyetukola. Sikyakuwulira buwulizi oba ekirowoozo. Wabula kikulwa ekyekulungulira kubalala, sikusekinoomu.

Okwagala kugumuikiliza, kulina ekisa; okwagala tukuba na buggya; okwagala tekwekulumbaza, tekwegulumiza, tekukola bitasaana, tekunoonya byakwo, tekunyiiga, tekusiba bubi ku mwoyo; tekusanyukira bitali bya butuukirivu bitali bya butuukirivu, naye kuasanyukira wamu namazima; kugumikiriza byonna, kukkiriza byonna, kusuubira byonna, kuzibiikiriza byonna. Okwagala tekugwaawo emirembe gyonna: naye oba bunnabbi, bulivaawo; oba ennimi, zirikooma; oba okutegeera kulivaawo. [1 Abakkolinso 13:4-8)

Nga bwetwetunulira mungeri yokwagala, nga tusayo omwoyo kungeri gyetwagala abaana baffe, kija kuba kiyamba okulaba kiki okwagala kyekuli nekyekutali.

## Okwagala kugumikiriza

Eyawandikibwa bitugamba nti okwagala kugumikiriza era bituragira okukola kyekimu. Ekikontana n'okugumikiriza, bwe butagumikiriza. Okwagala tekupakukana. Bwetuteeka obuteyagaliza, nebyokusuubira kwaffe ebitali byadala ku baana baffe, netusunguwala bwebalemelerwa, tetuli bagumikiriza kubagala buteerevu namutindo gwa katonda.

Abazadde bayomba: "omwana wange owe myaka essatu aleka ayononye buli kimu ate tampuliriza." kiki kyosubira muwemyaka essatu?

### FAYIRO Y'AMAZIMA

obugumiikiriza—Okubeera 'nga olwawo okusunguwala, ekintu ekyawukana ku busungu obw'okumpi, mu kifo ky'ekyo kizingiramu okutegeera n'obugumiikiriza eri abantu. Era kitwetaagisa okugumira embeera, obutagwamu kukkiriza oba okuggwaamu amaanyi.<sup>12</sup>

Abalala b'aatula "omuvubuka wange tayagala kukola mirimu gyewaka, era kinyiriza ddala. Kizibu okuba omugumikiriza bwaba takola kyemugambye!" naye ekyo kyewunyisa? Otendese otya omwana wo? Okusinga okudamu kubeera nti, "kiki kyotegeeza okutendeka? Nze nsubira buwulize."

Tekyewunyisa alina kumi nena naye y'eyisa nga owemyaka omukaaga kubanga wateeka okusubirako kuye notamutendeka kutukuriza kusubira okwo. Nga osikuka mubusungu, oli mu Kontadawo omuntu omusunguwavu mu mwana wo (engero 15:1), era omusindikiriza okugende ebweru akole kyekimu (engero 22:24-25). Ani ayina okumenya olujegere lunno? Ani avunayizibwa? Owemyaka ekuminena oba gwe?

Okwagala kwetulaga abaana baffe kuyina okuba okugumikiriza, ne bwebaba nga ba myaka emiri eb'etabbu oba nga battini abasomoza" okwagala kutegeza okuffa mu gwe mubugumikiriza nga tubasomesa, n'okubalungama okutuusa bwe bakula. Okuva kukaseera, wetubaleetera ewaka okuva mudwaalilo, buli kisera kilabika nga abaliko kye batwagala ko, buli kimu "kyange, kyange, kyange." Naye tetusobola kuba batagumikiriza. Okwagala kwetaga okugumikiriza.

Kino kyekifo ekirungi okuyimirizamu n'ofumitiriza kunkolagana yo ne Katonda. Nga tonajja mu kristo, katonda mubugumikiriza yakuKULEmbeera mukifo wewayina okuwewayo gyali, paka nakati katonda mugumikiriza mubutamanya n'obujjemu bwo.

Oba onyoomye obugagga bwobulungi bwe nobuwombeefu nokugumikiriza, nga tomanyi ng'obulungi bwakatonda bukuleta mu kwenenya? Abaruumi 2:4

Jukira nti mu 1 abakkolinso 13:4 agamba nti okwagala kugumira okubonabona," ekiva mu kigambo ekya wandikidwa wagulu nti "kugumikiriza." Gendelera nti okugumikiriza n'obulungi bwa katonda bututwaala mukwenenya, simubusungu bwakatonda, nabutagumikiriza. Tetuyina kulaga mbala zezimu eri abaana baffe?

Mukama waffe talwisa kye yasubiza, ngabalala bwe balwooza okulwa; naye agumikiriza gye muli, nga tayagala muntu yenna kubula, naye bonna batuuke okwenenya. (2 Peetero 3:9)

Nga ddala Katonda atugumikiriza nnyo!

## *Entegeka Zokukola*

Zula obiffo wotabadde mugumikiriza n'abaana bo, osabe Katonda akusonyiwe. Era osaabe abaana bo okusonyiwa (beera mweerufu mubuli kitundu). Gobelera nga wewayo eri obitundu bunno mukusaaba, ngo saba Katonda akuwe amannyi n'amagezi.

---

---

---

---

---

---

Jjukira, abaana abamu bajja kwetaga obbugumikiriza okusingako abalala. Mutaabani wange Nicholas yali mwana owe'emputtu. Yali etaaga obudde bungi okuva eri mukyala wange nage n'amaanyi kumpi emirundi kumi okusinga kubaana baffe abalala. Ate nga kya sigala bwe kityo okumala ebanga. Yazukukanga kumakya ku sawa 3:00 mukyala wange nange netulowooza, "katonda wange, ali kungooma akuba. Naye tukimanyi bulungi siyaffe. Olussi twamukangavulanga emirundi kumi kwabiri mu lunaku lumu, nga abalala bo bakangavulwanga omurundi gumu kwebiri.

Okwagla nocholas gwali mulimu gwamannyi mubiseera ebyo. Ebilowoozo byaffe byali, "bino bingoye! Lwaki tagondera bugondeezi amateeka? Lwaki takula bukuzi?" Twatulanga ekiro kyonna nga twogeera kuye, "tugenda kola kyi enkya? Katonda tuwe amannyi!" Okwagala Nicholas obulungi kyali kyetagaisa ekigeera ekinene ekyobugumikiriza.

Kubanga byonna ebyawandiikibwa edda, byawandiikibwa kutuyigiriza ffe, bwe tutyo mu kugumiikiriza n'olw'okuzibwamu amaanyi ebyawandiikibwa tubeerenga ne ssuubi. Abaruumi 15:4

### **SIIMA EBUZIBA**

Pawulo yasabira ekigeera kyo kwagala nobugumikiriza kwetwetaga mumitima. Ensulo y'okwagala kunno yeliwa?

Era mukama waffe alunggamyengaa emitima gyammwe okutuuka mu kwagala kwa katonda mu kugumikiriza kwa kristo (2 Abasessalonika 3:5)

---

---

---

### **ADHD/ADD**

Attention Defecit Hyperactivity Disorder (ADHD) obulimu okuzuulibwa okwa Attention Deficit Disorder (ADD) bunno bulwadde obuleteeta ebiroowozo obutalwa ku kintu kimu, okwerabira,

obutatula n’okuzanya ekikuse, n’okubaguka okukola ekintu ekitasubirwa. Abaana abasinga bayina obuleemu bwa ADHD, naye bumanyirivu bwange obw’emyaka abiiri mwetaanu egiyise, nkirabye nga ebitundu 85 kubuli kikumi okuzulibwa kw’obulwadde buno kwa bulimba. Kinon kyeyoleka kyoka bwossa essira kubibuzo abasawo abakugu bye babuza ku mbeera z’obulamu ez’omwana nga nga tebabuziza bikwata ku bukodyo ki abazadde bwebakozesa okulaga abaana babwe okwagala nokubatendeka. Mukugatamu, tebafayo kumirindi emkea abazzade gyebeyisamu eri abaana n’obusungu, nga babasunguwaza nokubasindikirizanga okweyongera mu busirusiru bwabwe.

Kisigala kiriko akabuza lwaki omuwendo gwabaana bebasanga nobulemu buno obwa ADHD gweyongeeera. Ensonga zaleero zilaga nti balabika tebatula mukibiina nokuwuliriza abasomesa oba nti tebafuna nga kutendekebwa ewaka okujjako okubabogolera n’okubakambuwilira. Awatali mpisa yakwagala, tekyewunyisa nti abaana beyisa bwebatyo. Nga mmazze okwekenenya empisa yabwe, nteera okugamba abazzade bangi, “tekiri nti omwana wo ayina ADHD, naye obuzibu bwebutamanya bwamwe oba nobutayagala kwagala mwaana n’okumutendeka okusinzira ku kwagala kwa Katonda.”

Abazzade bwebawebwa omukisa n’omwana ow’emputtu, basobola okuleeterwa mukukiriza nti okujanjaba omwana mubyedagala kyekyokusalawo. Emirundi egisinga, ekizibu ekinene bwebutamanya bw’omuzzade n’obutayagala kwewaayo mumaaso ga Katonda okugondera ebiragiyo bye. Lowwoza ku bigambo “olutalo olw’okuwanika eri okusalawo kw’omulala, oba okusiganana mu by’obuyinza” bwekituka ku kukuza abaana. Binno bisobola okuleeta obuleemu mumwaana bwetutumye UADD, oba unwilling-attention-deficit disorder (ekitegeza nti omwana tayagala bwagazi okussawo ebirowozo bye kw’ebyo ebimugambibwa). Era omwaana bwataba na UADD, awo kiba kiyitibwa LOPD, oba lack-of-parenting disorder (oba okubulwa okutendekebwa kwomuzadde), oba okugatta byombi.

Omwana wo kwasangibwa ne ADHD, bambi tolowooza nti oyina okumujja mangu okuva kuddaggala. Wabula teka munkola ennono zoli mukuyiga, oyinza okusanga nga enakku kyenda okuva kati, osobola okubajja kudagala. Oba olyawo oyinza n’okukizuula nti baali tebalyetaaga mukifo ekisooka. Kino nkilabye emirundi mingi. Kisabire.

## **SIMA EBUZIBA**

Nyonyola kiki enyiriri zinno kyezogera ku kugumikiriza, okwagala oba byombi.

Era katonda wokugumikiriza nokusanyusa abawe mmwe okulowoozanga obumu mwekka na mwekka mu ngeri ya kristo: (abaruumi 15:5)

---



---



---

“Naye ebibala byomwoyo kwe kwagala, okusanyuka, emirembe, okugumikiriza, ekisa, obulungi, okukirizaa,” [abaggalatiya 5:22]

---



---

---

Mulemenga okubeera bagayaavu, naye abagoberera abo olwokukiriza nokugumikiriza abasikira ebyasuubizibwa. [Abaebulaniya 6:12]

---

---

---

---

Era tubabulira, aboluganda munenyenga abatatambula bulungi, mugumyenga abalina omwoyo omunafu, muyambenga abatalina maanyi, mugumikirizenga eri bonna. [Abaggalatiya 5:22]

---

---

---

## Essomo 5: Okwagala Kulina Ekisa

Okuba ow'ekisa eri omuntu kupimibwa. Si nneewulira etaliimu makulu wabula ekintu ekirabika obulungi ekikwatibwako, oba okuwulirwa.

Ekyo kulabilako ekilungi eri ekigambo kino kye kya Kristo nga akikozesa kuye kennyini, nga agamba, "ekikoligo sikizibu (amafuuta) n'omugugu gwange mwangu" (Matayo 11:30). okwagala okwa namadala kutuzamu amanyi okukolera ekilungi mu kisa eri abaana baffe basobole okulaba Kristo mufu, eky'okulabirako eky'omuwereza wa katonda ayagala era owekisa.

### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Ekisa—chrestos (Greek).* Okukola obulungi; okubeera omuntu mulamu, asasira, alumirirwa, owe kisa, era eyakuzibwa obulungi okwawukana n'obukambwe, okukaluba, obukawu. Empisa ezissukkulumye.

"Okwagala kwa..... kisa" (1 Abakkolinso 13:4) ekitafanagana kisa kwe kubeera n'ettima. Okwagala si kw'atima. Okubeera n'etiima kusobola okubeera obusungu, okubogola, okusala omusango, okwewaala, okugerageranya abaana baffe ku baganda babwe, nokulaga nti okulemerwa kwabwe kiyinza okumalwo obuyinza bwobuzaade bwaffe. Katonda ajja kukozeza ensobi zabaana baffe n'okulemelerwa okutuliriza okwagala kwe mubulamu bwaffe, okukyusa embala zaffe nga bwekyetagisa. Agya kukozeza obunaffu bwabwe okulaga obunafu bwaffe, bwetugaana okukiriza nokukola ne Katonda mubifo byetulinamu obuzibu. Tujja kusubwa omukisa ogwa Katonda okukola kubunaffu bwaffe.

Tuyina okujukira nti amaka gaffe tendekero. Abaana bonna bazalibwa nga tebalina mbala ya Katonda. Tebajja nambeera zakikulu. Ekigambo kitugamba, "obusirusiru butuula mumutima gwo mwana" (Engero 22:15). Esira wanno liri nti abaana bonna bazalibwa n'okukyama kw'ekibi. Bwetumala okuteegeera kino, tusoboola okuyiga okubagunjula mungeri ey'okwagala.

Engero atuwa ekifannanyi ekyokubtaba n'ambala ey'obukulu, ekiteeka obuvuunanyizibwa obunene eri abazadde (19-18:22:6).

- Abaana babulwa okusalilira (10:21)
- Abaana banyumirwa obusirusiru (10:23)
- Abaana balimbibwa mangu (13:15)
- Abaana bewala abagezi (15:12)
- Abaana bamalala (21:24)
- Abaana banyoma okuwabulwa okuungi (23:9)
- Abaana bafula amazima ekitagasa (26:7)
- Abaana badamu obusiru bwabwe. (26:11)
- Abaana besigangana (28:26)
- Abaana bafulumya obusungu bwabwe (29:11)
- Abaana bakola obuvuyo nokuyomba (22:10)
- Abaana basikula obusungu (29:8)

- Abaana bagenda mu makubo gabwe (15:21)
- Abaana bekweka bwebasangibwa munsobi (17:12)
- Abaana ebigambo byabwe bibasula mumatiiga (18:6-7)
- Abaana batambulira mukubo eryo buvuuyo (22:3)
- Abaana balemera mu busirusiru (27:22)

Kino tekiteegeza nti zinno zonna embala embi zijja kwelaaga, naye zitulaga obutto nobusirusiru. Amawulire amarungi gali nti, bayibuli ettuwa obuyambi abaana bwebetaaga okukuza embala nokubatteka kukigeera ekyobukulu okuyita mukusomesa okutufu nempisa yakatonda.

Lwaki tweyisa nga abewunyisidwa empisa zabanna baffe? Era lwaki obusungu bwaffe buzileetera okweyongera? Abantu bangi bakuzibwa bwebatyo era nabo badamu buzi enneyisa gyebayiga okuva kubazade babwe. Yengeri gyebankuza. Waliwo akaseera kenakiriza nti singa nali sikyusiza bwenyi bwange nokusitula eddobozi lyange, okugunjula kwange kwali tekukola. Wabula, eyo empisa eragibwa wa mu bayibuli? Tewali. Ekyamazima yakobo 1:20 eyogera kikontana. "Kubanga obusungu bw'omuntu tebukola butuukirivu bwa Katonda." Kiki kyetugeezako okuzaala?"

Nali mu kaabuyonjo ya wooteeri nga nnaaba mu ngalo emyaka mingi egiyise, omusajja eyali omunyiivu ennyo n'ajja ng'ayingira mu luggi. Yali alondoola mutabani we ow'emyaka omwenda oba kkumi, nga kirabika omulenzi yali anaatera okusubwa ekyeggulo. Taata yaggulawo oluggi n'asindika omwana munda, ekiseera kyonna ng'alekana nti, "Yanguwa, yanguwa, yanguwa. Simanyi ogenda kusesema? Kikyamu ki ekikuliko?"

Omwana ono omulwaade bambi neyeewanirira nga bweyesigamya emikono gye kwebatuula okweyampa. Taata nalekaana "tokwata kwebatuula!" nakwaata mutaabani we, naduka webanaabila engalo, natandika okunaaza engalo ze, ngabwayomba, bw'amuvuuma, nokusalira omulenzi omusango. Ono tata eyali avudde mu mbeera yali anyiize olw'ekyekugulo kye ekitataaganyizidwa, yawebuuka mu maaso gange nze omugwira. Kati nakubamu obufananyi kiki ekibaawo nga bali mu nyumba ewaaka.

Nawulira nga ayagala okuwa omwami ono kaadi yange nokumugamba nti mubwangu ddala agenda kubeera nomuvubuka omukambwe era nga yetaaga okuwabulwa mu bwangu nyo.

Tuteekwa okuyiga okukangavvula nga tetulaze mbeera ya kibi yonna, nga tetulina nviiri ziyimiridde wadde emisuwa gyaffe okweregga. Era nga bwe tugondera Mukama, tusobola okukikola. Jjukira nti ebikolwa eby'okwagala n'ekisa birina okukolebwa olw'obuwulize eri Mukama. Bwe tumwagala era ne tubeera mu ye, atuwa amaanyi okukola ebintu bino. Tekikwata ku nneewulira, kubanga oluusi okwagala tetukuwulira.

Eky'ennaku mu maka mangi ag'Abakrisitaayo kiri nti abazadde balaga okunyooma n'obutaba ba kisa eri abaana baabwe okusinga omuntu omulala yenna ku nsi—okweyisa mu mubiri mu

kifo ky'okwanukula mu kwagala (amazima). Tulina okukolagana ne Katonda nga tumukkiriza okusooka okututendeka, oluvannyuma ne tutwala obuvunaanyizibwa bwe tuba tetwagala.

Pawulo yawa ebyokulabilako mu abaefeso 4:31-32: "obukawu bwonna nobusungu nobukambwe nokukaayana nokuvuma bibavengako, awamu nettima lyonna: era mubeerenga nobulungi mwekka namwekka, abakwattibwa ekisa, nga musonyiwangananga, era nga katonda bwe yabasonyiwa mu kristo."

Genderera ekiyina okusulibwa. Waliwo ekiragiro okubeera "abekisa," empisa gyetulina okugoberera nokwongerera okugoberera

*Entegeka Eyokukola*

Wandika ebintu byewetaaga okusuula, osaabee okusonyiyibwa okuva eri Katonda, era osabe Katonda okulaga enegri gyolina okubeera owekisa eri abaana bo. Saba okukiriza nokumwesiga nokubinywererako, wade nga oluusi oyinza okulemelerwa. Saba ekisa kye okusabanga okusonyiyibwa bwolemelerwa. Eno yoka yengeri gy'ojja okufunamu okukyusibwa kwa Katonda.

---

---

---

---

---

---

---

**SIMA EBUZIBA**

Bayibuli etulagira kukola kyi eri abalala nabaana baffe?

Mukwagala kwaboluganda mwagalanenga mwekka ne mwekkwa; mu kitibwa buli muntu agulumizenga munne; (abaruumi 12:10)

---

---

---

Kale mwambalenga ngabalonde ba katonda, batukuvu era abaagalwa, omwyo ogwekisa, obulungi, okwewombeeka, obuteefu, okugumikiriza; (Abakkolosayi 3:12)

---

---

---

Naye ebibala byomwoyo kwekwagala, okusanyuka, emirembe, okugumikiriza, eisa, obulungi, okukkiriza, (Abagattiya 5:22)

---

---

---

Omuntu ekimwagaza kisa kye: nomwavu akira omulimba. (engero 19:22)

---

---

---

## Essomo 6: Okwagala Tekweyagaliza

Okuba omuzadde Kuba kwesadaaka.

### Okwagala Tekusunguwala

Obuggya bw'abazadde buyinza okuvaamu omuzadde bw'aba nga emyaja gye egy'omubuto gyali gya bulumi ate ng'omwana we alina obulamu obwangu oba ng'akola bulungi mu bintu bye bataasobola kukola bulungi. Ng'ekyokulabirako, omuwala omuto alina enkolagana ennungi ne nnyina. Bw'amala okusoma mu siniya ey'okutaano, afuuka omukubiriza w'abawagizi, omututumufu nnyo era nga abalenzi bamussako nnyo ebiroowoza. Mpolampola avva ku Maama ng'afuna emikwano mingi egy'emyaka gye, ekintu ekyabulijjo.

### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Obuggya*—obutamatira oba obutaba namirembe okulaba obulungi bw'omulala oba ebirungi, okugoberedwa ekigera ky'okukyawa n'okwegomba okuyiibwa kyenkanyi n'omuntu omulala, okuwalana okutalimu.

Maama atandika okuwulira ng'awangudwa, oluvannyuma n'okwejjusa, ng'ajjukira emyaka gye egy'obutiini. Ng'ageraageranya obulamu bwe ku bwa muwala we, obuggya n'obukyayi bitandika okweyoleka okutuusa endowooza ya Maama lw'efuuka ey'obuggya obw'amaanyi.

Ekyokulabilako ekiralala ekyabulijjo, yetaata nga mutabani we yeyongeera okukula. Muzaanyi wamupira era nga yelabanga nga mukulu nyo, omuvubuka dala, nga musaanyufu alopeera kitaawe, "nakoze duyiro emirundi 150 leero, taata! Mu buswaavu nadamu," kati kyi? kumyaka gyo, nali nkola egyisingawo." Ekyewuunyisa, tweyisa bwe tutyo bwe tukwatirwa abaana baffe obuggya. Tulina okukuuma emitima gyaffe ku bintu bino.

Owa omukisa n'ozamu amannyi omwaana wo mu buli kirabo n'ekitone kyebalina? Osanyukira byebatuseeko nebamaririza? Obawaggira? Oyogeera kukuyitamu kwabwe, oba osonga kubibi byabwe byokka? Tuyina okulaba ebirabo byabaana baffe byebalina nokubasanyukira enyoo ebiseera ebisinga.

### Okwegezesza

Waliwo omwana omu gwolaaze obutali bumativu n'obujja? Bwekiba nga bwekiri, nyonyola.

---



---



---



---



---



---

## **SIMA EBUZIBA**

Mu kifo ky'okukyuukira obujja, tulina okukolera ku magezi ga katonda.

Naye amagezi agava wagulu okusooka malongoofu, nate ga mirembe, mawombeefu, mawulize, agajjude okusaasira nebibala ebirungi, agatalina kwawula, agatalina bunnanfussi. Era ekibala ekyobbutuukirivu kisingibwa mumirebe eri abo abaleeta emirembe. (Yakobo 3:17-18)

Wandika ebimu ku biraga amagezi okuva mu kyawandikibwa kino.

---

---

---

Nnyonnyola ebikolwa ebiva mu kukwatirwa obuggya.

Naye Abayudaaya bwe baakwatibwa obuggya ne batwaala abantu ababi ab'omu bakopi ne bakungannyisa abantu ne basasamaza ekibuga. Ne bazingiza ennyunba ya Yasooni ne baagala okubaleeta mumaaso gabantu. (Ebikolwa byabatume 17:5)

---

---

---

Awo piraato naddamu ngagamba nti mwagala mbateere kabaka wabayudaaya? Kubanga yategeera nga bakabona abakulu baamuweesezayo obuggya. Naye bakabona abakulu ne baweerera ekibiina nti balaba gwaba abateera (Makko 15:9-11)

---

---

---

### *Entegeka ey'Okukola*

Wandika ebirabo byobutonde ne bitone bya buli mwana wo gwolina. Saaa katonda okuwa ekisa okutendeereza ebirabo byabaana bo wiki eno.

---

---

---

---

---



---

## Okwagala Tekwewaana oba Tekwegulumiza

Okwagala sikwamalala oba tekweraga, okwogera ebintu nga binno: “omannyi, bwenali mummyaka gyo obulamu bwali buzibu nyo nokusinga obubwo. Nze Ssalina nataata!” “Taata wange yakozesanga musipi okunkuba.” “nze safuna antwaala kusomero. Nalina okutambula nabalenzi, netwambuka obusoozi, mumuzira.” “Nalina okukola emirimu gyonna.”

### **FAYIRO Y'AMAZIMA**

*Okwewaana*—Okweyogerako, oba ebintu ebikwata ku muntu oyo, mu ngeri ey'okwewaana; okuzimbira ku balala.

Ebigambo nga binno bibaawo nyo nga tugunjula abaana baffe bweba bayina kyebemulugunyako. Naye bunno obujulizi tekukubiriza mwaana kubanga kuba kweraga. Ekigambo ekilala ekisobola okunyola okweraga kye kigambo ky'olungereza “windbag” ekitegeza omuntu ayongera okumala ebbange eriwera naye talinamu kya makulu. Ekyo Kyetwaagala okubeera? Nedda. Kubanga okweelaga si mpisa, tekyirina kuba kitundu ku mpisa. Olowooza abavubuka baffe basobola okuteegera mbeera zetwayitamu bwetwali abatto? Tebasobola.

Ekyamazima, kizibu okukozesa empiki eno abaana baffe nga bemulungunya, “iyii, nina okutambula okugenda kusomeero,” ng'esomeero liri ebizimbe bibiri okuva ewaka. Abaana abasinga bagayavu; kino tekikyukanga. Socrates yagamba mu mwaka ogwe 400 BC inti,” abaana leero bebefuzi, bakontana nabazzade babwe, balya baswankula, nebafuga nababasomesa.” Ebintu ebimu tebikyuka. Ne bwekiba kikema kitya, tuteekwa okusalawo obuteewaana wabula okubazzaamu amaanyi.

Bayibuli egamba, “Leka omulala akutenderezenga, Oba omugenyi, so si ggwe kwetendereza.” (Engero 27:2). Tetwetaaga kulaga baana baffe nga bwetuli abamannyi oba abagezi, oba okubassa wansi okubalaga nga bwetuli ab'omugaaso, nga twogeera ebintu nga binno, “nze sayogeera nabazzade bange mungeri eyo bwenali ow'emyaka gyo.”

Kubanga eyetendereza yekka si ye asimibwa, wabula mukama waffe gwatendereeza. (2 Abakolinso 10:18)

## Okwegezesha 2

Okwelaaga kakodyo kokozesa okugunjula omwana oba ngeri eyinza okugezako okusindikiliza omwana wo?

Bwekiba nga bwekiri, nyonyola.

---



---



---



## SIMA EBUSIBA

Nyonyola enyiriri zino kyezogeera kukwegulumiza mumaaso gabalala---oba nabaana baffe.

Kubanga njogeera olwekisa kye nnawebwa, eri buli muntu ali mu mmwe, alemenga okwerowooza okusinga bwe kimugwanidde okulowooza: naye okulowoozanga nga yegendeereza, nga katonda bwe yagabira buli muntu ekigera kyokukkiriza. (Abarumi 12:3)

---

---

---

Kubanga omuntu bweyolowoozanga ekintu, nga si kintu, nga yeerimbalimba. (Abbagalatiya 6:3)

---

---

---

Temukolnga ekintu kyonna olwokuyomba newankubadde olwekittibwa ekitalimu, wabula mu buwombeefu buli muntu agulumizenga munne okusinga bwe yegulumiza yekka; (Abafiripi 2:3)

---

---

---

## Okwagala Tekwekulumbaza oba okwamalala

Tetutekedwa kuba banakyemalila, oba abafuga abalala mubutugumbuzi, katonda atwagala okutendeka abaana, sikubafuga, embala yaffe eyina okulaga nti tukolera mwebayina okwagala mubuli mbeera, okubayamba bakule nokukuza embala zabwe. Abaana baffe bayina okuwulira nti bali kitundu ku kibinja.

Tetuli bannakyemalira, ababi enyoo oba abafugangana mumalala. Katonda ayagala okutendeka abaana bo, si kugezako kubafuga. Endowooza zammwe zirina okulaga nti buli obafaako mu buli mbeera, nga obayamba bakule nokukuza embala zabwe. Abaana bo basanye okuwulira nga bali kitundu ku ttimu, nga bakolera wamu naffe mu lugendo lunno olwokubakuza, si baserikale mumajje.

### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Okwegulumiza oba amalala—okubeera wagulu, okuwulira oba okweraga omugaaso gwo, obutalabawo balala.*

*Amalala: okwewa ekitibwa ekya waguulu oba omuwendo ogwo mugaaso.*

Abazadde abamu tebategeera ensonga eno. Abasajja abaabadde mu magye oba abaakulidde mu maka g'amagye batera okugeza okutendeka kw'amajje ku baana babwe. Obukulembeze bwa Katonda si nkola ya bukambwe n'okutisatisa, gamba ng'okukuuma endowooza ya poliisi

ey'ekyama n'okunoonya engeri ey'okuteega oba ey'okukwatamu ng'akola ekikyamu. Abazadde bwe bagamba abaana baabwe nti, "Mmanyi olimba. Nja kukukwata," olwo ne bakola olukwe ne bateekateeka engeri y'okutuuka ku buwanguzi, si nkola ya Bayibuli era ejja kuleeta obusungu obugoba abaana bammwe.

Abavubuka bangi balowooza nti bazadde baabwe bulikisera bagezaako okubakwata. Ekyo si kukolera wamu, wabula kifaananako ne nakyemalira, ebitongole ebikuma ddembe, oba omulabe, ng'asuubira okuwangula olutalo. Oyinza okukuba akafaananyi nga defender (omuzibikizi) agamba lineman (oba omuteebi) nti, "Nkutaddeko amaaso," oba omuteebi eri omuzobikizi nti, "Kirungi singa osuula omupiira ku musajja gwe njagala, oba nja kuleka omuzibikizi ono akulemese? Okwo kuba kukolera wamu kwa ngeri ki?"

Tutekedwa okujjukira eteeka elisooka ery'okukuza abaana: Tuli bawereeza. Tulina okulaba ebifo byafe eby'obuzadde nga okuyitibwa okwuva eri Mukama ne tukola byonna kulwe ekitibwa kye, so si ekyafe. Yesu yali wamu n'abayigirizwa be, babiri ku bo bwe baabuuza obanga baali basobola okutuula omu ku mukono gwe ogwa ddyo ate omulala ku mukono gwe ogwa kkono mu bwakabaka bwa Katonda.

Yesu yabadamu mu Matayo 20:25-28:

"Naye Yesu n'abayita gy'ali, n'agamba nti Mumanyi ng'abaami b'amawanga babafuga, n'abakulu baabwe babatwala n'amaanyi. Tekiibenga bwe kityo mu mmwe: naye buli ayagala okuba omukulu mu mmwe anaabanga muweereza wammwe: na buli ayagala okuba ow'olubereberye mu mmwe anaabanga muddu wammwe: nga Omwana w'omuntu bw'atajja kuweerezebwa, wabula okuweereza, n'okuwaayo obulamu bwe ekinunulo eky'abangi."

Ebigambo *omuwereza*, *yawereeza*, ne *awereza* bigibwa mu kigambo ky'oluyonani *diakonos*, ekivunulidwa nga "Omuwereza" mu nyiriri ezimu ez'endagaano empya. Omudu yeyali omurereeza atalina lukuusa kubibye naye yali yewayo eri okwagala kwo mulala. Yesu yali tagaana buyinza naye yali akubiriza okubukozesa obulungi. Yesu yalina obuyinza bwona mu nsi, naye embeera ze kwali kuweereza katonda n'okutukiriza okwagala kwa Katonda. Abazadde balina obuyinza Katonda bwe yabuwa, naye engeri gyetukozesa omukisa ogwo kyamugaso nyoo eri Katonda kubanga tuli bawereeza be.

Katonda agamba abasumba, "Temwefuulanga bafuzi b'abo be mwateresebwa, naye mubeeranga byakulabirako eri ekisibo." (1 Peetero 5:3). Mu ngeri yemu, tuyina okubeera abaweereza eri, si bafuzi wagulu, wekisibo Katonda kyawadeyo eri okufibwaako kwaffe. Mu ngeri y'emu, tusaanidde okuweereza, so si okufuga, ekisiibo Katonda ky'atuwadde okulabirira. Katonda tatuwadde mulimu gwakukola bukozi, wabula atwesigisiza obuvunaanyizibwa obw'amaanyi. Tulina okufaayo enyo okulaga ekyokulabirako, so si kufuuka abanyigiriza.

Owomwoyo omubambavu aleeta oluyombo: naye eyeesiga mukama aligejja.  
(Engero 28:25)

### **Okwegezesa 3**

Oli nakyemalira ebiseera ebisinga, oyongeerera kussa wansi abaana bo, ng'okozesa okutiisa n'bukambwe? \_\_\_\_yeee\_\_\_\_nedda

Nyonyola kiki mukama kyakubikulidde.

---

---

---

### **SIMA EBUZIBA**

Nyonyola kiki enyiriri zabayibuli kyezogeera kumalala nobubambavu ne ngeri gyebuyinza okukosa mu kukuza abaana bo.

Okutya mukama kwe kukyawa obubi; amalala nessukuti nekkubo ebbi nakamwa akabambaavu bye nkyawa. [Engero 8:13]

---

---

---

Amalala wegajja, lwe wajja nensonyi: naye amagezi gaba nabeetowaza. [Engero 11:2]

---

---

---

Amalala galeeeta okuwakana kwereere: naye amagezi gaba nabo abateesa obulungi. [Engero 13:10]

---

---

---

Naye yeeyongerera okugaba ekisa kyekiva kyogera nti katonda alwana nabamalala, anaye abawombeefu abawa ekisa. [Yakobo 4:6]

---

---

---

## Essomo 7: Okwagala Kweyisa Bulungi

Tetumanyi buziba bwa bubu bwaffe n'ekibi ekiri mu ffe, naye Katonda amanyi engeri y'okukitu bikkuliramu. Kye tukola oluvannyuma lw'okulemererwa okwagala abaana baffe kye kikulu.

### Okwagala tekweyisa mubukambwe, tekukola bitasaana.

Okwagala tekuswaaza era tekusa mwana wansi. Abazzade basobola okukola kino nga bogeera kubilemelera omwana oba ebitagenze bulungi n'ebirala oba okubeera omusunguwavu oba omukambwe enyo nga bakangavula. Kino kitwaliramu okuvuma, okwogera obutakoma, n'okubakuba mu maaso g'abantu abalala nga mw'otwalidde n'ebaato baabwe.

Abazadde bangi beewa olukusa okwogera ku nneeyisa y'omwana awatali kulwooza ku ani awuliriza. Ba maama, temulooza ndi mbefunide, naye kino kitera okubaawo ng'ogamba mikwano gyo nti, "Tojja kukkiriza lunaku lwange bwe lubadde. Omwana wange yasoose kukola kino, oluvannyuma n'akola kiri, oluvannyuma n'akola kino." Omwana wo ayinza okuba ng'ali kumpi, ng'awuliriza ebibi bye n'ensobi ze.

### FAYIRO Y'AMAZIMA.

*Obukambwe*— omuli obikolwa /empisa enkawu, embi enyo, obukambwe, ebitaweesa kitibwa, ebikosa.

*Okuzimba—Oikodome* (Oluyonaani). Okuzimba ku lw'okufuna okw'omwoyo oba okweyongerako kwo muntu; ekikozesebwa okulaga okuzimba enyumba.

Naye pawulo atukubiriza: "buli kigambo ekivundu kireme okuvanga mu kammwa kammwe, naye ekirungi bwe kinaabangawo olwokuzimba nga omuntu bwe yeetaga, abawulira kibawenga ekisa." (Abaefeso 4:29). Waliwo ebiseera eby'okwekomako "butaganya ebigambo ebivundu okuva mukamwako."

Lwaki? Kubanga tekizimba, wabula kiteeta abaana wansi. Ekintu ekiba ekikambwe, ekitalina kisa, era ekitalinga okuzimba, kiba Kirina okuyitibwa olugambo. Tutekedwa okwekumira mu ndowooza nti, "ebigambo bye nzizaako okwogera bigenda kuzimba abaana bange, bibasembeze eri kristo, era bibatekeko ekisa kya Katonda mu matu ge?" Kati okwo Kwagala.

Ne mu kkanisa abantu bagenda mu maaso n'okwogera ku nsobi z'omwana ng'omwana atudde butereevu awo. Yee, waliwo ekiseera n'ekifo mwe tuyinza okunoonya amagezi, naye tetulina kubikkulira muntu yenna bikolwa byabwe ebibi mu lujjudde. Wadde n'omulundi ogumu.

### SIMA EBUZIBA

Nnyonnyola engeri olugero luno gye lukwata ku nsonga eno era lufumiitirizeko.

Abbika okusobya anonya okwagala: naye ayeeyereza ekigambo akyayisa abomukwano ennyo. [Engero 17:9]

---

---

*Okubika kitegeza "okuteka ekisanikira kukyo, okukibika." Lwaki twandiyaade okukola ekyo? Kubanga okwagala omwana kunonya ekisinga gyali. Omuwandisi omu amanyikidwa yagamba, bw'oba oyagala okwogera ku bintu ebibi eby'omuntu ataliiwo, kirungi okwebuuzza ebibuuzo bisatu: Kituufu? Kya kisa? Kyetaagisa?" Katwongereko ekibuzo kimu: kisobola okutereza omuntu gwe twogerako n'abo abawuririza?*

Okwegendereza kuno tekitegeeza nti tubuusa amaaso ekibi kya munnaffe gyetuli n'eri abaana baffe. Soma, okuva mu kwekenenya Engero 17:9, butya omuwandiisi omu bwa nnyonyola okubika ku bibi byafe.

Kyokka, okubikka ku kibi tekitegeeza kusaagira mu ensoga y'ekibi n'obutanenya obutali butuukirivu. Okwawukana ku ekyo, kitegeeza okugenda eri oyo asobya kinnoomu mu kwagala n'ekisa ky'obwa sseluganda; N'olwekyo, okugezaako okumukubiriza okukozesa omuntu we ow'omunda okuva mu ekyo ekityoboola Mukama we. Singa ensisinkana ng'ekyo egenda bulungi, ekibi tekisaanidde kuddamu kwogerwako. Kibikiddwa era tewali mulala yenna yeetaaga kukimanya.

Abaana baffe bamanyi ensobi zaffe, tebazimanyi? Balabye n'okuwulira ebintu nze ne ggwe bye twakola awaka. Oyinza okuteebereza singa lumu ku Ssande ku makya ku kkanisa abasomesa abalabirria abaana bammwe abato abalungi ne babagamba nti, "Tugenda kufuna obudde bw'okusaba, buli ayagala okujja asaba, ajje." N'olwekyo omwana wo omuto ow'emyaka omunaana n'alinnya n'agamba nti, "Mukama, nsabira maama ne taata. babogola, bakayana, balekana, era bakozesa olulimi olubi." Oyinza kuwulira otya? Oyinza okuswaala nti oyinza nokulekelawo okugenda kukanisa. Bwetuba tetwagala baana baffe batwanike, kitegeerekeka bulungi nti nabo tebaagala tukikole.

## **Okwegezesa 1**

Waliwo obiseera lwoberera omukambwe oba omukawu eri abaana bo? \_\_\_yeeee\_\_\_ nedda  
Nneyisa kyi katonda gyakubikulidde gye wetaaga okukyusa? Wandika okwatula kwo.

---

---

---

## Okwagala Tekunonya Byakwo

Tetusobola kulemerako nti abaana baffe bakola ebyo byetwagala bakole, oba byetutayagalaa, bwebituka ku nsonga ezitali za mpisa.

Waliwo abafumbo abajja okufuna amagezi era nga kyeyoleka bulungi nti maama yali agezaako okufuga amaka nga muno mwe mwali n'abaana byebagala. Ya yasanguza obunyivu bwe eri mutabani we ow'emyaka 14. Mu kwogera kwe, yaleeta ensonga za paintball (nga gwe muzanyo ogw'okujjawo abalabe nga obakuba amasasi agatali ga ddala naye nga ga laangi) n'agamba nti, "Mutabani wange ayagala kuzannya paintball. Paintball mbi nnyo. Ndowooza kikyamu nnyo."

Nabuuza taata nti, "Taata okilowoozako ki?"

Nadamu, "nze ndowooza tekirina buzibu"

Mama neyetaabamu, "ndowooza kikyamu. Okuba bantu mumuzanyo!"

Ne mugamba, "nzanya omupira ogwo era nnkuba nyo batabani bange emirundi mingi! Kunyumirwa kwamanyi. Twagala okuguzannya. Mutabaani wo wanjawulo kugwe. Ekyo okigenderede?"

Manyi mukyala wange tazannya muzzanyo gwa mupira ogwo nabalenzi baffe nange. "Sikintu kye". Nga omuyambi, omukyala mukwagala asobola okulaga okufayo kwe nga tagezezako kukaka mwami we oba mwana okweyisa mu ngeri y'ekikyala. Emirundi mingi najangamu essati yange nga nfunnye ebinubule kumubiri gwange. Era n'abuza, "ebyo obyagala? Tebikuluma?"

Nemudamu, "yeee, biluma, naye singa byali tebilumuko, awo tebyali nyumye, ndowooza kunyumilwa Kunene, era nabalenzi ndowooza nabo bwebalooza."

Oyo mama yomu teyayagala bana be kuvuga Skateboard, yagamba, "buli muvuzi skating mubi," bambala enkofila zabwe nga zitunude mabega, nemapale ezigwa."

Nakitegeera nti tabyagala, naye namunyonyola nti tekiri kuye, ne ngamba tata, "bwoba olowooza nti kilungi, wetaaga oyimilire okulembere. Gamba mukyala wo nti okiriza kino kilungi nti era yetaaga okwesiga naye sikutugumbula mutabaani wo kubanga ayagala okunyumirwa abalenzi mubutonde byebanyumirwa."

## Okukolera Wamu

Mutabaani wange a surfinga (omuzanyo ogw'okuseyeya ku muzira). Bwe yafuna license y'ebyokuvuga emmotoka, yali yesunga okuvuga agende ku biici asobole okuseyeya ku muzira. Mukyala wange yali yeeralikirira nnyo olw'okuvuga mmotoka eyo yekka. Ebyo bye yayogera

### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Noonya ekkubo lyo—omuntu agoberera ekyo ekisinga ekigya mu ky'ayagala, awatali kufaayo ku bikokwa byabwe oba amakubo gye gakosaamu abalala. Obutagala kufuna kwongerwako, omuli ebilangiro okuva mu ndowooza ya katonda oba omwagalwa we.*

byali nti, "Ndowooza talina kuvuga mmotoka wabweru w'ekibuga kyaffe okumala emyezi mukaaga egijja."

Nenziramu, "leka tumuwe emyezi ejiweera. Bwamala okufuna obumanyirivu, nja muleeka anvugge tugende ku bicci ndabe bwakola. Bwakola obulungi, nja mulekka avugenga yekka okugenda mu ku surfinga."

Ekimu ku biyinja okuyamba obutanoonya bibyo be bazzadde okuwulira buli omu ky'alowooza.

Buli kigambo kyomalirira kinyeweezebwa na kuteesa: era tabalanga nokukulemberwa okwamagezi. (engero 20:18)

Awatali magezi okuteesa kufa: naye kunyweerera mu lufulube lwabo abateesa ebigambo. (engero 15:22)

Tuyina okuba abegendereza eri okusalawo kwaffe okweyagalizza, okutya, oba byetwagala nebyetwagala okufugiriza abaana baffe byebalina okukola. Banjawulo kuffe. Tuyina okubaleka okukola byebagala mu mpisa n'obukumi.

Abaami, mu mwoyo gw'okukolera awamu, kikulu okuleka mukyala wo okulaga ebimweraliikiriza n'okumuyingiza mu kusalawo kw'amaka. Abaami n'abakyala balina okukolera awamu okuleeta enteekateeka n'okugonjoola embeera, naye okusalawo okusembayo kuli ku taata mu mbeera zino.

## **SIMA EBUZIBA**

Enyiriri zinno zilaga zitya ensonga y'okugendera ku mwana byayagala?

Temutunuuliranga buli muntu ebibyo yekka, era naye buli muntu nebyabalala.  
[Abafiripi 2:4]

---

---

---

Temukolanga kintu kyonna olwokuyomba newankubadde olwektiibwa ekitalimu, wabula mu buwombeefu buli muntu agulumizenga munne okusinga bwe yegulimuza yekka; [Abafiripi 2:3]

---

---

---

naye olwokwagala muweerezanganenga mwekka na mwekka. Abbagalatiya  
5:13

---

---

---

### **Kiriza okwekirilanya**

Abazzade bangamba, "sireka baana bange kuwuliriza nyimba ezirina ekidongo kya Rock.' Nkimanyi nti nyimba za ki Kristayo, naye zirina ekigunda ekibi." Dala waliyo ekigunda kyonna nga kibi? Osobola okukizuula mu bayibuli? Waliyo ebigambo by'enyimba ebibi nebikolwa ebibi, naye teri kintu ngekyo nti ekigunda ekibi. Abaana baggala enyimba nyinji, eziyinza okuba eze njawulo kukyetwagala. Bweluba nga empandika ya kikristayo, olwo oluyimba luba lulungi, kati awo obuzibu bwebuliwa? Zula engeri yokukanya awatali kwekirilanya mu nzikiriza yo.

### **SIMA BUZIBA**

Nyonyola engeri enyiriri zino bwezikwatagana n'ekibi, oba enyimba ezitatukiride.

Buli kigambo ekivundu kireme okuvanga mu kammwa kammwe, naye ekirungi bwe kinaabangawo olwokuzimba nga omuntu bwe yeetaga, abawulira kibawenga ekisa. [Abaefeso 4:29]

---

---

---

Naye kaakano era nammwe mugyeweewo byonna, obusungu, ekiruyi, ettima, okuvuma, okunyumya ebyensonyi mu kmwa kammwe: (Abakkolossayi 3:8)

---

---

---

Ebigambo byomukamwa kange nokulowooza okwomu mutima gwange bisimibwa mu maaso go, Ai mukama, olwazi lwange, era omununuzi wange. (Zabuli 19:14)

---

---

---

Tusaanidde okukyusa mu bintu bye tukkiriza abaana baffe okukola, so si kubafuga olw'ensonga enkyamu. Mu kifo ky'ekyo, tusaanidde okubayamba okunyumirwa ebyo bye baagala, nga



tussaayo omwoyo okulaba nga te twekirilanya mu nzikiriza yaffe oba Baibuli ky'ekiikirira nga tubaleka okukola ebintu ebibi mu mpisa.

Kirungi okwenyigira mu ebyo baana baffe bye banyumirwa bwe kiba kisoboka. Mutabani wange bwe yali akyali mu myaka gye egy'obutiini, nagendanga naye okusurfing mu biseera by'obutiti: amazzi ga diguli ataano mu nya nga amayeno ga ffuuti mukaaga. Ebiseera ebisinga obungi, bwe navaayo okuyita mu mayengo kumpi kyanzitta. Ekiseera ekinga nali nzigwawo ku lw'obunyogovy era nkooye nnyo naye Mukama Yebazibwe, nali wabweru n'omulenzi wange nga nnyumirwa. Mu zimu ku naku z'okusurfing, nandibadde nkola ekintu ekirala, kyokka n'ansaba okumwegattako. Bwe kityo twagenda ffembi.

Buli mwana wa njawulo. Muwala wange bwe yali akyali muto, yali ayagala nnyo okubuuka ku trampoline oba okutwala embwa yaffe okutambula. Byombi tebyali mu enyo by'enyumirwa naye eyo si y'ensonga. Twali tumala ebiseera nga tuli wamu, nga tukola ky'ayagala.

Muwala wange bwe yaweza emyaka 10, yampa kaadi y'olunaku lw'okujjaguza ba taata ng'annyonnyola ensonga lwaki yali ayagala nnyo taata we:

Eno y'ensonga lwaki nk wagala nnyo, taata.

Nnamba 1, oghenda ku trampoline nange.

Nnamba 2, ontwala ku Dairy Queen. [Kale, nange kino nkyagala nyo—si ssaddaaka!]

Nnamba 3, otwala embwa yange okutambula nange.

Nnamba 4, ozannya omupiira nange.

Nnamba 5, ontwala mu kuvuga obuggaali.

Nnamba 6, ontwala mu kuvuga pikipiki.

Nnamba 7 osoma nange,

Nnamba 8 Onkolera ekyenkya.

Nnamba 9, ozannya kaadi nange.

Weetegereze nti buli nsonga gye yawandiika kyali kikulwa. Nali mmuwa obudde bwange. Okwagala kukwata ku kukola ebintu omuli n'okubeera awamu. Buli mwana akyeetaaga era kino tulina okukijjukira n'okukikola buli kiseera. Ekisinga obulungi okuziyiza abaana baffe obutatuvvako amangu kwe ku kola okulumba okw'amaanyi nga tumala ebiseera nabo, ne kinnoomu era n'awamu nga n'amaka.

Ensonga endala enkulu ekwata ku baana kwe kulaga okwagala okutuufu. Ebiseera ebisinga bataata bagamba nti, "Siri agwa mukifuba." Nziramu nti, "Naye tekiri ku ggwe. Tekikola njjawulo oba oyagala okugwa mu kifuba. Okwagala okwa nnamaddala ssaddaaka era buli kimu kikolebwa ku lw'omulala. Olina omwana akwagala era ayagala okumugwa mu kifuba. Kola ku nsonga eno."

Ba taata muyinza okwematiza nti maama abadde akola kyewandikoze olw'obutafaayo kow naye ebintu tebikola bwe bityo. Olina okweggyako okutya kwonna oba obukakanyavu bwonna

bw'olina ogambe nti, "Nja kutandika okugwa omwana wange mu kifuba." Oluvannyuma saba Katonda akyuse omutima gwo akufuule tata agwa omwana mukifuba.

Bamaama abamu balina obuzibu bw'okugwa abaana babwe mu kifuba, naye ennono yemu namwe ebakwatako. Bamaama batera okuba n'okwagala okw'omu buttoned eri abaana baabwe, naye ensonga ez'ebyayita (naddala ezit'agonjoolwa) ziyinza okukosa eddembe lyabwe ery'okulaga okwagala mu ngeri eno. Bwe kiba bwe kityo, kino kyetaaga okukyuka era kisobola okukyuka ku lw'obuyambi bwa Katonda.

### **SIMA BUZIBA**

Soma kubikolwa bya Pawulo eri abantu abassesolonika:

Naye twali bawombeefu mu mmwe, ngomulezi bwajjanjjaba abaana be ye: bwe tutyo bwe twabalumirwa omwoyo, ne tusiima okubagabira, si njiri ya katonda yokka, era naye nemwoyo gyaffe ffe, kubanga mwali bwaagalwa baffe nyo. [Abasessalonika 2:7-8]

Embala ye n'ebikolwa byali ki eri ekanisa eno?

---

---

---

Soma kubikolwa bya Yesu eri abaana era naki kyeyali asubira abala okukola:

Nadira omawan omuto namuyimiriza wakati mu bo: awo namuwambaatiiira nabagamba nti buli anakirizanga om ku baana abato abalinganga ono mu linnya kyange, ngakirizza nze: na buli muntu yenna anzikiriza nze, takkiriza, wabula oli eyantuma. [Makko 9:36-37]

Yesu yali ayigiriza ki abayigirizwa be okukolera abaana?

---

---

---

### **Enjawukana zaffe**

Mutabani wange teyali mugwi wamukifuba. Engeri ye ey'okufunamu omukwano kwali kubuka kumugongo gwange nalwana nange. Era twatera nga nyo okwekuba ebigwo ebiseera ebisinga. Mutabani wange justin nga omuvubuka, yebakanga kubisambi byange n'ansaba, "ntakulako mumugongo." Ebiro ebisinga nga tumaze okusaba, justin yanebakanga ngako okumala edakika abiri nsobole okumuweeta omutwe, nokutakula omugongo gwe, oba okuweweta ebigeere bye. Yabyagalanga.

Buli mwana wanjawulo, era kyamugaso okubayisa mungeri eyo. Naye ekyetagisa kwe kuba no mukwano. Abazzade bangi abalafubana nakino nga tebakisabirangako. Tebasabanga katonda okubakyusa, oba bagyawo okwegezesa okutegeera lwaki kizibu.

## **Okwekebera 2**

Bwaba nga oyo yegwe, lekerawo osabe katonda okuyamba mukatundu kano. Wandika ky'akubikulidde.

---

---

---

---

---

---

---

Tulina okujjukira nti kino tekiri kuffe. Bwoba owulira sibulungi, tandika okwegayirira nti, "Katonda nkyusa." Sikwagala kwo, naye kwagala kwakatonda. Tulina okumuwa ekitibwa, nebwekituka ku kulagala omukwano eri abaana. Ebyayita bisoboola okuba nga byebileeta obuzibu. Oyinza okuba tewali nabazzade bakulaga mukwano oba nga bakukosa mubuntu. Bwoba oteleese obukawu nebiwundu ebya kutusubwako bazade bo, ngeera tona basonyiwa nga wesigisa Mukama ebyayita byo, awo eno ensonga eyinza okuzibikira ekisa mubulamu bwo.

Mugobererenga emirembe eri abantu, nobutukuvu, awatali obwo siwali aliraba mukama: nga mutunuulira nnyo walememnga okuba omuntu yenna aweebuka mu kisa kya katinda; ekikolo kyonna ekyokukaawa kiremenga okuloka nokuberalikiriza, era ne kigwagawaza abangi; [abaebbulaniya 12:14-15]

Katonda asobolo okuwonya obulumi obwo n'okununula okuva mukukosebwa kw'ennuwulira. Bwotamwesigisa kino musaala, nobuwombeefu okufuna embala mpya, embala yo embi egyafuukka yakatyabaga eri abakwetloodde.

Labo *Ekyongerezedwako E: Okwesiga n'okusonyiwa* okuyambibwa enyo mu nsonga eno.

Katonda ayagala okufuka amaanyi ge ag'okukyusa mu bulamu bwaffe, ng'atulaga okwagala eri abaana b'atuwa. Naye singa tetugondera Mukama nga tusonyiwa bazadde baffe, kino kijja kulemesa obusobozi bwaffe okukyuka. Kino kizibu kya bulijjo. Tuteekwa okufiisa emibiri gyaffe ne tulekera awo okukola ebibi ebitulemesa, olw'okwagala Katonda n'abaana baffe. Ekyo ky'ekijja okutuyamba okubalaga okwagala mu ngeri gye beetaaga.

## **SIMA EBUZIBA**

Nyonyola ki enyiriri zinno kyezitegeeza nengeri gye ziyinza okussibwa mu nkola mu kukuza abaana.

Kuba buli ayayana okutaasa obulamu bwe ajja bufilwa, naye anafirwa obulamu  
bwe kulwange ajja buzuula (Mattayo 16:25)

---

---

---

omuntu yenna tanoonyanga bubyekka, wabula ebya munne (1abakkolinso  
10:24)

---

---

---

Obadde onoonya bibyo weka ewaka? \_\_\_\_\_yee\_\_\_\_\_nedda

Bwekiba bwe kityo, wandika okwewaayo eri okukyuka, ng'osaba Katonda amannyi  
okukitukiriza

---

---

---

---

---

---

## Essomo 8: Okwagala Bye Kutakola

Okukuza abaana sikutereka n'akubala nsobi n'okulondamu gw'osinga okwagala mu baana.

### Okwagala Tekulwooza Bubi

Tetusobola kukuuma muwendo n'emirundi gy'okulemererwa kw'abaana baffe n'endowooza y'okubatulugunya nabyo oluvannyuma. Ekyenaku, enkola eno abazzade gyebakozesa ennyo mukugunjula. Okulemelerwa kitundu kubulamu bwomwana, naye abazadde abasinga, mukifo ky'oku kangavula omwana ku lw'okulemelerwa okwo, Ekibaddewo bakiteeka mu "nsawo yaabwe ey'emabega," kyokka ne bakiggyayo ne bakikozesa oluvvanyuma ku baana.

#### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Tekulwooza*      *bubi—Logizomai*  
(Oluyonaani).      Ekigamba  
eky'okubala, okuteeka ebintu  
awamu mu ndowooza emu,  
okubala oba okugata, okwejjuz  
nokubala.

Ekigambo kya Katonda kigamba nti okwagala "tekulwooza bubu." (1 Abakkolinso 13:5)

Ekyokulabirako kibeera nga omuvubuka asaba oba asobola okugenda ku muzanyo gw'omupira gw'esomeero lya mukwano gwe. Okudamu kwo nekubeera, "nedda ojjukira kyewakola kulwokubiri oluwede? Nedda, toline gyolaga." Enkola eno ey'okugunjula si ntuffu era esobola okutekawo obusungu. Kyekokikontana nokwagala, okwagala tekuteleka bikyamu.

Enso bi zeetaaga okukolebwako mu bwangu, era n'okunnyonyolwa. Ebyo ebyaliwo ku Lwokubiri lwa wiiki ewedde byandibadde bikwatibwako mu kiseera ekyo, ne bigonjoolwa n'amagezi ga Katonda, era ne byelabirwa. Okufuna obusungu n'obukyayi ebibaawo ekiseera bwe kigenda kiyitawo kijja kukosa enkolagana yammwe. Era ekivaamu kwe kugunjula okutasaana. Ennewulira basabaze balungi, naye bavuzi babbi. Tulina okuleka amazima, so si nnewulira yaffe, okusalawo engeri gyetuyisaamu abaana baffe.

Mugobererenga emirembe eri abantu bonna, nobutukuvu, awatali obwo siwali aliraba mukama: nga mutunululira nnyo walemenga okuba muntu yenna aweebuuka mu kisa kyakatonda; ekikolo kyonna ekyokukaawa kiremenga okuloka nobeeralikiriza, era ne kigwagwawaaza abangi; [Abaebulaniya 12:14-15]

Okugwagwawala kitegeeza nti tuteese obukawu kukintu omwaana waffe kyabakoze, oluvannyuma ne tuwanda obutwa obukosa nebulumya abatulilanye. Abazadde abatereka ebirowoozo ebibi eri abaana baabwe nga bakomyawo ebintu ebibi bye bakola, batera okubabuusa amaaso. Oba omuzadde ayinza okusigala nga alowooza ku nsobi z'omwana, okunyiiga okumala enaku eziwera, okukozesa ebigambo ebitali bya kisa, oba okubageraageranya ne baganda babwe. Ebikolwa bino byawukana ku kwagala. Abazadde bangi tebalowooza ku ky'okuba nti bakola ekitali kya kwagala. Tulina okusalawo obutalowooza bubu, wabula okufumiitiriza ku birungi.

Enzivunula eya NASB egamba "tekubala kubonabona kukyamu." Endala eya NIV evunula nti, okwagala "tekutereka nsonga yonna mbi." Eya Living Bible ekyijjaye mu ngeri ey'enjawulo,

nti "okwagala tekwenyiwa era si kwa ntongo. Tekutereka kintu kumutima era kiba kizibu okulaba ebyo abalala byebakoze mubukyamu." Ago ge mazima amatufu aga 1 abakkolinso 13:5, era yengeri gyetulina okweyisamu. Okwagala kusonyiwa era kuta ebyayita.

Obutasonyiwa busagwa omuntu bw'anywa nga asuubira okulumya omuntu omulala. Kitufu obutasonyiwa buli nga bulwade bwa kokolo. Bw'obukiriza, bujja kkulya okuva munda yo, bukose buli muntu atuliranye mu ngeri embi.

Nga omuzadde, tulina emikisa okusonyiwa abaana baffe, olussi buli lunaku. Abazzade bangi balina endaba enkyamu bwekituka kumwana bwamennya amateeka oba bw'ata bagondeera. Katonda ayagala tulabe ekikolwa kyomwana ekyobusiru oba okulemelerwa ng'akakisa okubatendeka, naye siffe kufuka basunguwavu oba abalumizidwa mu buntu.

Omuntu omu bwatukosa, katonda agamba, "Kyekiva kibagwanira mmwe okumusonyiwa obusonyiyi n'okumusanyusa afaanana bw'atyo mpozzi aleme okumirwa ennaku ze nga ziyinze obungi. 8Kyenva mbeegayirira okunyweza okwagala gyali." (2 abakkolinso 2:7-8). Wetegereze omutendera: sonyiwa ate odemu onyweze okwagala.

Tuyinza kusonyiwa mirundi emeka? Buli kiseera. "Nsanvu emirundi musanvu." (Mattayo 18:22). Ekigambo kya Katonda kilambulukufu kukino.

**SIMA EBUZIBA**

Nyonyola engeri gyetulina okusonyiwa abalala.

Era muberenga obulungi mwekka namwekka, abakwatibwa ekisa, nga musonyiwangananga, era nga katonda bwe yabasonyiwa mu kristo. (Abaefeso 4:32)

---

---

---

**Entegeka Y'okukola**

ogoberera ekyokulabirako kya Kristo eky'okusonyiwa, okwerabira, n'okulowooza ku birowoozo ebirungi eri abaana bo? \_\_\_yeee\_\_\_nedda

Bwe kiba sib we kiri, wandika olukalala wa wolemeledwa okusonyiwa abaana bo. Saba katonda okusonyiyibwa, olonde akaseera okusaba abaana bo bakusonyiwe.

---

---

---

## SIMA EBUZIBA

Nyonyola kiki enyiriri zinno kyezitegeza era oyinza kuzikozesa otya mu kukuza abaana?

Ebisigadeyo, aboluganda, ebyamazima byonna, ebisaanira ekitiibwa byonna, ebyobutuukirivu byonna, ebirigoofu byonna, ebyagalibwa byonna, ebisiimibwa byonna; oba nga waliwo obulungi era oba nga waliwo ettendo, ebyo mubirowoozenga. [Abafiripi 4:8]

### Okwagala Tekujaguliza Mu Butali Butukirivu

Okwagala tekujaguliza mukibi. Kinno kiragilo okuva mu 1 abakkolinso 13:6. Kiringa katonda agamba, "tokilowoozanako." Eryo ly'essira

Oba wwali ogambye omwaana wo, "nakugambye kino! Ogwaanira kyewafunye. Nakugamba nti ogya kugwa mubuzibu. Nali mutuffu! Omwana bwakola ensobi nakwatibwa, tetulina kulaga nti tusaanyuse nti bagudde mubuzibu oba okulumizibwa. Katonda tayagala tuddemu eri abaana baffe mumubiri. Ayagala tudemu mu mukwano, nebwebaba nga bakola ekintu kyikyamu mubugenderevu.

#### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Obutasanyukira mubutali butukirivu (ekibi)* – bwolaba omuntu nga agwa mukibi oba nga akola ensobi, toli musanyufu kukyo.

*Okujerega*—Okwewaana, okunyooma, okusekerera oba oba okwezimbya.

*Okuganja* — Okusanyuka, oba okukkirizibwa.

Olw'obutonde bwaffe obwali bwagwa, buli omu ku ffe alina omuze ogw'okweyagaliza oluusi ogusanyuka omuntu bw'aba abonaabona olw'okusalawo mu ngeri ey'obusirusiru. Kye kitutwalira kwe kussako ttivvi ne tulaba pulogulaamu y'akazanyo akaliko abaseka, oba nga basanyusibwa ku lw'obusirusiru bw'abalala. "Otyo, omuntu oyo agwanira kyeyafunye." Endowooza eno bw'eyingira mu maaka gaffe, erina ebivamu ebikosa abaana kubanga tetukirira Katonda bulungi. Kyononera daala era ne kibiika ku makulu g'okwagala.

Nga abazzadde tulina okwolekagana n'obusirusiru bwabaana baffe buli lunaku. Ekibuzo kiri nti, tugenda kukyikirira tutya Katonda mubiseera binno? Fumitirizamu kungeri gyewandiyagadde Katonda atuyiseemu bwetulemelewa okumuwa ekitibwa oba okukola okusinzira ku makkubo ge.

Bayibuli ettuwa ebiragiro ebirabula ebikwata kungeri yokukwatamu ekibi:

Abasirusiru bakudalira omusango: Naye mu bagolookofu mulimu ekisa. [Engero 14:9]

Tuyina kekwata ku kitundu ekisembyeyo eky'olunyiriri nti abaana baffe bwebagwa mukibi, bazula okuganja mufte okuva mumutima ogwekisa ogugunjula mumukwano.

## Eyakwatibwa Mukikolwa

Omukazi bwe yakwatibwa mu kikulwa eky'obwenzi, abayudaya bamureeta eri Yesu ne babuuzza, *"musomesa, omukazi ono akwatidwa mubwenzi, mukikolwa. Kakano musa, mu mateeka yatulagira nti alina okukubibwa amayingja. Naye kiki kyoyogera?"* (Yokaana 8:4-5) Abayudaya baali bagezesa yesu. Era bali basanyufu nti omukazi yali akwatidwa era nga agenda kukubwa amanyija. (kigenderere: omusajja gwe yasobya naye yaliwa?)

Emirundi mingi tukwatira abaana baffe mu kikulwa ekyekibi, olussi nga batulimba, kati okudamu kwaffe awo nekuba kutya? Yesu yadamu mulunyiriri 7, *"oyo atayonongako mumwe, yaba amukuba ejinja"* (Yokaana 8:7). N'atandika okuwandiika wansi, era kikirizibwa nti yali amenya ebyonono by'abaali banenya, omu kw'omu, bonna baavawo kubanga emitima gyabwe gyalumirizibwa (olunyiriri 9). Yesu n'ayogera butereevu n'omukazi nti yali tamusalira musango, era guno gwe mukisa gwe okugenda n'ataddamu kwonoona. (Olunyiriri 11)

Olusi nali musanyufu nti nick yafuna kyagwanidde, naye sakilaaga. Kikyamu nokukilowoozako. Twetaaga okutambulira mu kwefuga. Engero 24:17 egamba, *"tosanyukanga omulabe wo bw'agwanga, so n'omutima gwo gulemenga okusanyuka bw'ameggebwanga."* Kubanga tetuli bakusanyuka omulabe wafe bwagwa, tugwanide kyenkana ki obutasanyuka abaana baffe nga baremeredwa?

Mu lugero lw'omwana eyazawa (Luuka 15:11-32), otegera omutima gwa taata eri omutabani eyagwa mu kibi, nga ky'ekifananyi ky'omutima gwa Kitaffe ali mugulu. Omwana we bwe yakola okusalawo okuda ewaka, baibuli egamba, *"N'agolokoka n'agenda eri kitaawe. Naye yali ng'akyali wala, kitaawe n'amulengera, n'amusaasira, n'adduka, n'amugwa mu kifuba, n'amunywegera nnyo."* (olunyiriri 20). Awatali kulaga nti wa wagulu mu mpisa ku lw'okugwa kwa mutabani we, yamusanyukira namunywegera. Abaana bangi betaaga okufuna ekika kino eky'okwagala.

Bwe tutafayo ku kigambo kya Katonda, oba ne tuwakanya okulungama okw'Omwoyo Omutukuvu, ne tugwa mu kibi oba ensobi, katonda tasanyuka. Wabula omutima gwe gumenyeka ku lw'obusirusiru bwaffe n'okujjema. Bwe wesanga nga toteka mu nkola okwagala eri abaana bo, otekedwa okwatuula kino eri katonda, omusabe akusonyiwe, oluvanyuma wenenye, okyuke okuva eri ekibi kino. Katonda ajja ku kukyuusa omutima nga oyatuula n'oku mugondera. Jjukira nti Katonda akozesa abaana baffe okutufuula ekifaananyi kye.

Okunyonyola kwa bayibuli ku kusasira kuli nti tetuweebwa kibonerezo olw'ekibi kyaffe olw'omulimu gwa Kristo n'ekisa kye. Naye bayibuli era etugamba nti Katonda agunjula abaana be, ekitegeeza nti gwe nange. Okulaaga okusasira tekitegeeza kubulwa kugunjulwa, ekyetagisa, naye kitegeza nti tugunjule mukwagala ku lw'obulungi bwomwana. Okugunjula okukoledwa obulungi ky'ekikolwa ekyo kwagala.



**SIMA BUZIBA**

Nyonyola kiki ekigamba kya Katonda kyekyogeera kukusasira n’omukwano era nga bikwatagana bitya kukuza abaana.

Mube nekisa, nga kitammwe bwalina ekisa. (Lukka 6:36)

---

---

---

Balina omukisa abekisa: kubanga abo balikwatirwa ekisa. (Mattayo 5:7)

---

---

---

kkwe kusasila kwamukama ffe obutamalwawo, kubanga ekisa kye tekiggwaawo. Kiba kigya buli nkya; obwesigwa bwo bungu. (Okukungubaga 3:22-23)

---

---

---

Kale mwambalenga nga’balonde ba kaonda, abatukuvu era abaagalwa, omwoyo ogwekisa, obulungi, okwewombeeka, obuteefu, okugumikiriza; (Abakkolosaayi 3:12)

---

---

---

Okusaasila namazima tebikulekenga: bisibenga mubulago bwo; biwandiikenga ku bipande ebyomitima gwo (Engero 3:3)

---

---

---

## Essomo 9: Okwagala Kujaguza

Webaze mukama atateeka ssira kukulemelerwa kwaffe, naye okusasira kwe kuba kujja buli lunaku. Nga abazaadde twetaga okugulumiza kitaffe ow'omuguulu netutateka ssira ku kulemerwa kwabaana baffe. Tulina okussa essira ku Katonda ky'ayogeera nti birabo okuva gyali.

### Jaguliza Mumazima

Okwagala kujagugliza mumazima. Bwetulemelerwa okutendereza abaana baffe naye netusigala nga tutunulila ensobi zabwe, tetuli mukujaguliza mumazima. Abazadde bwe bajja okubawa amagezi mbabuuza nti, "Singa omwana wo omutiini abadde wano ne mmubuuza nti, okutwaliza awamu, embooji gy'oyogera ne bazadde bo nnungi kwenkana wa bw'ogigerageranya n'embu, yandigambye ki?"

#### FAYIRO Y'AMAZIMA

<i>Okusanyukira</i>	<i>amazima—</i>
okubeera	n'esanyu
ery'amaanyi,	okusobola
okusanyukira	ki ekituufu,
okusinzira	ku bisubizo bya
Katonda.	

Empuliziganya ennungi eri nti, "Oli otya? olabise bulungi. Kiki ekibadde ku ssomero leero? Empuliziganya embu n'ebeera nti, "Ekyo kikomye, muganda wo muleke abeere! Kola omulimu gwo ogw'awaka! Ggyawo kasasiro!" Oba engeri yonna ey'okusomesa.

Okusinga abazzadde baddamu, "ekyo kyangu. Ebitundu 90 ku buli kimu bibi. Buli lunaku." Ennaku zifuuka wiiki, wiiki ne zifuuka emyezi, mu kiseera kino kyonna tuba tuyiira abaana baffe obutwa, nga twonona gyebali, obutabaagala, kubanga tutwalidwa bye batakola bulungi n'obutalwoosa ku kubatendereza olw'obyoo bye bakoze obulungi. Tulina okuba abanyiikivu mu kulwoosa ku bintu ebirungi ebiri mu baana baffe. Nkimanyi kiyinza okuba ekizibu n'abaana abo ab'emputtu. Nzujukira nnagamba Nick emirundi mingi nti, "Olina emputtu; Ekyo kirungi." Ekyo kye kyokka kye nali nsobola okukozesa! Ebiseera ebimu nnagenda nga mu kusaba onsobole okufunayo ekintu ekirungi kye nyinza okumugamba.

Bwekiba nga obubi buno busindika Obufumbo bwo mu kubo ekyamu, kikyuuuse. Mukiseera kya famire oba mu kusaba, twala akaseera ogambe, "ffena lelo tubeko ekintu ekirungi kyetweyogerako" Kifuule ekisanyuusa. Leteera Famire okutandika okunoonya ebirungi mu bannaabwe. Kikulu nnyo okukolera awamu nga ttiimu. Maama ne taata be basaanidde okusooka okugabana.

### Buli Omu Akebere Munne

Nteeera nyo okugenderera. Buli dakika jyenyingira munju, ngendeleera kiki ekitali mukifo, nentereza ensobi zabuli omu. "ani yalese ekyo kukattaka?" Mazima, ensobi zetaaga okuterezebwa, naye tulina okukikola mukwagala, n'empisa n'okutendeka. Tuyina okwekuuma mu kukebera akatundu kano.

Mukyala wange abade mukisa gyendi mu kitundu kinno. Yanzizamu amannyi okuyiranga munju n'empumula nga sogedde yadde ekigambo kuki ekiba tekiri mu kifo, oba kiki ekitakoledwa. Kino kiletera abaana okujja gyendi okumala akaseera nga sinaba kutandika kusonga ey'ekyetagisa okukola. Era nkizuude nti bwemba nvugga okudda ewaka ke kakisa akalungi akokujangako radio oba enyimba, okukyukira katonda, nsobole okutegeka omutima gwange okusisinkana ebyetaago bya amaka gange. Kijjukire nti amaka kye kintu kye tukulembeza mu bulamu bwaffe, era kino tukituukiriza nga tuli baweereza ba Mukama waffe gye bali.

Kuba akafaananyi ng'osanyukira omwana wo era ng'oyagala okumanya engeri gy'oyinza okukikolamu. Okubawandiikira ngeri nnungi nnyo ey'okwogeramu n'okwagala. Mukyala wange yali ateeka engoye mu ssanduuko y'omwana wange omukulu n'asanga buli bbaluwa gye nali mmuwandiikidde. Mukama yebazibwe nti zali bbaluwa nnungi! Saagamba nti, "Ggwe kano . . ." Wabula ebbaluwa zaali zijjudde obubaka obugamba nti, "Nkwagala. Nkwenyumirizamu nnyo. Ndi musanyufu nnyo okulaba ebirabo byo n'ebitone byo mu kuyimba." Nze ne mukyala wange twakaaba nga tugasoma. Yali yagatereka gonna, era ne mutabani wange omulala naye bwatyo.

Katonda atuwade amanyi mangi ku baana baffe nga bataata ne bamaama. Tulina okukozesa amaanyi ago okuwa abaana baffe omukisa n'okubatendereza. Kikola enjawulo ey'amanyi. Tulina okuyiga abaana baffe, okuyiga amaanyi gaabwe, n'okubatendereza olw'embeera zaabwe n'ebikolwa byabwe ebirungi.

### **Okwekebera 1**

Olafubana mu kitundu kino? \_\_\_\_\_ Yee \_\_\_\_\_ Nedda

Bwe kiba bwe kityo, wandiika ebintu bisatu by'olabye mu buli mwana wo. Saba Katonda akulage ekiseera ekisingayo obulungi n'engeri y'okwogeramu ku nsonga eno. oyinza okuyitira mu bbaluwa oba okunyuma ku kijjulo eky'enjawulo. Saba Katonda akuyambe okwetegereza abaana bo era oyige okubatendereza.

---

---

---

---

---

---

---

---

### *Entegeka Ey'okukola 1*

Mukolere wamu ng'omwami n'omukyala okuzzinganamu amaanyi mu nkola eno. Mwogere ku ngeri gye muyinza okuyambagana mu biseera ebyo ebizibu eby'okukuza abaana era mubiwandiike wano.

---

---

---

---

---

---

**SIMA EBUZIBA**

Nyonyola enyiriri zinno kyezogeera kukujaguliza mu kwagala nemumazima naki ekirungi era enono zinno zikolwa zitya mu kukuza abaana.

Era nebirowoozo byo nga bya muwendoo mungi gyendi, ai katonda! Bwe bigattibwa awamu nga bingi! Bwe mba mbibaze, bisinga omusenyu omuwendo: bwe nzukuka, nga nkyali wamu naawe. [Zabuli 139:17-18]

---

---

---

Okwagala kuberanga kwamazima. Mukyawenga obubi, mwegatenga nobulungi. [Abaruumi 12:9]

---

---

---

Mulabe omuntu yenna alemenga okuwalana ekibi olwekibi; naye ennaku zonna mugobererenga ekirungi mwekka na mwekka neri bonna. [1 Abasessaloniika 5:15]

---

---

---

Sirina sanyu lingi erisinga Ino, okuwulira abaana bange nga batambulira mumazima (3 Yokaana 1:4)

---

---

---

## Gumira Ebintu Byonna

Tulina okwewala okuvumirira oba okulagajjalira abaana baffe kubanga balemeddwa okutuukiriza bye tusuubira. Tuyinza okubasuubira okwogera, n'okukola nga bwe twagala baleme okututawaanya. Naye okukuza abaana kitwala obudde. Mulimu, kyetaagisa okwefiiriza, era mulimu Katonda gw'agaba. Bwe tutabeera beegendereza, obusungu buyinza okuyingira mu nkola yaffe ey'okukuza abaana. *Okugumira n'ebintu byonna mu kwagala* kitegeeza okukkiriza obuweereza bwaffe ng'abazadde—ebirungi, ebibi n'ebizibu—n'okweyisa n'okwagala okw'obwa Katonda. Kino kizingiramu okulaba ensobi z'abaana baffe ng'emikisa gy'okubatendeka, obutavumirira oba okubawa emisomo ez'obukambwe, ezilaga nga ffe bwetuli abutuukirivu.

### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Okugumira [ebintu byonna]—Stego (luyonani). Okukweka, okubikako. Okwagala kukweka ensobi eza balala oba okubabika. Okukumira wabweru ekiluuyi ng'elyato bwe likuumira amazi wabweru, oba akasolya enkuba.<sup>19</sup>*

Abaana baffe abazibu bamanyi okuyitira mu bikolwa byaffe ebya bulijjo nti tubakkiriza nga bwebali? Tukiraga nti tuli beetegefu okubaagala era ne tukola kyonna okusobola okubayamba? Balaba nga tuli beetegefu okuwaayo ebiseera byaffe n'amaanyi gaffe? Oba bakkiriza nti tetubaagala, oba nti tubaagala kitono nnyo okusinga baganda baabwe?

Omwana ow'emyaka etaano ow'emputtu ategeera lwaki alowooza n'okweyisa bwatyo? Awatali kubuusabuusa tewali. Tategeera nsonga lwaki omuzadde agamba nti, "Tossuka awo." Ayinza okulowooza nti, "Muzadde wange talowooza nti nsobola, n'olwekyo nnina okumulaga nti nsobola." Tebamanya nsonga lwaki balinga bwe bali. Bwe tunyiiga buli kiseera era ne tusiba obusungu olw'engeri Katonda gye yabakolamu n'omulimu ogw'enjawulo ogwetaagisa okubakuza, obubaka bulaga nti tubaagala kitono. Eyo y'endowooza yaabwe.

Mu kifo ky'ekyo, tulina okugamba nti, "Kale Katonda, ggwe wandetera omwana ono ow'emputtu. Kino nnina okukikiriza n'okukigumiikiriza mu buyinza bwo n'amaanyi go so si gange." Jjukira enteekateeka ya Katonda mu nkyukakyuka zaffe. Amakubo ge gatuukiridde.

## Okwekebera 2

Mukama akubikulidde ki mugwe ekitali kya bwa katonda, era wetaaga otya okukyuka?

---

---

---

Jukira, abaana baffe bazalibwa basiru. Buvunanyizibwa bwaffe okusigala nga twagala, tulung'anyama, okusomesa, nokugunjula, okuyita mumitendera egyenjawulo ogyobulamu, awatali kukyawa buttonde bwabwe obwo mutendera ogw'okukula oba embeera z'obuntu katonda bweyabawa. Nga okusoma kunno bwekweyongerayo, tubawa ebikozesebwa okubayamba okulembera abaana bamwe okutuusa bwe bakula, byonna kulwe kitibwa kya katonda.

**SIMA BUZIBA**

Nnono ki zetuyinza okufuna okuva munyiriri zino okutuyamba mu kukuza abaana baffe?

Era ffe abalina amaanyi kitugwanidde okwetikkanga obunafu bwabo abatalina maanyi, so si kwesayusanga fekka. (Abarumi 15:1)

---



---



---

Mubeeranganenga emigugu mwekka na mwekka, mutuukirizenga bwe mutyo eteeka lya kristo. (Abagalatiya 6:2)

---



---



---

**Okwekebera 3**

Olina ekiluuyi kulw'ekikula katonda kye yawa abaana bo?\_\_\_\_\_yee\_\_\_\_nedda

Bwe kiba bwe kityo, wandiika ensonga n'oluvannyuma okole enteekateeka ey'okwanukula mu kwagala.

---



---



---



---



---

**Kiriza Era Subira Ebintu Byonna**

Okwagala kulina engeri ey'okukiriza ekirungi mubantu ne bwe kiba nti enneewulira zo zikugamba nti si bwe kiri. *Okukiriza* kigambo eky'okukola, ekyetagisa okubaako kyokola si nsonga wewulira otya. Ennono esembayo gyetwayiiga yali kugumira ebintu byonna, oba okubeera n'okwagala okubika ku nsobi z'abaana bo n'okwagala. Era kati tutekedwa okukiriza n'okusubira ebisinga obulungi gyebali n'okukuuma embeera ey'okusuubira. Twetaaga okuba abetegeefu buli kiseera okugoberera omukwano ogw'obwesigwa, ne bwe wabaawo obutali bwesigwa oba ensonga lwaki. Abazzade bangi babusabusa omwana kyayogeera nga

<p><b>FAYIRO Y'AMAZIMA</b></p> <p><i>Okukiriza—Pisteuo</i> (luyonani). okubeera n'okukiriza munda, oba okumatizibwa mu kintu ekirala, kiraga nti waliwo embeera ey'okusuubira.</p>
--

tebanamnya mazima. Abamu bagamba, "omwanna wange mulimba. Nsobola okugumira ekintu ekilala kyonna, naye bwebalimba, ohhh."

Lowooza kukino, Bulijo oteera okusaba okusonyibwa okuva eri omwagalwa wo oba omwana wo bw'okikirira Katonda obubi mu neyiisa yo gyebali? Yesu yagamba, "*oyo alina ebilagiro byange era abikuuma, yanjagala. Era oyo anjagala ali yagalibwa kitange, era nange ndi mwagala nendabisibwa muye*" (Yokaana 14:21).

Endowooza nti okulimba ye "maama w'ebibi byonna ebikolebwa" esobola okunyiiza abaana baffe n'okusindikiriza okweyongera mu n'enneeyisa eyo. Kitufu, okulimba kibi era kyetaagisa okutereezebwa, naye tetusobola kugulumiza kulimba okusinga ebibi ebirala byonna. Tulina okubakangavvula nga tetubitaddemu nnewulira zaffe. Naye tusobola okuba n'etteeka erigamba nti: bw'oba olimba, ebivaamu bikubisaamu emirundi ebiri. Ebirala ku nsonga eno mu muzingo 4.

Ebiseera ebisinga abaana bwe baba balimba buli kiseera, abazadde balina okusooka okukola enkyukakyuka. Balina okulekera awo okunyiiga, okusala omusango, n'okwogera ebigambo nga, "Sikwesiga" oba "Nkimanyi nti nja kukukwata." Okwagala kusuubira ebintu byonna, so si kubuusabuusa byonna. Endowooza zaffe ziyinza okutuleetera okubuusabuusa abaana baffe buli kiseera era n'okulekera awo okugezaako okubayamba. Okukiriza ebirowoozo nga *Emirundi emeka gye nnaatereza enneeyisa eno?* Tekiva mu kusuubira bintu byonna wabula kiva mu kwagala okulekulira. Okwagala okukkiriza n'okusuubira ebintu byonna kuyinza kuva eri Katonda okuyitira mu nkolagana ey'olubeerera naye.

## SIMA BUZIBA

Laga enono munyiriri zino ezinatuyamba okuba n'okusubira n'okukiriza.

Yesu nabatunulira nabagamba," eri abantu kino tekisobooka, naye eri katonda buli kimu kyonna kisobook." (Mattayo 19:26)

---

---

---

Tutambula lwakukiriza, si lwakulaba. (2 Abakkolinso 5:7)

---

---

---

Kakano okusubira tekuyiwa, kubanga okwagala kwakatonda kuyibidwa mumitima gyaffe nomwoyo omutukuvu eyatuwebwa. (Abaruumi 5:5)

---

---

---

**Enetegeka Ey'okukola 2**

Waliwo engeri gy'olekedde awo okukkiriza n'okusuubira mu mwana wo? Yee\_\_\_\_nedda\_\_\_\_

Bwekiba nga bwekiri, Nyonyola ensonga, osaabe Mukama okuwonye obutakiriza bwo era akuyambe okutekawo entegeka okukakasa omwagalwa wo nti Katonda ajja kukola ku bintu bino.

---

---

---

---

---

---

---



## Essomo 10: Okwagala Kugumikiriza

Okwagala kugumikiriza ebintu byonna. okwagala kuberera, kusigala kw'amanyi, era kunyweza omusinji gwa kwo. Kino sikyamugaaso kyoka eri abazzade, naye abazzade bayina okugumya abaana okusigala nga b'amaanyi.

Okwagala tekuwanika wadde okugamba omwana nti tetukyasobola kukigumikiriza ate oluvannyuma netuleka ennyumba okujjula enyombo n'obukambwe. Tulina okuba abeesigwa okusobola okuyamba abaana baffe mu biseera byonna eby'obulamu. Tetulina bbazzanyira ku bwongo wadde okubayisa nga abatetagisa.

### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Okugumikiriza [ebintu byonna]—*  
*Hupomeno* (luyonani).  
*Okunywereza* wansi,  
*okubonabona, Okikiriza,* wansi  
*w'ekintu, okubonabona (omugugu*  
*gw'enaku)* obugumikiriza,  
*okunyweza w'oyimiride* nga  
*tokyasobola* kugumikiriza  
*newankubade okusuubira.*<sup>21</sup>

Tuteekwa okukuuma obuvunaanyizibwa bwaffe ng'abaweereza, nga tweyongera okuba abagumiikiriza n'okubakangavvula obulungi mu kwagala.

Mutabani wange Justin yali takifunamu buzibu okumala essawa eziweera ng'asoma ebimuweredwa ku ssomero okukolera awaka. Ekyo kyali kyawukana ku nze ne mukyala wange kyetutegeera. Ffembi twali tetwagala kuddamu bibuzo ebiweebwa kusomero okukolera awaka. Wabula Nick yakyawa eby'okusomera awaka ng'agezaako okubyewala ng'eyawala akawuka. Okuva Nick lwe yatuuka mu junior high okutuuka ku nkomerero ya siniya, singa tetwatuulanga naye ng'addamu ebibuzo ebimuredwa ku ssomero, teyandikikoze. N'olwekyo, buli kiro nze ne mukyala wange twegabanyangamu okusobola okwetabanga mu kiseera kino ekitasanyusa eky'okukola homewok ne Nick. Omu ku ffe yamalirizanga ekyeggulo oba n'afumba ate omulala n'atuula ne Nick

Maama ali obwannamunigina yajja mu ofiisi yange nga yeemulugunya ku mbeera y'emu, yagamba, "buli kilo bwenva kumulimu, mbeera nkoye, naye nga bwessitula wansi nomwana wange, akuba gudikudde natwaala esaawa namba gyeyali kozemu homework nagifula esaawa saatu. Buli kiro mba ndekaana n'okuwogaana naye, naye takyuka. Kintabula nyo." Oluvannyuma yakola okugeraageranya, ekintu kye tutalina kukola ng'abazadde, n'agamba nti, "Situulangako na mutabani wange omukulu. Akomawo awaka n'akola bukozi ebimuweredwa ku somero okukolera awaka. Ndi muyiivu nnyo, nkole ntya okukitereeza?"

"Tuula wansi okole homework wamu," bwe namuddamu mu bukkakkamu.

"Naye sirina kumutendeka?" bwe yagambye.

"Kitufu, naye mu kiseera kino akwetaaga," bwe namuddamu. "Ebikolwa bye bigamba nti, 'Maama, nkweetaaga otuule nange. Nneetaaga obuyambi bwo. Nneetaaga okubeerawo kwo mu kitundu kino.'" Era namugamba nti, "Toyinza kumugeraageranya na mutabani wo omukulu. Wabula buli kiro jjukira nti, 'Kino kye kiseera kyange n'omwana wange,' era okole homework naye. Kiki ekirala ky'okola ekisinga ekyo obukulu?"

Mukazi wattu yali amaze emyaka munaana egyasooka mu bulamu bw'omwana ono ng'amugeraageranya ne muganda we n'okunyiiga buli kiro mu kifo ky'okutuula n'okumuyambako mu kukola homework.

Tulina okugumira embeera zino. Abaana abalina obuzibu mu kusoma ob'emputtu batwala ebiseera bingi n'amaanyi. Ekyebuuzibwa kiri nti, tukkiriza abaana Katonda be yatuwa n'obuweereza bwe yatuteeka mu maaso gaffe? Ajja kutuwa amaanyi okukikola singa tumusaba ne tulekera awo okwemulugunya.

### **Ebiseera eby'omulembe**

Engeri endala gye tuyinza okugumira abaana baffe kwe kumala ebiseera ebirungi nabo. Obudde mwenkana ki bwomala n'abuli mwaana omu-ku-omu? Ekitundu kino kyetaagisa okufuba okw'okuyiia naddala nga bakuze. Abaana bange bwe baali abattini, nnyiga okubanonya. Kyali kyangu nga bakyali bato kubanga baali bangoberera. Ng'amaka, twateranga okugenda mu nkambi, okuvuba, n'okukola ebintu ebirala ebweru. Naye abaana bange bwe baakula, byebakola by'eyongera nga mutwalidd ebikolwa ebitetaaga muzadde. Weegendereze obutatwala kino ng'ekintu kyebakola okukosa, obutanyiiga, n'okweggyako. Okukuza abaana si kuvuganya kwa kwagalibwa. Tujja kubeera bazadde baabwe buli kiseera, ekitajja kukyuka naye enkolagana ekyuka.

Okusobola okubeera n'abaana baffe, tuteekwa okudda ku ddala lyebaliko n'okuba abeetegefu okwenyigira mu bintu bye banyumirwa okukola kinnoomu. Nze ne Nick twagala nyo bintu eby'ekozesa amaanyi, n'olwekyo okufuna ebintu bye tunyumirwa okukola ffembi kyali kyangu. Naye ne Justin, kyali kya njawulo. Bulijjo mbadde wabintu ebirimu okukola ennyo: okuvuga pikipiki, okusurfinga, n'okuwuga. Justin ayagala nnyo okusoma, okukola zi puzzle, n'okuzannya emizannyo gya video, era anyumirwa nnyo okukola katemba. Nalina okumanyiira ebya Justin okusobola okubeera naye. Nnagumira enjawukana ye ku nze era ne njiga okusiima ebyo bye yali ayagala.

Emyaka mingi emabega, natandika okwenyigira mu by'amaato era Justin n'atandika okugenda nange. Mu kusooka teyali musanyufu naye twamala essaawa nnyingi nga tukikola ffembi. Nnalina okufuba ennyo okukola enteekateeka z'olugendo ezitutuukana n'ebyo buli mwana by'ayagala. Ebiseera ebisinga ebikolwa eby'ekika kino tebibaawo byokka. Ekyo kituteeka obuvunaanyizibwa ku ffe. Ate jjukira nti okwagala kuwayo nga tewali kye kusuubira. Ebintu bino tubikola ku lw'abaana baffe kubanga tubaagala. Yesu kye kyakulabirako kyaffe.

nga Omwana w'omuntu bw'atajja kuweerezebwa, wabula okuweereza,  
n'okuwaayo obulamu bwe okuba ekinunulo eky'abangi." (Mattayo 20:28)

Muwaala wange Katie, yayagalanga okubuka nga ttena ku kipiira kyebazzewo mu bbanga. Muntandikwa nakubanga sama nokwefuula wabula, weyaweereza emyaka musanvu, edakika kumi natannu ezo kubuka amavvivi gange kyeagali gasobola. Naye nnagumiikiriza era nenkyusamu ku lulwe. Bwe tuba twagala abaana baffe, tulina okufuna obudde okubeera nabo.

### *Entegeka ey'Okukola*

Ofuba okubeerako awamu n'abaana bo? \_\_\_\_yee \_\_\_\_nedda

Oli mwetegefu okwenyigira mu bintu by'ototera kwagala olw'okubeera n'abaana bo? \_\_\_\_yee\_da

Wandiika egimu ku mizzanyo buli omu ku baana bo gy'anyumirwa.

---

---

---

Omalayo bbanga ki ng'onyumirwa emizannyo ginno nabbo? Bw'oba tokikola, tegeera ddi lw'ogenda okubeera nabo, era weeyama okukikola.

---

---

---

---

---

Saba Katonda akuwe amagezi n'obuyambi. Bw'oba mufumbo, bino mu kubaganye ebirowoozo ne munno mu bufumbo, era wandiika ebintu by'oyinza okukola okusobola okubeera n'abaana bo omu-ku-omu. Osobola okukozesa olukalala lw'emizanyo gino wammanga okutandika.

---

---

---

---

---

### **Emizzanyo Egyisembewa**

Okusota akagali

Emizzanyo gya boodi

Okuvuga eryato

Okuvuga akato

Emizzanyo gya kaada

Okusiiga, okuluka

Okulila ebweeru

Okuwugila kuntobo

yenyanja

Okuvuba

okubusa kayiti

okusereza

okubukukila kukyesubo

okusota egali kulusozi

filimu, emizzanyo, nevivulu

okuzaanya emipira

okusoma obutabo

okwambuka amayinja

Skiing

emikolo

gyemizzanyo

okusaafinga

okuwuga

bupatte bwa chai

emizzanyo

gyolutimbe

okutambuza

embwa

Okulaba

ebyamaguzi

Okukola Dwillo

Bino byokulabilako byoka. Lekka mukama ayogeere nawe mu buntu kungeri amazima ga bayibuli aga 1 abakkolinso 13 gygalina okukolebwa munju yo. Laba abaana bo nebitone

byabwe ebyenjawulo ne byebagala. Jjukira, kano akaseera akawaamu ka kwagala era kagendereddwa eri omwana wo kyayagala okusinga ekyikyo.

### **Kola ekyo ekitali kya mubutonde bwo**

Obudde obusinga, ebizibu ebikuza abaana baffe biva mubutamaanya nobutali buwombeefu: tetumanyi ngeri yakugunjula bulungi oba gyetulaba mu okulemelerwa kwabwe, obusirusiru, nebyebasalawo. Naye tuyiga engeri yokubakolaganya nokwagala kwa katonda, teka munkola enono zempisa yabwakatonda, era mukolere wamu nga ekibinja, okuyiganyizibwa kwaffe kujja kuba kukendzedwa.

Okwagala tekulemererwa. Omuntu bw'atuyisa obubi, Katonda asobola okutuyamba okukola ebitali bya mu buttonde, so si eby'omubutonde. Omuntu bw'atatuukiriza bye tusuubira, twagala okweyisa mu mubiri, mu ngeri ey'obutonde. Naye Katonda agamba nti, "Nedda, ng'abaweereza bange, njagala mwanukule mu ngeri etali ya butonde." Eky'okulabirako kyaffe ye Kristo, engeri gy'atuyisaamu era nga bw'ajja okutwanukulamu bulijjo.

Buli kigambo ekivundu kireme okuvanga mu kammwa kammwe, naye ekirungi bwe kinaabangawo olwokuzimba nga omuntu bwe yeetaga, abawulira kibawenga ekisa. So temunakuwanzanga mwoyo mutukuvu owa katonda, eyabateesaako akabonero okutuusa olunaku olwokununulibwa. Okukaawa kwonna nobusungu nobukambwe nokukayaana nokuvuma bibavengako, awamu nettima lyonna: era mubeerenga nobulungi mwekka namwekka, abakwatibwa ekisa, nga musonyiwanganaga, era nga katonda bwe yabasonyiwa mu kristo. (Abaefeso 4:29-32)

Ekyawandikibwa kino kinyonyola ekika ky'okwagala katonda kwatuyitira ffe nga abazzade abawereza. Bwaba katonda yatuwa ekiragiro kyatasobola kutusoboosesa kutukiriza, ekyo kimufula omulimba. Naye talimba, bwetuba tuwedemu amannyi, okulemerwa, katonda tayagala twenenye. Ayagala tumusabe amannyi okwagala abaana baffe nga bwe tusaanidde.

Buli kye mulisaba Kitange, alikibawa mu linnya lyange. (Yokaana 16:23)

Katonda yatulonda okubeera abazade nga amanyi obusirusiru n'okwerowoozaako kwaffe. Naye Takikola ng'alowooza nti tujja kusigala bwe tu batyo. Atuwa Ekigambo kye ekitali kya bulijjo, naye tuteekwa okukigenda ebuziba, n'okuzimba omusingi omunywevu ogw'okukkiriza Ekigambo kisobole okukyusa emitima gyaffe. Era Katonda bulijjo abeerawo okutuyamba okutuuka ku buwanguzi, okutuwa obulunanyama n'okutuwa amaanyi. Alangirira obuwanguzi bwaffe okuyitira mu kisuubizo kye bw'agamba nti, "Nja kubawa obusobozi, okuyitira mu maanyi g'Omwoyo Omutukuvu, okuyitira mu nkolagana ey'oku lusegere gye mulina ne Yesu, ne mu bwesigwa okutwala obuvunaanyizibwa bwe mulemererwa okumugulumiza okuyitira mu kusonyiwa, okutuukiriza buli kiragiro" (Abafiripi 4:13, Mu bigambo byange). Mukama Yebazibwe!

## Essomo 11: Empuliziganya Yankizo

Tusobola okuwuliziganya awatali kwogera kigambo kyonna. Kyokka, tetusobola kwogera na muntu yenna awatali kuwuliriza. Katonda bwe yatuwa amatu abiri, yalina ebintu bingi bye yali alowoozaako okusinga ku kuwunda kw'obwenyi bwaffe. Tulina amatu abiri n'akamwa kamu olw'ensonga entuufu.

### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Empuliziganya*—Okuwanyisiganya ebirowoozo, obubaka oba amawulire.<sup>22</sup>

Bwe kiba nti okuwuliziganya kyetaagisa okuwuliriza, olwo era kizingiramumu okussaayo omwoyo. Okusobola okuwuliziganya obulungi n'abaana baffe, tulina okubawuliriza n'obwegendereza. Olw'okuba embeera eziteekeddwa okukangavvulwa ziyinza okuleetera abazadde n'abaana okuwulira obubi, tuteekwa okulowooza ku bivaamu mumpuliziganya ez'enjawulo.

### Engeri gye Tuwuliziganyamu Elabikako

#### Mundaba/Amaaso

Empuliziganya esinga okuba ey'amaanyi eyiitira mu ndabika ey'obwenyi, obubaka abalala bwe balaba ku maaso gaffe. Ebibalo biraga nti bino bye bikola ebitundu 55 ku buli 100 eby'empuliziganya yaffe n'olwekyo tuteekwa okumanya ennyo engeri gye tweyisaamu ku maaso nga tukwatagana n'abaana baffe.

Lowooza ku kyokulabirako kino. Ng'ovuga mmotoka ng'odda awaka mu kiro ekimu ng'abaana bo bali emabega mu ntebe, newabawo omuntu assala mu maaso, kumpi n'akuva ku kkubo. N'obogola mu bukambwe nti, "musiru gwe --- (n'ebidirira awo)" nga obwenyi bwo bulaga obusungu bw'owulira.

Bwotuka ewaka, osanga abaana nga baccamuse oluvvanyuma olwokulya ebiwomerera ne kuki nga tebagala kugenda mubulili bwabe. Obagamba omulundi gumu bagende okwebaka, ne bagana, olwo n'ossako obwenyi

obw'obusungu nga gyewataddeko ng'omusajja akusaze mu masso ng'ovuga emmotoka, n'obabogolera nti, "mbagambye mugende mangu mu bulili!" Abaana bo kye balowooza mu kiseera ekya kiri nti obalaba oba abatwala mu ngeri y'emu nga bwotwala omuntu eyabadde akuletedde okuva ku kkubo ng'ovuga. Endabiga y'obwenyi bwaffe esobola okuba ey'ekibi era ey'obutayagala—entunula—kitundu kinene nyo mu ekya kye tutegeza. Tulina okutunuulira "bye twogera" n'amaaso gaffe.

### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Obwenyi—Paniym*

(Lwebbulaniya).

Amakulu amatuufu aga ffeesi (Olubereberye 43:31; 1 Bassekabaka 19:13); era n'okwolesebwa kw'embeera oba endowooza y'omuntu, gamba ng'okujeemera (Yeremiya 5:3), obutasaasira (Ekyamateeka 28:50), okusanyuka (Yobu 29:24), okuswazibwa (2 Samwiri 19:5), okutya ennyo (Isaaya 13 :8). Ebyawandiikibwa bituwa ebyokulabirako by'amaaso amabi (Matayo 6:16) n'amalungi (Zabuli 4:6).

Obwenyi bwo bulaga Obusungu bw'olina mu kukangavvula? \_\_\_\_\_yee \_\_\_\_\_nedda

**SIMA EBUZIBA**

Nynyola engeri enyiriri zino gyezikukwatako nga kinnomu. Beera mulambulufu. Owandike esaala kubuli emu nga osaba katonda akuyambe okyuse kino.

Embuaaga ezobukikiika obwa kkono zireeta enkuba: nomulimu olulyolyoma bwe leleeta bwe lutyoma amaaso agaliko obusungu (engero 25:23)

---

---

---

---

---

Alwawo okusunguwala alina okutegeera kungi: naye alina omwoyo ogwanguyiriz agulumiza obusirusiru [Engero 14:29]

---

---

---

---

---

Ekyo mukimanyi, baganda bange abaagalwa. Naye buli muntu abeerenga mwangu wa kuwulira, alwengawo okwogera, alwengawo okusunguwala, kubanga obusungu bwomuntu tebukola butuukirivu bwa katonda (Yakobo 1:19-20)

---

---

---

---

---

Omuntu owo busungu aleeta ennyombo, nomwekiruyi okusobya kwe kubba kungi nnyo nyini. (Engero 29:22)

---

---

### **Mu Dobozi**

Empulikika y'edobozi ly'oyogeraramu litwaala ebitundu 38 ku buli kikumi ku by'empuliziganya yaffe. Bwetuyimusa edobozi lyaffe mukugunjula, tuba tukimanyisa nti tukambuwade. Bwetutandika okukyusa obwennyi bwaffe n'obusungu, obukyayi, n'okumalibwamu amanyi, nga kwotadde n'okuyimusa eddobozi, tuba twogede emirundi 93 ku buli kikumi mungeri ey'obutayagala, ey'ekibi. Lwaki abazzade bangi bakola kinno, era nebakifula kitundu kukugunjula kwabwe? Kino kiva mumubiri gwaffe ne Setaani. Empuliziganya ngeno okuva mu bazzade ezikiriza obulamu bungi. Jukira yakobo 1:20 "kubanga obusungu bwomuntu tebukola butuukirivu bwa Katonda." Endowooza yaffe yekweeka emabega w'eddobozi lyaffe n'engeri gye tulabika ku bwenyi bwaffe. Obusungu bulabika bwetwanukula nobusimu (oba ngeri gye tuwuliramu) mu kifo kyo kwagala.

### **Okwekebera 1**

Okusitula edobozi lyo mu kugungujula kyabulijjo? \_\_\_\_\_yee\_\_\_\_\_nedda

Bwekiba bwe kityo, wandika essala ey'okwenenya eri Mukama.

---

---

---

---

---

---

### **Mu Bigambo**

Ekyewuunyisa, okuwuliziganya mu bigambo kitwala ebitundu 7 ku buli kikumi eby'empuliziganya yonna. Eri abo abalina omuze omubi ogw'okubeera nga abasomesa, kino kiyinza okukuyamba okulekera awo. Bw'oba osomesa ng'ousunguwadde, abaana bo bawulira nga atalina kyoyegera. Omuze guno omubi gukosa enkolagana yammwe ennungi n'obuyinza bwammwe.

Abaana bateekwa okumanya ekikyamu kye baakoze n'okukangavvula kwe balina okufuna, naye okunnyonnyola okumala ebbanga ddene ku bigendererwa byabwe oba engeri gye kiyinza okukwata ku biseera byabwe eby'omu maaso si kukangavvula kulungi— okwe kuba kusomesa. Ebiseera ebisinga abazadde baba baagala kwejjako busungu oba kwesasuzza ku mwana waabwe olw'okubaleetera okukola omulimu gwabwe ogw'okukuza abaana, naye bino bilubilirwa byakibi.

Lowooza kulunaku olwa bulijjo. Kipimo ki ku buli kimi eky'empuliziganya yo nabaana bo omu-ku-omu ennungi, era n'embu?

*Empuliziganya embu ewulikika bw'eti:* "Ekyo tokikola. Lwaki kino wakikoze? Nkugambye okuyonja ekisenge kyo. Londa by'osudde. Mwanyoko tomutawanya. Ffulumya kasasiro."

*Empuliziganya ennungi ewulikika bw'eti:* "Olabika bulungi. Essomero libadde litya leero? Mikwano gyo bali batya? Kiki kye wandiyagadde ku ky'eggulo?"

Omuzadde bw'aba ayogerezeganya omu ku omu n'omwana eddakiika kkumi buli lunaku, ate nga empuliziganya ye ebitundu 75 ku buli 100 nkyamu, okuwuliziganya okw'omuganyulo okuba kugenda mu maaso kwenkana wa?

Abazadde be bantu abasinga amaanyi mu bulamu bw'omwana. Bwe kiba nti omuntu asinga amaanyi mu bulamu bwo okusingira ddala yali akuwa ebiragiro oba okukuyigiriza, okukuvunaana, n'okukussa wansi, oyinza kwelaba otya?

Nga bwe twayogeddeko, abavubuka bangi balowooza nti bazadde baabwe tebabagaala era tebabafaako. Kino bangi bakikiriza olw'okuba bazadde baabwe boogera mu ngeri embu oba ey'ekibi. Tekyewunyisa nti abaana bangi balafubana nnyo n'okwelaba nga ab'omuwendo. Omwana okwetwala okuba ow'omuwendo kiva ku ngeri bazadde be gye balagamu okwagala, okubafaako n'okubatwala nga ba muwendo. Nze naawe bwe tutakikirira bulungi Katonda buli lunaku, tutondawo ky'empita EDTNI syndrome: ekigwayo nti Emotionally Deprived Through Negative Input (Oba kiyite okumibwa mu nnewulira okuyitira mu bigambo ebitali bilungi). Kino abaana bangi balwanagana nakyo. Ate abo abasinga okukosebwa bakkiriza ebikemo byonna ebibi nga bagezako okujjawo obulumi bwabwe. Oluvannyuma lw'ekiseera, bwe bafuuka abazadde, batera okuddamu okweyisa mu ngeri y'emu n'abaana baabwe.

## **Okwekebera 2**

Lowooza kunkolagana yo n'abaana. Wandika edakika mekka z'omala ng'owuliziganya nabuli mwana omu kwo omu buli lunaku era bitundu bimeka kubuli kikumi kikumi ebyempuliziganya ebibi nebulungi.

---

---

---

---

---

---

---

Abantu bangi abakulu bakyatawaanyizibwa ebiwundu mu birowoozo olw'bulumi bwe baafuna okuva mu bazadde baabwe. Bwe kiba nti kino kikukwatako nnyo, genda ku ky'ongerezedwako E: Obwesige n'Okusionyiwa, okuyiga ebikwata ku kusonyiwa kwa Baibuli n'engeri y'okuteeka ebyayita emabega wo emirembe gyonna.



## Essomo 12: Omutima ogw'Okwagala

Ekiva mukamwa kaffe kyekinyonyola ekiri mumitima. Kubanga okutukuzibwa mutendera, era katonda akozesa abaana okutubikulira wa wetwetaga okukyusibwa, tusobola okwogera ebintu ebitali bya kwagala.

Ebigambo bya Yesu biwa enono za Bayibuli ezikwata ku mutima:

Naye ebifuluma mu kamwa, biva mu mutima; n'ebyo bye byonoona omuntu.  
(Mattayo 15:18)

Omuntu omulungi ebirungi abiggya mu tterekero lye eddungi, n'omuntu omubi ebibi abiggya mu tterekero lye ebibi. (Mattayo 12:35)

Mu mattayo 15:18 yesu yagamba ebigambo ebiva mukamwa bisobola okutwonona fembi, gwe nange. Katonda afaayo ku ebyo ebiva mu kamwa kaffe, naye ensonga esinga obukulu y'ensibuko y'obubi. Mu Matayo 15:19, Katonda yabikkula ebirowoozo ebibi n'ebikolwa ebinyinza okuva mu mutima gw'omuntu. Kye twetaaga kwe kukyusa omutima n'olwekyo ebiva mu kamwa kaffe bijja kuba birungi

### FAYILO Y'AMAZIMA

*Okuyonoona*— Okucaafuwaza, fuula ekitali kirongoofu; oba Okuyonoona.

Kyenvudde mbeegayirira, ab'oluganda, olw'okusaasira kwa Katonda, okuwangayo emibiri gyammwe, ssaddaaka ennamu, entukuvu, esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi. 2So temufaananyizibwanga ng'emirembe gino: naye mukyusibwenga olw'okufuula amagezi gammwe amaggya, mulyoke mutegeere ebyo Katonda by'ayagala, ebirungi, ebisanyusa era ebituufu. (Abaruumi 12:1-2)

Mattayo 12:35 egamba fenna buli omu ayinna ebyobugaga mumitima, ebinyinza okubeera ebirungi oba ebibi. Wanno ebyobugaga bitegeza "eterekero lye ndowooza," waa ebirowoozo no kuwulira gyebitelekebwa. Bangi kuffe "tutereka bibi," oba ensonga ezitanagojolwa. Bwetulokoka, tuyiina omutima omugya (ezekyeri 11:19; 18:31; 36:26; 2 Abakkolinso 5:17), naye bino tebitegeeza nti obuzze bwemabega obw'empuliziganya embi evudewo. Waliwo omutendera ogw'okukyuka nga tugana ebibi nga tukuza eterekero edungi." Kino kidayo kukilowoozo kyokuzimba omusingi gwaffe omunywevu, nga bwetunonnya okwagala kwa Katonda nga tuteka ekigambo kye mumitima gyaffe. Ebintu ebirungi bijja kufuluma. Buli lunaku nga bwetussa ekimu ne katonda okuyiga okusaba, tulimukuzimba "ebyobugaga ebirungi."

Ebigambo kyokka kye kisobola okutuyamba okutegeera obulungi n'obubi, era Katonda yekka y'asobola okukyusa emitima gyaffe.

## **SIMA EBUZIBA**

Wandika ebyokulabilako eby'obugaga obulungi nobubi nebikivamu.

Ekigambo kyo  
nkikwese mumutima gwange  
neme kwonona gyoli. (Zabuli 119:11).

---

---

---

Akamwa komutukirivu kogeera magezi, era olulimi lwe lwogeera bwenkanya.  
(Zabuli 37:30)

---

---

---

Olulimi lwomutukirivu fezza; omutima gomubi tegulina muwendo (Engero  
10:20)

---

---

---

Ebigambo eby'ababi bya butemu, Naye ebigambo by'abagolokofu biwonya  
abantu. (Engero 12:6)

---

---

---

## **Entegeka Ey'okukola**

Okwewayo kwo okwa buli lunaku kubadde kwamugaso? \_\_\_\_yee\_\_\_\_nedda kubadde  
kwabuli kaseera? \_\_\_\_yee\_\_\_\_nedda

Bwekiba nga sibwekiri, wandika ebaluwa ey'okwewayo nokutegeka okukyusa.

---

---

---

---

## **Okulaba Abalala Ng'abomugaso**

Empulizaganya ey'okwagala y'ekulungulira ku Kristo, si ku ffe. Kwe kusalawo okussa ekitiibwa mu muntu omulala. "Laba, abaana bwe busika bwa Mukama;" - Zabbuli 127:3. Ekigambo *ekirabo* era kivvuunulwa ng'obusika (ESV, NKJV), ekitegeeza eky'obusika ekilekebawo mu kiramo oba ekiwandiiiko eky'amateeka, ng'obusika oba eby'obugaga (Ezeekyeri 48:29). Mu mbeera eno, abaana be batuweereddwa okuva ewa Mukama. Kino kitegeeza nti abaana abato kirabo, n'abatiini, era n'abaana abatali ba mu ntumbwe z'affe.

Lowooza ku kyokulabirako kino eky'okuwa abalala ekitiibwa. Bw'oyita paasita wo okulya ekyeggulo, oyinza okumanya ekijjulo ky'asinga okwagala nga tannajja? Wandirongoosezza ennyumba yo? Wandiyegendereza obutayogera kikyamu n'obutamunyiiza? Wandikakasizza nti abaana bo bajja kweyisa bulungi? Wandiyambadde otya? Wandigyeyo embeerazo zisinga obulungi kubanga paasita wo omutwala nga wa muwendo. Oboolyawo musajja mulungi era agwanidde okuweebwa omuwendo—naye si okusinga abaana bo.

Abaana baffe bakimanya bwe tutabatwala nga ba muwendo. Eky'ennaku, abazadde bangi tebalowooza ku bikolwa byabwe. Okuwa omuntu omulala ekitiibwa kuba kusalawo, era Ekigambo kya Katonda kigamba nti buli mwana kirabo ekiva eri Katonda. Olw'okuba Katonda atwala abaana baffe nga ba muwendo nnyo, tuteekwa okusalawo bulijjo okubayisa mu ngeri eyo n'okwetikka obuvunaanyizibwa bwe tutakikola nga tusaba okusonyiyibwa.

## **SIMA EBUZIBA**

Endowooza z'okukuza abaana zeziriwa mu nyiriri zino?

Esawu n'adduka mbiro okumusisinkana, n'amukwata mu ngalo, n'amugwa mu kifuba, n'amunywegera, ne bakaaba amaziga. 5Esawu bwe yayimusa amaaso ge, n'alaba abakazi n'abaana, n'abuuza nti, "Baani bano abali naawe?" Yakobo n'addamu nti, "Abo be baana, Katonda olw'ekisa kye be yawa omudduwo." (Oluberyebye 33:4-5).

---

---

---

Awo isiraeri nalaba omwana wa yusufu, nagamba," banno bebani?" yusufu namudamu, "banno bebatamani bange kationda bampadde mukifo kinno era nagamba," baleete, nange nabawa omukisa." (Oluberyebye 48:8-9)

---

---

---

## Okwekebera 1

Waliwo ebiseera oba embeera mw'otwalira abaana bo ng'abatali ba muwendo olw'enneeyisa yo? \_\_ Yee \_\_ Nedda

Wandika ddi ekyo lwe kibaawo era saba Katonda akuyambe okukyusa endowooza yo ebeere ey'obwa Katonda.

---



---



---

## Buba Bukugu Obuyigiddwa

Empuliziganya ey'okwagala kwe kusalawo obulamu bwo okwetolorera ku Kristo. Bayibuli etulagira "okwambala Mukama waffe Yesu Kristo" (Abaruumi 13:14). Ekyo kiragiro era buvunaanyizibwa. Okwambala Kristo kye kintu kye tulina okusalawo buli kiseera ka tube nga tuwulira nga abagala oba nedda. Okwagala okw'ekika kino kuyinza kuva gy'ali yekka, ekituzzaayo ku musingi gwaffe omunyevu. 1 Yokana 2:10, egamba, "Ayagala muganda we abeera mu musana, era tewali kimwesittaza." *Okubeera mu kitangaala* kitegeeza okunywerera ku Kristo, ekitegeeza okuffisa byetwesalirawo n'okwongera okubeera omulamu eri ebyo Kristo bw'ayagala.

Abazadde bangi bakimanyi nti balina okulekera awo okwogera n'abaana baabwe mu ngeri embi naye nebatobako kye bakolawo. Katonda ayagala tuwuliziganye mu kwagala, n'olwekyo okumusaba okutukyusa kikakasa nti ajja kukitutussako. Ekyawandiikibwa kigamba nti, " Omuntu omutuukirivu, amala kulowooza nga tanaba kwanukula;" (Engero 15:28), ekiraga nti okuwuliziganya okw'obutuukirivu kuyigibwa era kugendererevu. "Omutima gw'omugezi guyigiriza akamwa ke, era guyigiriza n'emimwa gye." - Engero 16:23. Kino kikakasa nti obusobozi bw'okuwuliziganya bweyongera era osobola okubuyiga. Ddamu weetegereze nti akamwa kalaga ekiri mu mutima. Emikisa gya Katonda giva mu kuwuliziganya okw'obutuukirivu kubanga tugondera by'ayagala (Abaefeso 4:29). Era empuliziganya eno eja kuba esikiriza, etuukirize ekigendererwa kyayo. Okuyitira mu kuwuliziganya n'okutendekebwa okutuufu, tujja kusobola okusikiriza abaana baffe okukola ekituufu.

## Okwekebera 2

Lowoza ku nnyiriri ezo waggulu. Nnyonnyola engeri gye zikwatagana n'okuwuliziganya n'abaana bo.

---



---



---



---



---

Okusobola okussawo empuliziganya ey'okwagala, tuteekwa okutandika okutunuulira abaana baffe nga tukozesa galubindi ez'enjawulo. Katonda ayagala tulabe abaana baffe nga bw'abalaba (ng'ekirabo) n'okuyitira mu kigambo kye. Omuwandiisi w'ebitabo Omukristaayo Warren Wiersbe yagamba nti, "Obuweereza bubaawo ng'ebikozesebwa eby'obwaKatonda bisisinkana ebyetaago by'abantu okuyitira mu mikutu egy'okwagala ku lw'ekitibwa kya Katonda." Okukuza abaana buweereza, era okuwuliziganya kwaffe kulina kuva mu byobugagga Katonda by'atuwadde. Naye buli kiseera kiteekwa okuba n'ekigendererwa eky'okumugulumiza, nga kiraga embala ye. Obugagga bwaffe obwa Katonda ye nkolagana ey'olubeerera mu Kristo, omusingi omunywevu ogw'olwazi kwe tuzimbira.

## Wayo Abaana Bo Eri Katonda

Tusobola okugoberera ennono zino n'obwesigwa, naye era abaana baffe basobola okusalawo okweyisa mu ngeri embi oba ey'obugwenyufu. Tewali bukakafu bulaga nti bajja kuvamu bulungi. Katonda abawa eddembe ly'okwesalirawo nga bwe yatuwa.

### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Tendeka—Chanak* (Hebrew).  
Okuwaayo oba okwawulibwa ku lw'okuweereza Katonda.

Manyiiza omwana omuto mu kkubo erimugwanira okutambuliramu, Awo newakubadde nga mukadde talirivaamu. (Engero 22:6)

Abantu bangi balowooza nti ekyawandiikibwa kino kikakasa, naye ekyo si kye kisinga okuggumiza mu Kigambo kya Katonda wano. Bwe tuba tuvvuunula Engero, tuteekwa okutegeera nti ebighambo nga bino biraga ebinyinza okubaawo, so si bukakafu. Kyokka, tulina okufuba ennyo okukuza abaana baffe nga Katonda bw'ayagala n'okusabira awatali kulekera awo okukulaakulana kwabwe mu butuukirivu.

Ekilowoozo kino kyakozesebwa sulemaani ne isiraeli nga bawayo enyumba eri Mukama (1 Basekabbaka 8:63). Tuyina okubeera abegendereza nti abaana baffe sibaffe, naye ba Mukama, era twetaga okubayisa mungeri eyo. Tuyina okubawoyo eri Mukama nate.

Omukolo gw'okuwayo abana baffe gwa mugaso nnyo. Tuyimirira mu maaso g'ekibiina kyonna nga tulangirira mu lujjudde nti abaana baffe si baffe— ba Be- era tujja kubayisa mu ngeri eyo nga bali mu kulabirira kwaffe. Katonda ayogera bw'atyo mu kitundu kino: abaana baffe ba be. Naye okubawaayo kuno si kwe kwejjako obuvunanyizibwa: "Babano, Mukama, babo kati." Mu kubawaayo kuno mulimu okumanya obuvunaanyizibwa Katonda bw'atuwa okwagala, okukulembera n'okutendeka abaana baffe. Abaefeso 6:4 egamba, " naye mubalerenga mu kukangavvulanga ne mu kubuuliriranga kwa Mukama waffe."

Tetujja kuvunaanibwa olw'ebyo abaana baffe bye basalawo wabula olw'ebyo bye tusalawo mu kubakuza. Emirundi mingi tufaayo nnyo ku nsobi abaana baffe ze bagenda okukola, n'engeri gye bajja okutuswazamu, ne kiba nti kyekisalawo engeri gye tubayisaamu oba gye tutabaagalamu nga Katonda bw'alagira. Tuteekwa okutegeera nti omugaso gw'abaana baffe guva ku ebyo Katonda by'abogedde ko, so si ku mbeera zaabwe ez'obuntu, ku kulemererwa

kwabwe, oba ku mitendera gy'obulamu bwabwe. Katonda n'ayogera nti, "Kino kye kirabo kyange gye muli."

Ebiseera ebimu nawulira nga ayagala okusiba mutabani wange omukulu mmuzzeyo eri Katonda n'obubaka nti: "Katonda, ono simwagala. Aliko omulimu munene nnyo." Naye nali sirina kye nsalawo ku nsonga eno, nalina? Nammwe temulina. Katonda yali amanyi bulungi bye twali twetaaga. Tewali nteekateeka yakuwanyisamu.

Kino kikyuka bw'oba omuzadde ali obwannamunigina, amaka amagatte, omuzadde omukuza oba jjajja akukuza abaana? Nedda.

### **Okwekebera 3**

Obadde okimanyi nti abaana bo kirabo okuva eri Katonda? \_\_ Yee \_\_ Nedda

Bulijjo obayisa bw'otyo? \_\_ Yee \_\_ Nedda

Eryo ly'edwaniro lyaffe. Kiri nga Katonda bw'agamba nti, "Kino kye kirabo kyange gye muli, nga kirimu ebiragiro ebikwata ku ngeri gye njagala mukikwatemu. Goberera endagiriro zange kubanga nja kuba nkutunuulira." Tusaanidde okufuba ennyo okukola Katonda by'agamba. Ekitabo Katonda kye yatuwa ku ngeri y'okuyisaamu abaana baffe ye Bayibuli Entukuvu. Bayibuli egamba nti: "Mubagalenga; Bulijjo mubatwale ng'ekirabo."

### **Buli Kikula Ky'obuntu Eky'enjawulo Kiwe Ekitiibwa**

Ekitundu ekyokubiri mu ngero 22:6 egamba, "mu kkubo erimugwanira okutambuliramu." mu kkubo erimugwanira kitegeza "ku mumwaa gw'amakubo ge," oba okusinzira kubyetaago by'ekikula ky'obuntu, n'enyisa, oba eddala lyobulamu kwali oba obutonde bwe. Tusobola okuyisa omu kubaana baafe ng'ekirabo ekyenjawulo, nga twaniriza ekikula kyabwe eky'obwa sekinomu. Katonda ayagala twemanyirize ekikula kyabwe kyabawadde.

Okutandikira ku Adamu ne Kaawa, amaka agasooka, tulaba obujulizi obw'ekikula ekyenjawulo. Cain yali yeyagaliza nga mumalirivu okugenda mu makubo ge, nga wamputu nga embalasi oba ennyumbu. Abeli yayagala mukama era yali mwegendereza, era omwana omuwulize.

Batabaani wa Isaaca, Yakobo ne Esau, bali balongo. Yakobo yabeera nga nyo ne mama, nga wa lususu oluwewevu, era ebiseera ebisinga yabeeranga mufumbiro. Esau yabeeranga nyo ne taata, omuyizzi, omukambwe. Bali balongo naye nga balina ebikula ebyenjawulo ne byebagala nga byanjawulo. Kino Katonda abadde nga akikola okuva kuntandikwa.

Abazade abafuna abaana ab'emputtu oba ab'emitima emigumu, oba omu alina obulemu, bawulila nga bafunye ekisinga okuba ekibi. Katonda amanyi kiki kyakola. Takola nsobi. Okikiriza ekyo?

Nga katonda bwabeera, eyakola emyoyo. (Yeremiya 38:16)

Katonda yemutonzi wememe, enttebbe yendowooza, nobusimu. Tusalawo kinene nyo ku langi yamaaso go mwana, n'enviri, bwalina okwenkana, nelangi yolususu lwe, naye bwakituka ku meme ye, tetwalina kyakukiolera. Ekitufu kiri nti bajja kuyiga ezimu ku mpisa zaffe, naye endowooza yabwe, okusalawo kwabwe, nobusimu biwebwwa Katonda, era takola nsobi.

Tulina okulekera awo okwenenya, n'okunenya abagalwa baffe mu bufumbo, oba bazadde baffe. Mu kifo ky'ekyo, nanya Katonda olw'obutonde bw'omwana wo, olw'ekikula kye, kubanga Katonda yekka ye Mutonzi.

Watonda ebirimunda munze; wambika mulubuto lwamange. (Zabuli 139:13)

Katonda yatonda ememe yo: nakusamu obulamu. Ekgambo kigambo fenna "twawundibwa netukolebwa bulungi" (Zabuli 139:14). Bwetusunguwala netukyawa abaana baffe, netutandika okukyikirira obubi Katonda, tweyisa nga abagamba nti Katonda yakola ensobi. Abakolosaayi 3:21 egamba, "Bakitaabwe, temunyiizanga baana bammwe, balemenga okukudirira mu mwoyo." Naye atte abazzade bangi banyiiiza abaana babwe nga tebassa mu nkola kwagala kwa bayibuli n'obutabalaba ng'ebirabo ebiva ewa Katonda.

Katonda atuwa ekifananyi ekilambulukufu kubusambatuko obuvamu nga abazzade tebakoze empuliziganya erimu kwagala. Bwaba nga omwaana wo addiride mu mwoyo oba naga aweddemu amanyi, emu kunsonga ezabulijjo kwe kubakoma ko nebigambo ebikyamu. Tusoboola okuleteera okwetamwa. Kinno sikyakunenya bazzadde ku lwa buli kimu, naye tuzanya ekintundu kinene era eky'omugaso mubulamu bwabwe nga bakula. Katonda awadde abazzadde amanyi eg'ekitalo, era ayagala okugakozesa mungeri entuffu okumuwesa ekitibwa n'okola okwagala kwe.

### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Okuggwaamu amaanyi—Athumeo* (Luyonaani). Awatali kussayo mwoyo, obutafaayo, okutaataaganyizibwa mu birowoozo; Kilaga obutaba muvumu.

Kisibuka ku *thumos*, ekitegeeza obusimu oba ennewulira ey'obukambwe, oba okutwalibwa okw'ebirowooza, gamba ng'obusungu, n'ekiruyi. Bw'oteeka *enyukuta ya 'a' (alpha)* mu maaso g'ekigambo, kifuuka kya ekikotana n'amakulu agakirimu, ekitegeeza "obutaba."

## Essomo 13: Okulemelerwa Okwagala

Waliwo ebiro n'ekiseera kya buli kintu (Omubuulizi 3:1), omuli emyaka ebibiri egy'entiisa n'obuzibu bw'obuvubuka. Katonda yatonda ebiseera bino. Si nsobi. Wadde ng'Engero 22:6 si bukakafu bw'abuwanguzi, kiraga bulungi nti twetaaga okusoma buli mwana; okumanyiira ekikula kyaabwe eky'enjawulo; era beera mwetegefu okukkiriza nti omu ayinza okwetaaga okuyigirizibwa, okukangavvulwa, n'obudde okusinga omulala. Abamu bagenda kutwala ebiseera bingi n'amaanyi. Bwe tugoberera Katonda by'ayagala mu kukuza abaana baffe, tetuweebwa bukakafu wabula ekisubizo okufuna ekisa kyonna kye twetaaga okukikola mu ngeri entuufu.

### Okwekebera 1

Fumiitiriza ku mazima gano. Oboolyawo okkiriza nti Katonda yakola ensobi ng'akuwa omwana oyo. Nga tonnagenda mu maaso n'okusoma kuno, wandiika okwenenya kwo eri Mukama. Saba Katonda akuwe amaanyi okulaba ekikula ky'omwana wo eky'enjawulo nga okwagala kwa Katonda okutukiridde.

---



---



---



---



---



---

Bulijjo tuteekwa okujjukira amaanyi Katonda g'atuwadde ku baana baffe naddala ffe bataata. Abusobozi bwaffe okukoma ku bana baffe tebulinga bwa mulala yenna. Ebirowoozo by'abaana baffe biringa bu likoda (obukwata amaloboozi), era emyaka 12 oba 13 egyasooka bali "balikodinga." Naye bwe batuuka mu myaka gy'obutiini, bakyusa ne batandika "okuzanya akatambi." Mu kiseera ekyo, tuteera okukungula bye twasiga mu myaka egiyise.

Bwe tuba nga ddala twagala Katonda era nga twagala okumuweereza, tetujja kulowooza ku njawulo eriwo wakati w'omwana ng'omuntu, ekikula kye, ensobi ze, oba eddala ly'obulamu kwali. Ebintu ebyo tetujja kubikkiriza kusalawo ngeri gye tubayisa. Ng'omuweereza wa Mukama waffe, tetulina kufugibwa mpisa zaffe ez'obutonde, wabula tufugibwa Kigambo kya Katonda n'Omwoyo Omutukuvu.

### SIMA EBUZIBA

Nnyonnyola engeri amazima gano Yakobo ge yayogera gye gakwata ku ngeri gy'oyogeramu n'omwana wo.



Naye amagezi agava wagulu okusooka malongoofu, nate ga mirembe, mawombeefu, mawulize, agajjude, okusaasira nebibala ebirungi, agatalina kwawula, agatalina bunnanfusi, (Yakobo 3:17)

---

---

---

## **Okusuka kuffe**

Nzijukira nga ndaba mukyala wange ng'azaala Nick. Ebiseera by'olubuto n'okuzaala byali bizibu nnyo, kyali kitiisa. Yali mukakanyavu ne ku kuzaalibwa kwe. Nali nkuba akafaananyi ng'ali mu lubuto nga ng'akuba enduulu nti, "Nedda, siri mwetegefu kufulumu!"

Mukyala wange yamala kumpi essaawa mwenda ng'atawaanyizibwa mu bissha, oluvannyuma omusawo n'afuna zi magalo ezitiisa mu ndabika. Amangu ago n'afuna okusindikirirwa kw'ememe. Yatandika okusika, era nali ndowooza nti, "iyii, musawo, oghenda kumuggyako omutwe!" Amangu ago nawulira *ekibuukayo*, era gwe mutwe gwa Nick. Yafulumira mu miranga, ng'agamba buli omu okuviira ddala ku ntandikwa nti, "Nze ndi mu buyinza, era mbannyigide mwenna."

Bwenamala okumusalako ekundi, omusawo yamuteeka ku minzaani, mutabani wange n'akasuka eri emikono, n'eweta omugongo, era katono yefule agwe eri. Omusawo yalekana, "katonda wange!" n'abuka naddayo mu kifo mwabadde. Ako ke k'ali akabonero akasooka okulaga nti tuli mu buzibu.

Okuva lwe yaweza omwaka gumu, yali tasobola kwebaka misana okuggyako nga mulwadde. Enjuba kasita yavangayo, nga naye azuukuka. Yalina amaanyi mangi okusinga omuntu yenna gwe nnali manyi. Era yali mumalirivu nti, "Nja kufuga n'okukola kye njagala, we njagalira." Bwatyo Katonda bwe yamukola. Ye mwana omumalirivu omutuufu.

*Okukuza abaana buweereza.* Si kyangu oba tekinyuma buli kiseera era kiyinza okukooyeza ddala. Ebiseera ebimu eby'okukola buli lunaku biyinza okuleetera omuzadde okuggwaamu amaanyi, naye okukuza abaana baffe kye kimu ku bintu ebisinga obukulu era ebituwa empeera mu bulamu bwaffe. Obuwulize bwaffe eri Mukama n'essadaka ze tukola bijja kufuulibwa emikisa.

*Okubeera omuweerezai* kitegeeza okussukuluma ku mbeera zaffe ez'obutonde—obunafu bwaffe, obusosoze n'okwerowoozaako, ne bye tusuubira—n'okukolera mu maanyi g'Omwoyoo Omutukuvu. Ng'oggyeeko omuzadde okugondera Kristo, kino tekisoboka.

okwekebera 2

Lowooza ku bibuuzo bino nga tonnagenda mu maaso. Saba Katonda akulage engeri gy'oyinza okwagalamu abaana bo. Weetegereze ebirowoozo byo wammanga.

- Tuyinza tutya okwagala abaana baffe abatatudiza kwagala buli kiseera?
- Tuyinza tutya okuziyiza enneeeyisa yaffe okukontana n'enneeyisa y'abaana baffe bwe ba tujjemera?
- Tuyinza tutya okwesiga enteekateeka ya Katonda etuukiridde mu kukyusibwa kwaffe bwaba nga akozesa ekikula ky'abaana baffe oba ensobi zabwe?

---



---



---



---



---



---

### Ensonga Lwaki Tulemwa Okwagala

Abazadde mwegendereze: Waliwo olutalo olugenda mu maaso. Katonda yatonda ekitongole ky'amaka era ayagala okukikozesa olw'ekitiibwa kye. N'olwekyo, Setaani atunulizza eby'okulwanyisa bye eri amaka okugazikiriza. Tuteekwa okutegeera eddwaniro, ekifo Setaani mw'ayagala okukomya okukyusibwa kw'abazadde n'okukuza abaana abatya Katonda. Tuyinza okulwooza mu bukyamu nti "bo" (abaana) be batulwanyisa "ffe" (abazadde) mu kifo ky'okubeera obulindaala ku bukodyo bw'omulabe waffe omutuufu.

Baibuli eyigiriza nti olutalo lwaffe lwa mwoyo, era omulabe waffe ye Setaani (Abaefeso 6:12), si baana baffe oba abagalawa baaffe mu bufumbo. Ka twetegereze ensonga nnya lwaki abazadde balemererwa okuwuliziganya obulungi:

1. Obutasonyiwa— Obutasonyiwa muntu atunyiizizza oba eyatukosa
2. Olutalo olw'omwoyo—Obutategeera nti ensibuko y'ebirowooza ebibi ebingi ye Setaani
3. Okuyigganyizibwa—Okwesaasira mu kifo ky'okulaba okugezesebwa (n'abaana baffe) ng'ekitundu ky'okukula kwaffe mu butuukirivu
4. Okwerowoozaako—Okwewala obuvunaanyizibwa nga tugana okubeera omuweereza (omuweereza wa Kristo) eri amaka gaffe

Nga Katonda bwe yatonda amateeka agafuga obutonde bwonna, gamba nga gravity – nga ge amaanyi agassula ffene oba agatakiriza kintu kwambbuka, Baibuli erimu amateeka ga Katonda ag'eby'omwoyo agategekeddwa okufuga abantu bonna, abakkiriza n'abatali bakkiriza. Tetukirowoozaako naye amaanyi gano gona gakola buli lunaku. Era amateeka ga Katonda ag'eby'omwoyo gatuukiridde era tegateesebwako ng'amateeka ge ag'ensi. Nga bwe tutegeera gravity era nga tetuyinza kubuuka okuva ku kizimbe ky'emyaliro kkumi, bwe tugoberera ennono z'eby'omwoyo, wabawo obukuumi mu kkubo ery'obutuukirivu, era tufuna emikisa gya Katonda nga tutuukiriza ebisuubizo bye.

## Obutasonyiwa

Wetusinga okulemererwa okwagala bwe butasonyiwa. Kino tukikola nga tutereka ebintu ebirumya oba ebitaliimu okuva mu biseera byaffe eby'emabega. *Obulumu* bye bintu ebibi abalala bye batukoze, era emiwatwa bye bintu abantu bye bataatukolera bye twali twetaaga. Omuwatwa guyinza okuba omuzadde atalaga kwagala kusaanira okuyitira mu bigambo eby'ekisa oba ebiseera bye bamala nga ali wamu n'abaana. Ebintu ng'ebyo biyinza okutuleetera obukawu oba okunyiiga.

### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Emiwatwa*—Ekintu ekibadde kirekeddwa ebweru.

*Obukaawu*—Ekintu ekinyiiza oba ekinyigiriza. Kye kikolo ekivaako ebibala ebikaawa, gamba ng'obusungu, obukyayi, okunyiiga, n'okuziba amaaso, era kikumira omuntu mu butalaba ndowooza ya Katonda mu mbeera.

Okutereka obusungu eri abazadde, eyali munno mu bufumbo, abaana, omwami wo oba mukyala wo, oba omuntu omulala yenna, kiremese okufuna enkyukakyuka mu mbala Katonda z'atwagaliza. Obukawu butussalayo ku kisa kya Katonda ekyetaagisa okutambula n'okukula mu by'omwoyo era ne kituleetera okwonoona abalala (Abebbulaniya 12:15).

Omwana alina ebyetaago ebimu eby'okukula mu birowoozo ne mu busimu ebiteekwa okulerebwa okuyitira mu buyinza obw'okwagala, n'okukangavvula okutuufu okw'oluberera. Singa ebyetaago bino tebikolebwako oba tebiweebwa, omuwatwa gu lekebwa wo mu mwana oyo. Kino kitera okubaawo olw'okuba abazadde tebategera buvunaanyizibwa bwabwe eri Katonda oba obukulu bw'obuvunaanyizibwa bwabwe ku lw'obulungi oba obubi. Abaana abasinga obungi tebasobola kumanya kiki ekibulawo, naye mu butonde bagezaako okukijjuza n'ekintu ekilala.

Obutabeera na kwagala kwa nnamaddala n'okukangavvulwa obulungi kiyinza okuleetera omwana okufuna ebizibu eby'amaanyi ebinyinza okumuviirako okweyisa obubi. Ng'oyita mu ma ssomo gano, ojja kufuna okulung'amizibwa okuva mu Baibuli, era singa ogagoberera, gajja kukuyamba okuba n'enkolagana ennungi n'omwana wo awamu n'obulamu obulungi gyali.

### SIMA EBUZIBA

Okwefako ffeka kitegeeza nti tetwesiga Katonda n'okusonyiwa abo abatulumya, era nga tuwolereza ebirowoozo, ebigambo oba ebikolwa ebitali bya bwa Katonda ebiva mu ffe. Katonda agamba nti tuteekwa okusonyiwa, naye emitima gyaffe gigamba nti balina okusasula.

Nnyonnyola ebivaamu Katonda by'aleeta.

Nga mutunuulira nnyo walemenga okuba omuntu yenna aweebuuka mu kisa kya katonda; ekikola kyonna ekyokukaawa kiremenga okukola nokubeeralikiriza, era ne kigwagwawaza abangi; [Abbaebulaniya 12:15].

Naye abo abayomba, n'abatagondera mazima, naye bagoberera obutali butuukirivu, Katonda alibasunguwalira, n'abakambuwalira. 9Walibaawo okubonyaabonyezebwa n'okulumizibwa, ku buli muntu akola ebibi, okusookera ku Muyudaaya era ne ku Muyonaani. (Abarumi 2:8–9)

---



---



---

Era mweerabidde ekigambo ekibulirira,ekyogera nammwe nga baana nti mwana wange, tonyoomanga kukungavvula kwa mukama, so todiriranga wabkunenyanga; kubanga mukama gwayagala amukangavula, era akubba buli mwana gwakiriza. [Abbaebulaniya 12:5-6]

---



---



---

Temulimbibwanga; katoonda tasekererwa: kubanga omuntu kyonna kyasiga era kyalikungula. [Abbagalatiya 6:7]

---



---



---

### **Etteeka ly'Omwoyo ery'Okusonyiwa**

Okusonyiwa ly'erimu ku mateeka ga Katonda ag'eby'omwoyo. Engeri omuzadde gy'asinga okulemererwamu okwagala omwana, oba okulaga okwagala, kwe kuba nga tasonyiwa. Emirundi mingi abazadde bakyabonaabona olw'ebizibu bye baayitamu nga bakyali bato. Baayisibwa mu ngeri etali ya kwagala, ey'obusungu era bayinza okuba nga bakyalina obusungu oba obulumi. Naye okusumululwa wekuli. 2 Abakkolinso 5:17 egamba, "N'olw'ekyo omuntu yenna bw'aba mu Kristo, aba kitonde kiggya; eby'edda nga biwedde; laba, nga bifuuse biggya." Tuweeredwa ekisuubizo kino eky'ekitalo nti bwe tumala okulokolebwa, obulamu bwaffe bufuuka bugya. Kino kitegeeza amaanyi amagya n'obusobozi obupya obw'obutuukirivu naye tekiteegeza mu ngeri yonna nti ensonga ez'emabega tezikyasaobola kutukosa. Okukula mu by'omwoyo mulimu, omutendera ogw'okussa mu nkola ennono za Baibuli era n'okwesigama ku mbala ya Kristo eri mu ffe okubeera amaanyi gaffe.

### **Okukola ku Bulumi Obw'Emabega**

Tukola ku bulumi mu ngeri ezitali zimu. Engeri ey'omubutonde ey'okwekuma kwe kunyigiriza n'okufiisa ebirowoozo ebikujjukiza obukosefu obw'emabega netweyisa nga ebitaliwo. Tugezaako okugoberera enjogera enkadde egamba nti, "Obudde buwonya ebiwundu byonna." Naye Baibuli etuyigiriza nti okusobola okuwonyezebwa, tuteekwa okusonyiwa abo abaatunyiiza, okwolekagana n'amazima, n'okuggya omusangao ku abalala. Bwe tutasonyiwa, omulandira gw'obusungu gutuula mu mitima gyaffe, ekitutawaanya n'okwonoona abo abatuli

ku lusegere, nga mw'otwalidde n'abaana baffe. Abazadde bwe baboggola, bwe basala emisango, bwe bogerera abaana, oba bwe batatukiriza kukangavvula, kiba kiraga nti balina ebizibu by'obutasonyiwa bazadde baabwe. Oba bwe baba bayisa abaana baabwe mu ngeri ey'obukambwe, kiyinza okuba nga kiva ku kutulugunyizibwa kwe bafuna.

Olw'okuba tuli mu nsi eyagwa, tuli boonoonyi abaakuzzibwa abazadde aboonoonyi. Abantu bangi abakulu mu mubiri gwa Kristo basitude obulumi n'emiwatwa mingi okuva mu maka omwaali okozesa ebiragalalagala, okuyisibwa obubi, okwawukana kw'abazzadde, okugaanibwa, okukabassanyizibwa, okulagajjalirwa, n'obutaba na kukangavvula kwa kwagala. Bangi bajja kuwa obujulizi nti ebizibu bye baafuna nga bakyali bato bye byabaleetera okunoonya Kristo.

Bwe tulumwa mu mutima, naddala okuva eri omuzadde alina obuyinza obungi ku ffe, kiyinza okutuleetera enneeyisa ez'enjawulo embi era ez'akabi, nokuyiga emize. Abantu bangi abakulu bagamba nti okuviira ddala mu myaka gy'obutiini baatandika okukozesa ebiragalalagala, omwenge, ebifaananyi eby'obuseegu, n'enkolagana embi naye nga bagezaako okwanjanga ebizibu. Abasinga baali tebamanyi nsonga lwaki baali bakikola oba kye kyavaako.

Abavubuka bangi ennaku zino bali mu buzibu olw'obutaba na kwagala, okuffibwako, n'okukuzibwa mu ngeri entuufu, ekivuddeko obuzibu n'okulumwa. Abamu bali mu gezaako okukitereeza nga bakozesa ebiragalalagala, ebifaananyi eby'obuseegu, enkolagana etali nnungi, obutayagala kulya, okulya enyo, okulya ekisukkiridde, okwerumya n'ebintu ebirala bingi ebirabika nga eddagala ely'obulimba Setaani by'awa. Emirundi mingi abawi b'amagezi bamalira ebirowoozo ku kutereeza enneeyisa embi n'ebyo bye basalawo mu kifo ky'okunonya okusonyiwa Katonda kwagaba okusobola okuggyawo obulumi. Kisoboka okufuuka Omukristaayo n'okwenenya olw'enneeyisa ezizikiriza, naye nga totegeera oba nga tokola ku nsibuko yabyo n'okukiriza n'okkiriza ekigo ekyo okusigala.

Bw'oba osibiddwa mu nteekateeka eno, nga tosobola kukula mu Kristo, ng'oddamu emize gya bazadde bo egy'ekibi n'obutayagala, weekenneenye obulamu bwo era osabe Mukama akuyambe okukola ku bulumi bwe wayitamu. Kino tekitegeeza kunenya muntu yenna olw'enneeyisa yaffe wabula okutegeera ensonga lwaki tusibiddwa mu kigo kino.

### **Eddagala Iya Bayibuli**

Ekirungi eddagala ery'omu Baibuli erirwanyisa obulumi obw'emabega oba ebitali bituufu mu bulamu bwaffe lisangibwa mu Kigambo kya Katonda. *Okusonyiwa* kitegeeza "okutta oba okusindika," ng'ekyo Kristo ky'akoze n'ebibi byaffe. - 2 Abakkolinso 5:21. Yasasula omutango okutununula okuva mu bibi byaffe ku musaalaba (Abaefeso 1:7). Katonda bw'asonyiwa, asuula "ebibi byaffe byonna mu buziba bw'ennyanya." - Mikka 7:19.

Obuvanjuba nebugwanjuba bwe biri ewala, bwatyo bwatutadde ewala ebyonono byaffe: (zabbuli 103:12)

Nze mwenne, nze nzuyo asangula ebyonono byo ku lwange nze; so sirijjukira bibi byo. (isaaya 43:25)

Katonda takyatubalirako bibi byaffe. Tabifumiitirizako kubanga asalawo obutabijjukira (Yeremiya Jeremiah 31:34). Katonda amanyi ebintu byonna. Teyeerabira, naye asalawo okusuula ebibi byaffe mu nnyanja—okusonyiwa okwa nnamaddala.

Bayibuli etulagira okusonyiwa abalala nga Katonda bw'atusonyiwa.

Nga muzibikirizangananga, era nga musonyiwangananga mwekka na mwekka, omuntu yenna bwabweeranga nensonga ku muntu munne; era nga mukama waffe bwe yabasonyiwa mmwe, era namwe bwemutyo (Abakolosaayi 3:13)

### **FAYIRO Y'AMAZIMA**

*Okwemulugunya— Okunonya ensobi, okunenya oba okukuma ensungu.*

Eky'Obutonde bwaffe obw'omuntu kwe kutereka obusungu oba "ebintu" ebibi bye tujjukira (okugezako okubyerabira oba okubibuusa amaaso) n'okuwolereza enneeyisa ya muzadde waffe: "Nkimanyi nti bali banjagala era baakola kyonna ekisoboka." "Kati naterera era saagala kusigala mu lusubo nga nkomyawo ebintu bino ebikadde." Naye okuyitira mu kusonyiwa, tusobola okusumululwa okuva mu ebyo ebyakolebwa oba ebitakolebwa. Omutindo gw'okusonyiwa kwaffe guli "nga Kristo bwe yabasonyiwa." Tulina okusalawo okusuula omusango mu nnyanja ey'okwerabira. Singa ebirowoozo eby'obukawu bikomawo, tugaana okubifumiitirizaako, wabula tubigoba nga nga ebyasonyibwa edda.

Ennono eno elambikidwa mu ssaala emanyiddwa nga "Essaala ya Mukama waffe" (Matayo 6:9-13). Olunyirir 12 lugamba, " Otusonyiwe amabanja gaffe, nga naffe bwe tusonyiwa abatwewolako." Tulina okusaba nti, "Mukama nsonyiwa ebibi byange, nga bwe nsonyiwa abo abansobya." Essaala eno etuwa ekyokulabirako nga tusinginkana Mukama waffe era ng'eri wakati mu njigiriza ya Yesu ey'okubuulira ku Lusozi (Matayo 5-7). Bwe tusaba Katonda olw'ekisa kye n'okusonyiwa ebibi byaffe, n'okutusaasira, waliwo akakwate akaliwo wakati waffe okufuna okusasira n'okusaasira abo abaatusobyako. Tuteekwa okuba abeetegefu okusonyiwa.

### **Okusalawo Okwonona**

Twonona mu ngeri bbiri:

1. Okwonona mu bikolwa—Twonona nga tukola ebikolwa olw'obuyinza bwaffe. Katonda agamba, "Nedda, ekyo tokikola," naye era ne tukikola. Ng'ekyokulabirako, Katonda agamba, "Tebbanga" (Abeefeso 4:28), naye ne tubba. Kino kikontana n'ekyo Ekigambo kya Katonda kye kyogera oba kye kiyigiriza.
2. Okwonona mu butakola—Twonona bwe tutakola Katonda ky'agamba nti kituufu. Atulagira okukola ekintu, era ne tusalawo obutakikola. Oba olw'obutamanya, tetukola ekyo Ekigambo kya Katonda kye kitulagira okukola. Ng'ekyokulabirako, Katonda agamba nti tusonyiwe, naye tugaana. Tuyisa abaana baffe okusenziira ku ebyo bye tulowooza nti bye bisinga obulungi oba bye tuwulira mu kiseera ekyo, nga tetukola Katonda by'ayagala.

Eri Omukristaayo, obutamanya kibi si kya kwekwasa, ka kibe kibi mu bikolwa oba ekibi eky'obutakola. Katonda atuwadde ekigambo kye tusobole okumanya katonda ky'ayagala

n'ekyo ky'atayagala. N'olwekyo, kikulu nnyo okubeera mu Kigambo kye, ng'onnywerera ku Kristo buli lunaku.

Naye watya singa tusalawo obutasonyiwa? Ennyiriri ezigoberera essaala ya Mukama waffe zigamba:

Kubanga bwe munasonyiwanga abantu ebyonono byabwe, kitammwe ali mu ggulu anaabasonyiwanga nammwe. Naye bwe mutaasonyiwanga bantu ebyonono byabwe, ne kitammwe taasonyiwanga nammwe. (Mattayo 6:14-15)

Omusingi guno omukulu ogw'Obukristaayo gutera okubusibwa amaaso. Nkusaba weetegereze ekigambo "bwe" ekitegeeza nti waliwo akakwakulizo ak'okusonyiyibwa, akazamu amanyi (olunyiriri 14) n'akalemesa (olunyiriri 15). Akakwakulizo akazamu amanyi kali nti, bwe tusalawo okusonyiwa abalala, Ajja kutusonyiwa. Ekyo kye kisuubizo. Abaruumi 4:7 egamba, "Baweereddwa omukisa abaggibwako ebyonono byabwe, Ebibi byabwe byabikibwako." Akwakulizo akalemesa kali nti bwe tusalawo obutasonyiwa, Katonda tajja kutusonyiwa. Kino nakyo kisuubizo, naye kitegeeza ki?

Nsaba otegeere nti kano si kakwakulizo ka bulokozi. Tekitegeeza nti: bw'osonyiwa omuntu omulala, Katonda ajja kukusonyiwa akulokole; Bw'otokikola, tajja kukikola. Yesu ayogera ku bakkiriza abajja gy'ali n'ga basaba okusonyiwa kw'ebibi byabwe. Bwe banaaba basazeewo obutagondera Katonda, kijja kubakosa mu nkolagana yaabwe ne Katonda, ku kisa kye, ne ku nneewulira yaabwe ey'okwesonyiwa. Naye bwe twenya era ne tumugondera, tuddamu okussa ekimu naye.

Bwetwatula ebibi byaffe, ye wa mazima era omutukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, nokutunazzako byonna ebitali bya butukirivu. [1 Yokaana 1:9]

Omutima ogutasonyiwa gutulemesa okussa ekimu ne Katonda n'abantu era gujja kuleeta okukangavvulwa. Ekyokulabirako ky'omuweereza atasonyiwa. Mu Matayo 18:21-35, kabaka yayita omuweereza okusasula ebbanja eddene ennyo nga kumpi tekisoboka. Omuweereza n'agwa mu maaso ga kabaka n'asaba okusaasirwa. Kabaka yamusaasira n'amusonyiwa ssente zonna. Awo omuddu oyo yomu n'afuluma n'asaba omuweereza gwe yali abanja amusasule. Omuweereza ono abanjibwa bwe yasaba okugumiikirizibwa, omuweereza eyali asonyidwa n'atwala gwe yali abanja mu kkomera. Kabaka bwe yawulira ebyo n'asunguwala nnyo olw'omusajja oyo ataasiima era ng'alina omutima omuzibu, n'amuwaayo eri abatulugunya olw'okukangavvulwa okutuusa lwe yali asobola okusasula byonna. Yesu yagamba nti: "Bw'atyo ne Kitange ali mu ggulu bw'alibakola mmwe, singa buli muntu tasonyiwa muganda we mu mutima gwe." Olunyiriri olwa 35. Katonda bw'asonyiwa ebibi byaffe mu Kristo, tusonyiyibwa ebbanja eritasobola kusasulwa, n'olwekyo tuteekwa okusonyiwa abalala oba okukangavvula kujja kugoberera.

## **Si nneewulira**

Enzikiriza ezimu ezikwata ku kusonyiwa tezirina musingi gwa Baibuli era zikwata nnyo ku nneewulira. Katonda bw'ayogera ku kusonyiwa, atulagira okusonyiwa si songa twewulira tutya. Enneewulira zi kyukakyuka era tezija kuleetera muntu kusonyiyibwa okwa namaddala. Ekituufu kiri nti, okugenda eri omuzadde n'omutegeeza nti Katonda akulaze ebomu ku

bukosefu n'emiwatwa okuva mu biseera by'omu buto bwo kiyinza okuba ekizibu ennyo. Omuntu bw'akukosa era n'otereka obukawu gyali, kiyinza okulabika ng'okujjaye n'okwogera ku kitali kirungi kiyinza okwonoona enkolagana gy'olina naye kati. Naye olina okukijjukira nti togenda na "kwemulugunya" wabula ng'olina omutima ogusonyiwa (ekirabo). Kiyinza okuba ekizibu, naye tulina okuba abawulize era nga twesiga Katonda.

Omuntu bwanajjanga gyendi natakyawa kitaawe ne nyinna ne mukazi we, nabaana be, ne baganda be, ne banyina, era nobulamu bwe ye, taayinzenga kuba muyigirizwa wange. Buli ataasitulenga musalaba gwe ye najja ennyuma wange, taayinzenga kuba muyigirizwa wange. (Lukka 14:26-27)

Ka tutegeere Yesu ky'agamba wano. Ekigambo *obukyayi* kitegeeza "okwagala ekitono." Ekiragiro kye kwe kwagala Yesu okusinga bonna. Ennyiriri zino zikwata ku mbeera nga zino. Mukama waffe bw'alaga nti twetaaga okusonyiwa omuntu, enkolagana yaffe ne Yesu egezesebwa. Bwe tuba nga twagala nnyo Yesu, olwo obusungu bwaffe, obukakanyavu, oba endowooza z'abantu ku ngeri gye biyinda okukwata ku muntu oyo kati tebija kutulemesa kugondera okwagala kwa Katonda okutununula. Nsonga y'akukkiriza.

Katonda tagamba nti oyo eyakusobya ajja kukkiriza ensobi ye, okutwala obuvunaanyizibwa, oba okusaba okusonyiyibwa ng'omaze okubatuukirira. Emirundi mingi abantu balowooza nti omumenyi w'amateeka ajja kukkiriza ensobi ze. Naye tebasobola kusuubirwa kubeera mu ndowooza y'emu. Bayinza okusigala nga bazibe b'amaaso oba nga bakakanyavu. Omumenyi w'amateeka ayinza okwagala okuwakanya, okugaana, oba okwewolereza. Yesu yekka y'asobola okuwonya n'okujjuzza ebifo ebyo, so si oyo eyakusobya. Ebigambo oba ebikolwa by'omumenyi w'amateeka tebireeta kuwona. Obuwulize bwoka eri engu Katonda olw'ekisa kye mw'oyinza okuwonyezebwa. Naye abantu abamu balokolebwa okuyitira mu nkola eno, era n'amaka gonna gayingira mu nteekateeka y'okutabagana.

Katonda agamba nti nga toffudeyo ku endowooza eya kukosa gy'alina gyoli, tutekwa butekwa okusonyiwa abalala. Abaruumi 12:18 wagamba nti: "Oba nga kiyinzika, ku luuyi lwammwe, mutabaganenga n'abantu bonna." Buvunaanyizibwa bwaffe okubeera abatabaganya, okubeera mu mirembe nga bwe tusobola. Osobola okutabagana mu bbaluwa, ku ssimu, ku email oba maaso ku maaso.

Kizibu okusonyiwa naye kizibu nyo *obutasonyiwa*. Okuba abeetegefu okusonyiwa abalala kiraga nti ddala twenyezza era Katonda atusonyiye. Omutima ogumenyese eri Katonda teguyinza kuba mukalubo eri abalala. Amalala, okutya, n'okwagala Katonda ekitono bye bintu ebituleetera obutasonyiwa balala. Okugaana okwenenya, okubanja ekikugwanira, n'okwewozaako kiraga nti amalala ag'okwerowoozaako gafuga obulamu bwo, so si Mukama. Bwe kiba nti okutya n'ebirowozo by'ebyo ebinyinza okubawo by'ebikufuga, saba okukkiriza okwesiga n'okugondera Katonda. Omuweereza at'asonyiwa okuva mu Matayo 18 alabula nti omutima ogutasonyiwa gujja kututeeka mu kkomera.

Laba Eky'ongerezedwako *E: Obwesige n'okusonyiwa* okumanya ebisingawo ku ngeri y'okusonyiwamu.



*Enteekateeka y'Okukola*

Kino bwe kiba nga kikukwata ko, wandiika enteekateeka yo n'obweyamo bwo okusonyiwa omuntu. Kakasa nti ogattako olunaku lw'ogenda okukikola, oluvannyuma okitukirize.

---

---

---

---

---

---

---

## Essomo 14: Olutalo Lwomwoyo

Ensonga endala emanyikidwa enyo kukulemerelwa okwagala abaana kwekuyiganyizibwa oba okukontana ne Setaani oba ejimu ne kumizimu gye.

Mwambalenga ebyokulwanyisa byonna ebya katonda, mulyoke muyinzenga okuyimirira enkwe za setaani. (Abaefeso 6:11).

Omulaabe abaddengawo okuva nga nobudde tebunaba. Yakema n'amaka agasooka (Adamu ne Kawa) okugwa mukibi, era nekikola (Oluberye 3:1-7). Entegeka ze tezikyukanga. Omulaabe annoonya engeri gyatulumbamu. Okuleeta okusanawo, nokwawukana mumaka. Ali mu bizinensi eyo kutekawo okulemerwa.

### SIMA EBUZIBA

Nyonyola kika kyi eky'olutalo lwetulwana mubyawandikibwa binno wamanga era tuyina kubikolera ki?

### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Enkwe—Methodia* (Luyonani). Okulaga obukuusa, obukalabakalaba, n'obulimba. Ekigambo ky'Olungereza "enkola" kiva mu kigambo kino eky'Oluyonaani. Ekigambo kino kyateranga okukozesebwa ku nsolo ey'omu nsiko ekwata mu ngeri ey'obukuusa n'oluvannyuma n'ekuba omuyiggo gwayo mu ngeri etasuubirwa. Enkwe za Sitaani z'etolorera ku bubbi n'obulimba.<sup>27</sup>

Kubanga tetumegana na musaayi na mubiri, wabula nabamaasaza, nabobuyinza, nabafuga ensi abomu kizikiza kino, nemyoyo egyobubi mu bifo ebya wagulu. Kale mutwalenga ebyokulwanyisa byonna ebya katonda, mulyoke muyizenga okuguma ku lunaku olubi, era bwe muli mala okukola byonna musobole okuyimilira. (Abaefeso 6:12-13)

### Eddwaniro

Beera bulindala nti oli mu maseekati g'olutalo. Ng'omutima gwo n'endowooza ly'edwaniro. Tuyina okupimapima buli kilowoozo ekija mundowooza zaffe ekikontana n'ekigambo kya Katonda.

Tusaanyaawo empaka na buli kintu ekigulumivu ekikulumbazibwa okulwana n'okutegeera kwa Katonda, era nga tujeemulula buli kirowoozo okugondera Kristo. [2 Abakkolinso 10:5]

### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Okujeemulula—Okuwamba* oba okufuga omusibe n'omutwala mu buwambe.

Mubigambo binno, okujjemulula kwe kukwata endowooza zaffe ezitali za bwa katonda oziretere okugodera Kristo ne Kigambo kye ekyitukuvu. Seetani atukyawaa, era akyawa abaana baffe, era ekintu kyatayagalila dala ye ffe okukyikirira obulungi Kristo eri abaana baffe.

Setaani ayagala tubeere bakawu nga tukambuwadde eri abaana baffe, tukoze obuyinza bwaffe obwatuwebwa Katonda kulwe kibi sitani kyayagala. Omuzzade omukristayo bwakirira obubi Katonda ewaka nalaga obutali bumativu eri abaana be asobola okufuka ekikozebwa okubasindika mumikono gya setani. Ekyenaku, aba Kristayo banji bakikola nga tebategede.

Tuyina okuzuula omutima gwa katonda netuffisa buli kintu kyonna ekitali kyikye. Kasita tufuka abakristayo, "tuyina endowooza ya kristo" (1 Abakkolinso 2:16). Tuyina omwoyo wa Katonda abeera mufu (abaruumi 8:9), atulunganyama okuyita mu Kigambo kya Katonda okubeera nga Kristo.

### **Okwekebera 1**

Lwaki kyamugaaso okubeera mu kigambo buli lunaku?

---

---

---

---

---

---

### **Ensibuko Zaffe Essatu**

Endowooza zaffe zifuna ebiwoozo okuva ku nsibuko sattu.

### **Ensibuko Esoka Yememe Yaffe, Oba Ffe.**

Binno bye biwoozo ebikwata ku byetaago byaffe, ennewulira, nebiteeso. Tumanyi nga endowooza zaffe ziva ku meme zaffe kubanga zifugibwa nebigamo nga, nze, nange. "Nze sagala kuba na nkolagana yonna namwaana ow'emputtu oba ow'omutima omukalubo," "njagala kuba nabudde bwange." Zinno zendowooza zaffe n'ennewulira Bayibuli ekilambika bulungi nti ebiwoozo byaffe birina okukyusibwa (Abaruumi 12:2), okuzzibwa obuggya (Abaefeso 4:23), era nga bikulemberwa Ekigambo kya Katonda, kubanga "kye kitegeera eky'ebiroozo n'ebigendererwa by'omutima" (Abaebbulaniya 4:12).

### **Ensibuko eyookubiri ye Mwoyo Mutukuvu.**

Ebiwoozo byaffe era bisobola okufuna ebiwoozo oba obubaka okuva eri Omwoyo Omutukuvu.

Naye ffe tetwaweebwa mwoyo gwa nsi, wabula omwoyo oguva eri Katonda, tulyoke tutegeerenga Katonda by'atuwa obuwa. (1 Abaekkolinso 2:12)

Nga tutambulira mu nkolagana ey'olubeerera ne Kristo, ajjuza emitima gyaffe amazima g'Ekigambo kye. Nga tufumiitiriza ku butuukirivu bwe, ebiwoozo byaffe biba biggule eri Omwoyo Omutukuvu era ne tuwulira ebigambo eby'okulunganyama, ebituzzaamu amaanyi, eby'amagezi, n'okuyigiriza. Tusobola okumanya nga tufunye ekiwoozo okuva eri Omwoyo Omutukuvu kubanga kya byawandiikibwa, kya mazima, kizimba, kitusikiriza eri Mukama, era

tekikontana na Kigambo kye. Nga kibudaabuda okumanya nti, ng'abaana ba Katonda, tetulekeddwa ku kutegeera kwaffe! Katonda ayagala okwogera naffe era ajja kwogera naffe ng'ayita mu kigambo kye era ng'ayita mu buweereza bw'Omwoyo Omutukuvu.

### **Ensibuko Ey'okusatu Ze Zi Dayimooni.**

N'ekisembayo, ebirowoozo byaffe bifuna ebirowoozo okuva mu badayimooni. N'abakkiriza abaagala Mukama waffe Yesu basobola okufuna okunyigirizibwa okw'omwoyo, nga balina ebirowoozo by'emisambwa ebitomera ebirowoozo byabwe. Peetero kyakulabirako ekituukiridde.

Awo Peetero n'atwala Yesu ku bbali, n'atanula okumunenya, ng'agamba nti, "Nedda, Mukama wange! Ekyo tekirikubaako n'akatono." 23Yesu n'akyuka, n'agamba Peetero nti, "Dda emabega wange, Setaani! Oli nkonge gye ndi; kubanga tolowooza bya Katonda, wabula eby'abantu." [Mattayo 16:23-24].

Weetegereze nti Yesu yanenya Peetero olw'okuba yali "talowooza ku bintu bya Katonda." Peetero yali ayagala okulemesa Yesu okugenda ku musaalaba, naye Yesu yakitegeera nti ebirowoozo bino byasibuka mu Sitaani era nga byetaaga okukolebwako mu bwangu.

Tukimanyi nti ekirowoozo kirina ensibuko ya dayimooni bwe kigwa mu kimu ku biti bino wammanga: obulimba, okuvumirira oba okukemebwa. Saba Katonda akubikkulire oba waliwo ekimu ku biti bino ekikosa obulamu bwo obw'ebirowoozo kati.

### **Okwekebera 2**

Saba Katonda ayogere n'omutima gwo ku mazima gano.

Setaani, ... so teyanywerera mu mazima, kubanga amazima tegaali mu ye. Bw'ayogera obulimba, ayogera ekiva mu bibye; kubanga ye mulimba era kitaawe w'obulimba. [Yokana 8:44]

Kiki ekikubikkulidwa ku bulimba?

---



---



---

N'ogusota ogunene ne gusuulibwa, omusota ogw'edda, oguyitibwa Omulyolyomi era Setaani, omulimba w'ensi zonna; ne gusuulibwa ku nsi, ne bamalayika baagwo ne basuulibwa nagwo. 10Ne mpulira eddoozi ddene mu ggulu, nga lyogera nti, "Kaakano obulokozi n'amaanyi n'obwakabaka bwa Katonda waffe, n'obuyinza bwa Kristo we buzze: kubanga aloopa baganda baffe, eri Katonda waffe emisana n'ekiro asuuliddwa wansi. (Okubikkulirwa 12:9, 10).

Kiki ekikubikkulidwa ku kulyolyoma oba okulumiriza?

Omukemi n'ajja n'amugamba nti, "Oba oli Mwana wa Katonda, gamba amayinja gano gafuuke emmere." (Mattayo 4:3)

Kiki ekikubikkulidwa ku kukemebwa okwonoona?

---

---

---

### **Ebirowoozo byaffe**

Bwe tukemebwa n'ebirowooze eby'obulimba (okugeraageranya n'amazima ga Baibuli), omusango, oba okuyitibwa okukola ekibi eri Katonda n'abalala, buba bukakafu nti twesanze mu ntalo ez'omwoyo. Tetusobola kwewala busaale bwa muliro obw'Omubi (Abaefeso 6:16). Kyokka, tusobola okufuga bye tukola n'ebirowooze ebyo. Katonda agamba nti tulina okutwala buli kirowooze ekijja mu birowooze byaffe ne tupima endowooza eyo ku kigambo kya Katonda. Singa ekirowooze kisangibwa nga tekisanidde, Katonda agamba nti tulina okukirongoosa okuva mu birowooze byaffe mu bwangu.

"Okuleeta buli ndowooza mu buwambe" mpisa eteekwa okukolebwa buli kiseera. Ekibi kilwoozebwa mu birowooze byo nga tonnaba kukola ku kukemebwa. N'olwekyo olina okwegezaamu mu mpiisa enno bw'oba ogoberera obutukuvu. Katonda atuwa olukalala lw'okukebera olutongole mu Byawandiikibwa:

Eky'enkomerero, ab'oluganda, oba nga waliwo eby'amazima byonna, ebisaanira ekitiibwa byonna, eby'obutuukirivu byonna, ebirongoofu byonna, ebyagalibwa byonna, ebisiimibwa byonna; oba nga waliwo obulungi, era oba nga waliwo ettendo, ebyo mubirowoozenga. (Abafiripi 4:8)

Bwe tuba nga tetumanyi lutalo luno era oba nga tetwenyigidde mu ddulwana n'obunyiikivu, gujja kuba mukisa gwa Mulabe okujja okulwanyisa amaka gaffe. JJukira kino: Omulabe bulijjo akola olukwe, nga anoonya engeri gy'ayinza okutulemesa ng'abazadde.

Embooji eno wammanga eraga amazima gano. Nga bw'osoma, ssaako akabonero aka langi, oba ssaako omusitale wansi w'ebirowooze eby'obutatya Katonda okulaba Omulabe bw'akola. Tusomye enjawulo eriwo wakati w'okusikuka olw'embeera n'okwanukulira mu gwagala. Okwanukula kyetaagisa okulowooza (sooka olowooze), okwefuga (okuweta okusalawo kwaffe eri Omwoyo Omutukuvu), obudde, era tekufigibwa nneewulira oba obusimu. Era weetegereze okusikuka oba okwanukula bwe bibaawo.

Emyaka egiyise, nnagenda okunona Nick okuva mu kibiina ky'abavubuka ekya siniya ey'okubiri kye yali agendamu. Natuukayo nga bukyali era nga nnindirira mu ppaaking y'ekkanisa, mukwano gwange gwetuludde naye n'atuuka okunona omwana we. Bwe yandaba n'abuuka mu mmotoka ye n'adduka n'ajja ku ddirisa lyange.

"Owaye, Craig, wawulidde ekyabadewo? Ekibinja ky'abaana omuli ne mutabani wo n'owange, bavudde mu kibinja ky'abavubuka ekiro kino era bakiridde mu maka g'amuwala omu nga bazannya basketball. Nkubulire, omwana wange bw'anaatuuka wano, ddala ajja kigwako!"

Bwe namubuuza engeri gye yafunamu amawulire gano, yannyonnyola nti mukwano gwa mukyala we abeera okumpi n'ennyumba abaana mwe baali bazannyira basketball, yalaba mutabani we n'akubira mukyala we essimu.

"Oyinza okukkiriza abaana baffe?" bwe yagamba. "Ndi musumba wa bantu mu kkanisa yange. Oyinza okukkiriza engeri kino gye kinswaza? Ekkkanisa yonna ejja kumanya! Kino agenda kusasulira Ddala!"

Omusajja ono nnali mmubuulirira emyaka egiyise ne mmukulemba eri Mukama. Omusajja ono bwe yagenda okudda mu mmotoka ye, ebirowoozo bino byanzigya ku mutwe: Ehh, Ndi musumba. Omusajja ono andowolezaki kati? Siyinza kukkiriza nti Nick yandikoze kino. Ate erinnya lyange? Alowooza nti asobola okuwona okwekweka? Alowooza sijja kukizuula? Kino bwe kiti bwe kiri! Bw'anaatuuka wano, ajja kukitegeera!

Sitaani yali akuba bbomu mu birowoozo byange n'okusala omusango, okuwayiriza, n'okukemebwa okwesalira omusango, ekibi. Nnali simanyi mazima ku mbeera eyo, okujjako olugambo okuva ewa taata omunyivvu. Nga sinnamanya, nnali nzikiriziganya n'ebyo Sitaani bye yali alumiriza omwana wange, era nnakemebwa okukkangavvula omwana wange nga mulabye. Okweraliikirira kwange okw'amalala ku ggaayi ono kye yali andowoozaako kwali kunyongera obusungu. Obutonde bwange obw'omubiri bwalina akaseera akalungi! Embeera eno ye yeyasinga okubyonona, era Sitaani yali agezaako okugikozesa. Sitaani yali anteeze. Yawanika eddobo mu maaso gange, ne ndikwata, era nga ampalurirako.

Katonda yebazibwe olw'ekisa kye n'okusaasira kwe. Omwoyo Omutukuvu yaleeta okujjukira obuvubuka bwange bwennyini: "Craig, ebibinja by'ekkanisa bimeka bye wagobwamu ng'okiyali mwana muto? Bintu ki bye wali okola ng'olina emyaka kkumi n'esatu? Bwe wali mu myaka gya Nick, wagendako n'okugenda gwe mu kibiina ky'abavubuka?"

Natwala akaseera ne nsaba amaanyi n'amagezi okusobola okukola ku mbeera eno mu butuufu.

Nick yamala n'atuuka okutuuka ku mmotoka ng'ambuuzza oba nsobola okutwalako mukwano gwe ewabwe. Nakkiriza, nga mmanyi nti sisaanidde kumuyombesa mu maaso g'omwana omulala.

Mu sikonda ntono, Nick yang'amba nti, "Owaye, Taata, nnina okukubuulira ekibaddewo ekiro kino. Tetwagenze mu kukungana kwa bavubuka kubanga baali balina omukolo gw'okutikkirwa,

era omukulembeze n'agamba nti tetulina kugendayo bwe tuba tetwagala, naye nga twetaaga okukubira bazadde baffe. Omu ku baana abo abeera kumulirano n'abuuzwa oba twagala okuzannya basketball ewabwe, bwe tutyo ne tukikola."

Neyissa nga kasiru, nga nninga atamanyi kibaddewo, olwo ne mmuddamu nti, "Omanyi Nick, kino tekibangawoko. Omulundi oguddako bw'osalawo obutabeera w'oteekeddwa okubeera, twagala otukubire essimu. Leka nze ne maama wo tusaleewo ku ekyo. Tolina buyinza kusalawo ebyo n'okutuusa kati."

Teyampa nsonga yonna wabula n'akkiriza nti omulundi oguddako ajja kukuba essimu. Ekyo kye kyali. Byali biwedde. Yayiga okukuba esimu omulundi oguddako, era nafuna obuwanguzi obulala mu kujemulula ebirowoozo byange eri Kristo.

Enkeera, omu ku bamaama b'abaana okuva mu kibiina ky'abavubuka yakubira mukyala wange essimu. Agamba nti muwala we y'omu ku baana mu kibinja kino ekyavaawo okugenda okuzannya basketball. Muwala we yamugamba nti bwe baali batambula okudda mu kkanisa, baatandika okuteesa bokka na bokka engeri gye baali bagenda okulimba bazadde baabwe. Yannonyola Nick bye yabagamba nti, "Temulimba namwe. Nga lwaki mulimba? Mwogere amazima. Kubanga era bazadde baffe bajja kukizuula mu ngeri yonna!"

Nteberezamu ekyandibaddewo singa nnaleka Sitaani n'afuna obuwanguzi, ne nkwata omwana wange mu busungu, era ne mmuswaza mu maaso ga mikwano gye. Nnandiwulidde ntya oluvannyuma lw'okuyiga engeri mutabani wange gye yakubirizaamu abaana abalala okwogera amazima? Eno y'engeri gye kikola. Sitaani ayagala nnyo okuyingira wakati w'enkolagana yaffe eya buli lunaku, ng'asuula obusale bwe obwo busagwa obw'obulimba, okusala omusango, n'okukembwa okwawula amaka gaffe. Abazadde, bwe tutaba bawulize kuleeta birowoozo byaffe mu buwambe, tusobola okuggulawo oluggi olw'okunyigirizibwa kwa Sitaani.

### **Okwekebera 3**

Fumiitiriza ku by'oyize ku ngeri Sitaani gy'alumbamu ebirowoozo byaffe. Biki ebimu ku bulimba oba obusaale obw'omuliro Omulabe bw'alassa ku bikwata ku baana bo?

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

## Essomo 15: Okuyigganyizibwa n'Okwerowoozaako

Era tulemererwa okwagala abaana baffe olw'okuyigganyizibwa n'okwerowoozaako.

### Okuyigganyizibwa

Ensonga eyokusatu etera okutuleetera okulemererwa okwagala abaana baffe kwe kuyigganyizibwa oba okuwakanyizibwa. Ebyawandiikibwa bitubuulira engeri y'okwanukula okuziyizibwa:

“Mwawulira bwe baagambibwa nti, 'Oyagalanga munno, okyawanga omulabe wo;' naye nange mbagamba mmwe nti Mwagalenga abalabe bammwe, musabirenga ababayigganya; mulyoke mubeerenga abaana bakitammwe ali mu ggulu; kubanga enjuba ye agyakiza ababi n'abalungi, era atonyeseza enkuba abatuukirivu n'abatali batuukirivu. (Mattayo 5:43–45)

Okwagala, okuwa emikisa, okukola ebirungi, n'okusabira abalabe baffe bikwatagana bitya n'okukuza abaana? Nga bw'ogenda okulaba, enno ezateekebwawo mu lunyiriri luno zisinga kukwate ku ndowooza gye tulina ku baana baffe.

Oluusi kirabika nga abaana baffe be balabe. Tuwulira nga abagenderera okutunyiiza, naye ne bwe baba nga bali bwe batyo, Katonda atubuulira engeri y'okubanukula. Engero zikkiriza nti abaana basobola okutukosa obubi, n'olwekyo tusaanidde okusuubira okuba n'okuziyizibwa ebiseera ebimu, ekiwulikikanga ng'okuyigganyizibwa, nga tukuza abaana baffe.

### FAYIRO Y'AMAZIMA

*Okuyinganya*—Okugoberera mu ngeri ey'okulumya, okunakuwaza oba okubonyaabonya; okunyigiriza; okutandika n'obukambwe; okuleeta okubonaabona.

Omwana ow'amagezi asanyusa kitaawe:

Naye omwana omusirusiru anakuwaza nnyina. (Engero 10:1)

Omwana omusiru anakuwaza kitaawe,

Era aleetera nnyina obulumu. (Engero 17:25)

Azaala omusiru yeereetera obuyinike;

Era kitaawe w'omusiru talina ssanyu. (Engero 17:21)

Kya butonde omwana omuto okukola eby'obusirusiru;

Naye okubonerezebwa, kubimugyamu. (Engero 22:15)

Ennewulira enno ey'okuyigganyizibwa ejja ng'abaana baffe batusoomooza, nga bagaana okwanukula okuterezebwa n'okutendekebwa kwaffe, okujeemera obuyinza bwaffe, oba okuziyiza okwagala kwaffe. Batera okweyisa ng'abalabe ne batuyisa nga abalabe baabwe. Mu butonde, abazadde abasinga obungi kino bakitwala nga abana abagenderede okubakosa era



abazadde bayinza okuggwaamu amaanyi oba n'okukakanyaza emitima gyabwe. Mu kifo ky'okuddamu mu kwagala, abazadde basobola okwanukula mu bubu, era okwagala kubulira mu nneewulira n'endowooza embi.

### **Entegeea ey'okukola 1**

Katonda atuwa engeri y'okuvvuunuka ebikolwa bino eby'ekibi nga tugoberera ennono eziri mu Matayo 5:43–45. Buli kimu ku biragiro bino kiragiro ky'olina okukola—era okweyongera okukola. Abalabe Si be bantu be wandiyagadde okubeera nabo, naye oluusi kikwata ku baana baffe. Wandiiika obweyamo bwo obw'obuntu okukola buli kimu okiri mu lunyiriri 44 bwe kikwata ku baana bo.

### **"Yagala abalabe bo."**

*Okwagala* wano kwa agape (Oluyonaani), era nga bwe kyannyonnyoddwa emabegako omukwano ogw'ekika kino okusinga gwa kusalawo mu kifo ky'enneewulira. Mu butuufu tewali muntu yenna "awulira" ng'ayagala okwagala omulabe. Omuwandiisi omu agamba nti, "Si kye kimu n'okwagala okw'obutonde kubanga si kya butonde okwagala abo abakukyawa era abakutuusaako obulabe. Kye kisa ekisukkulumye ku butonde era kisobola kwelesebwa abo bokka abalina obulamu obw'obwakatonda." Kino kiyinza okujja okuyita mu musingi gwo omunywevu ogw'okubeera mu Kristo.

---

---

---

---

---

---

---

### **"Abakukolimira Bawe Omukisa."**

*Okuwa omukisa* ye ndowooza y'okugaba ekirabo, era kirabo ki ekiyinza okusinga okwagala? Okukolima kwe kukozeza ebigambo ebiruma. Tetusobola kuleka bigambo kutuleetera kukola n'okuddamu mu busungu, naye tulina okuddamu mu kwagala. (Ebikozesebwa mu kukangavvula okw'okwagala biweereddwa mu mizingo 3 ne 4.)

---

---

---

---

---

---

---

**"Kola Ebirungi Eri Abo Abakukyawa."**

Wayinza okubaawo ekiseera omwana wo lw'agamba nti akukyaye oba n'assaako ffeesi ey'okujeemera ng'omukangavvula oba ng'omuganyi ekintu ky'ayagala okukola. Naye tolina kuvuma. Noonya era osabe engeri gy'oyinza "okukolamu ebirungi." Okuddamu mu kwagala kiyinza okukutwalira akaseera katono, naye kiraga nti olina okwefuga era nti weewaddeyo okugulumiza Katonda.

---



---



---



---



---



---

**"Musabire abo abakukozesa obubi n'okubayigganya."**

Ekigambo *Mu bubu* kirina amakulu g'okukozesa obubi, okuvuma oba okulumiriza mu bukyamu. Tekitwala bbanga ddene mu kukuza abaana okulaba ng'oludda luno olw'ekizikiza luvaayo mu baana baffe. Yesu awa ekiragiro okusaba kubanga emirundi mingi kye kintu kye tusembayo okukola.

---



---



---



---



---



---

**Ensonga Ssatu Lwaki Tulina Okusaba**

1. Okusaba kitegeeza nti osaba Katonda aleete enkyukakyuka gy'oli n'abaana bo, nti yandibazibudde amaaso n'okubawa amaanyi okubeera abawulize.
2. Okusaba kitegeeza nti weesigamye ku Katonda so si maanyi go n'amagezi go, wabula oba osaba amagezi ge mu mbeera (Yakobo 1:5–8).
3. Okusaba kukyusa omutima gwo. Engeri esinga okukyusa endowooza yo ku kwagala kwa *agape* kwe kuleeta omwana mu maaso ga Mukama mu kusaba. Era olw'okuba kiragiro okusaba n'okusigala ng'osaba, Katonda agonza mpola omutima gwo n'otandika okubaagala nga ye.

Twala akaseera osabe:

*Mukama omwagalwa, nkwebaza nnyo olw'abaana b'ompadde. Nkimanyi nti Ggwe wabatonda, era birabo ebiva gy'oli. Nkusaba onnyambe okumanya engeri y'okubaagalamu nga bwo bayagala ne bwe mba nga sikiwulira. Mukama,*

*nneetaaga amaanyi go n'amagezi go okwanukulira mu kwagala kwa 1 Abakkolinso eri buli kuziyiza abaana bange kwe banaaleeta. Nnyamba okumanya engeri y'okubawa omukisa n'okubakolera ebirungi. Kyuusa omutima gwange. Era, Mukama, mpa omutima okusabira abaana bange buli lunaku ne buli ddakiika. Nsaba okyuse abaana bange okuva munda okudda ebweru, babeere n'omutima ogw'okwagala okubeera abawulize eri Ekigambo kyo, era nga bwe mbalaga ebya wandikibwa, bakwanirize mu bulamu bwabwe. Mu linnya lya Yesu nsaba. Amiina.*

Ng'omuzadde era omuweereza, eno y'engeri Katonda gy'ayagala twanukule abaana baffe.

Kubanga bwe mukola obubi ne mukubibwa empi, bwe muligumiikiriza, ttendo ki? Naye bwe mukola obulungi ne mubonyaabonyezebwa, bwe muligumiikiriza, ekyo kye kisiimibwa eri Katonda. 21Kubanga ekyo kye mwayitirwa, kubanga era Kristo yabonyaabonyezebwa ku lwammwe, ng'abalekera ekyokulabirako, mulyoke mutambulirenga mu bigere bye. (1 Peetero 2:20–21)

Katonda agamba nti tulina omukisa bwe tuyigganyizibwa ku lwa Kristo oba olw'okugondera Kristo. Tuli bawanika Katonda be yesiga na tukwaasa okutwala obubaka bwe n'okuteekateeka eri abaana baffe mu kigambo ne mu bikolwa (ebikolwa byaffe). Okukuza abaana kuyinza okuzingiramu okubonaabona. Ebiseera ebimu kiba kizibu, naye ekigambo kitugamba nti: "Kubanga Katonda bw'aba ayagala, kirungi okubonaabona olw'okukola ebirungi okusinga kulwe ekibi" (1 Peetero 3:17). Katonda ajja kutuwa omukisa nga tusigala nga tuli banywevu era nga tuli beesigwa okumugondera. Tuli bawanika, Katonda yatukwasa okutwala obubaka bwe eri abaana baffe.

Pawulo atuwa ebigambo ebituzzaamu amaanyi okusobola obutessako ssira, wabula essira tulisse ku kusanyusa Katonda.

#### **FAYILO Y'AMAZIMA**

*Omuwanika—Omulabirizi; omukulu; oyo akola ng'omukuumi, omuddukanya oba kalabalaba.*

naye nga bwe twasaanyizibwa Katonda okuteresebwa enjiri, bwe twogera bwe tutyo, si ng'abaagala okusiimibwa abantu, wabula Katonda akema emitima gyaffe. (1 Abasesolonika 2:4)

Ng'abawanika ba Katonda ku maka gaffe, tulina okwekenneenya emitima gyaffe n'ebigendererwa byaffe buli lunaku, ng'okusanyusa Mukama kye kigendererwa kyaffe ekikulu. Ekigendererwa kyaffe tekisaanye kuba kutuuka ku buwanguzi mu kubeera abazadde abalungi oba wadde okukuza abaana abalungi wabula okusanyusa Katonda. Nga bw'akebera emitima gyaffe, Katonda mwesigwa okutubikkulira by'alaba.

## Okweloowozaako

N'ekisembayo, ensonga eyokuna lwaki tintera okutulemererwa okwagala kwe kwefaako Ffekka. Nate, 1 Abakkolinso 13:5 etugamba nti okwagala "tekunoonya Byakwo." Naye olw'okuba tuli boonoonyi, mu butonde twefaako ffekka era twagalira ku bukwakkulizo

Tetumanyi ngeri gye twefaako ffekka era nti tulina obukwakkulizo mu kwagala okutuusa ng'abaana baffe bakomyewo awaka okuva mu ddwaaliro ne tutandika okubakuza. Bwe batatuukiriza bye tusuubira, tukola ki? "Ekyo kimala; ossuse w'olina okukoma, munywanyi." Ne tukyankalana.

Naye Katonda atugamba nti tetulina kuteeka ebisuubirwa eby'okwefaako ku baana baffe. Wadde ng'abaana baffe tebaagala kuwuliriza, era tebaagala kutendekebwa, twetaaga okubatendeka n'obwesigwa nga obusungu bwaffe n'okwefaako ffekka tebitulagira ngeri gye tubaddamu. Oba olyaawo omwana wo eyasooka yali mwana wa kitalo, mwangu, era asanyusa. Olwo addako n'okkiriza nti *sitaani awede emirimu*, era n'omala ebiseera bingi nnyo ng'ogeraageranya ababibiri. "Lwaki tosobola kumala gabeera nga mwannyoko?" Jjukira nti omu taja kuba nga munne. Tetusobola kuteeka bintu bya kwefaako ku baana baffe.

Ebyawandiikibwa bigamba nti Katonda atugezesa. Yeekenneenya emitima gyaffe n'atulaga engeri gye tulina obukwakkulizo n'okwefaako ffekka. Essira tulina okuba nga tulitadde ku kusanyusa Katonda. Ekigezo kijja nga tulina okusalawo okwefiiriza oba okugaziya okwagala. Okwagala abalala (abaana baffe) y'ensonga enkulu mu kugondera Ekigambo kya Katonda.

Kubanga amateeka gonna gatuukirira mu kigambo kimu, mu kino nti,  
"Oyagalanga muntu munno nga bwe weeyagala wekka." (Abagalatiya 5:14)

Temubeeranga na bbanja lyonna eri omuntu yenna, wabula okwagalananga;  
kubanga ayagala muntu munne, ng'atuukirizza amateeka. (Abarumi 13:8)

Kino okusobola okubaawo, omuntu yennyini alina okugondera Kristo, y'ensonga lwaki yagamba nti, "Omuntu bw'ayagala okungoberera, yeefiirize yekka, yeetikkenga omusalaba gwe buli lunaku, angoberere." (Lukka 9: 23). Okweffiriza n'okwetikkanga omusaalaba gw'omuntu kitegeeza okutta ebisuubirwa byaffe eby'okwefaako n'amakubo gaffe olw'amakubo ge—okubeera abalamu ku lwa Kristo. Tukyusibwa nga tuyita mu mutendera gw'okulongoosebwa nga bwe tukuza abaana baffe.

## Okuggyawo Ebucaffu

Okwefaako kulongoosebwa mu ffe ng'ekyuma bwe kirongoosebwa. Ekyuma okusobola okulongoosebwa, kiteekwa okuteekebwa mu bibya ebinene ennyo nga birimu ebbugumu lingi. Ekyuma ekiri munda bwe kifuka ekimyufu, ebintu ebiddugavu ebya buli ngeri, ebityibwa dross [obucafu], bitandika okudda kungulu. *Dross* bwe bucaafu obuli munda mu kyuma, oluvannyuma ne busenebwa kungulu okukifuula ekirongoofu.

Kino Katonda yakikola bulungi n'abantu be Isirayiri. Weetegereze nti ekiva mu kulongoosa kiba kirungi; kituwa obusobozi okuwaayo obutuukirivu eri Mukama.

Era ndikuteekako omukono gwange,  
ne nnongooseza ddala amasengere go gonna,  
nkufuule ekintu ekirungi. (Isaaya 1:25)

Alituula ng'oyo alongoosa effeeza n'agimalamu amasengere, era alirongoosa batabani ba Leevi, era alibasengejja ng'ezaabu n'effeeza; okutuusa lwe baliwaayo eri Mukama ebiweebwayo mu butuukirivu. (Malakki 3:3)

Katonda atukola ekintu kye kimu. Aleeta embeera mu bulamu bwaffe "ezitubugumya," era oteebereza kiki ekidda ku ngulu? Obucaafu bwaffe. Singa tulemererwa okujjukira nti Katonda atukyusa (Abaruumi 12:2) era n'akozesa abaana baffe okulaga embeera y'omutima gwaffe ey'okwefaako ffekka, olwo tujja kunenya ebikolwa byaffe eby'ekibi ku baana baffe. Katonda ayagala tutegeere era tukwate amazima gano era tukole ku kasasiro mu ngeri entuufu. Katonda ayagala okukolagana n'omutima gwo kubanga "omutima mulimba okusinga byonna, era mubi nnyo; ani ayinza okukimanya? Nze Mukama nneekenneenya omutima, ngezesa ebirowoozo" (Yeremiya 17:9–10). Katonda ayagala okutukyusa okuva munda tusobole okukikozesa ebweru n'okumwolesa.

Katonda yali amanyi buli nsobi gye twandikoze ng'atulonze ng'abazadde. Kirungi okumanya nti tagenda kwetondera baana baffe olw'okutulonda. Kikulu nnyo buli lwe tulemererwa ng'abazadde, bwe tunyiiga ne tweyisa mu mubiri, tutwale obuvunaanyizibwa obujjuvu. Tulina okugenda eri Mukama ne tugamba nti, "Katonda, nsonyiwa. Mbyonononye." Era oluvannyuma gamba omulenzi oyo oba omuwala oyo nti, "Mukwano gwange, kye wakola kyali kikyamu, naye engeri gye nnakukwatamu nayo yali nkyamu. Nsaba onsonyiwe." Tukyabakangavvula, naye tutwala obuvunaanyizibwa obw'okukikirira Yesu mu bukyamu era nabo tubasaba okutusonyiwa

Ekyo mukwano gwange, kwe kweyisa mu ngeri ey'okwagala. Bw'ebutyo obuccafu bwe bugyibwawo ne tukyusibwa. Ebintu ebyo ebibiri bwe tutabikola, kiba ng'okukwata ekijiiko ekinene ne tusika obucafufu ne buddamu okutuyingiramu, nga kikakasiddwa nti bujja kuddamu okuvaayo.

Mutabani wange Nicholas Katonda yamutuma okumbikkulira nga bwe nnali omuntu omubi, eyeefaako yekka era omunyiivu. Kyaali kyamagero ekisinga obunene gyendi bwe nnasobola okutunuuliranga Nick, bwe yalinga akoza ensobi oba bwe yasomoozanga obuyinza bwange, ne mugamba mu bukkakkamu nti, "ekyo kikyamu," awatali nneewulira mbi yonna. Nga sirekanye wadde okwagala okumuggyako omutwe. Mukama atenderezewe! Yali yeeyolesezza nti mutuufu. Nnali nkisabidde. Lumu bwe natandika okutwala obuvunaanyizibwa ku kulemererwa kwange, nnalaba enkyukakyuka ya Katonda mu nze. Nalina okuyiga obutateeka bisuubirwa byange eby'okwefaako ebitali bituufu ku Nick, okukkiriza engeri Katonda gye yali amukozesaamu okubikkula ekibi kyange, n'okugondera Katonda okunkangavvula ng'ansaba okusonyiyibwa.

Mutabani wange yalaba taata we ng'akyuka mu maaso ge ddala. Yee, kino kyatwala ekiseera okubaawo. Tekyabaawo kiro kimu. Leero, Nicholas alina okukkiriza okw'amaanyi n'okutya Katonda okulungi kubanga, okutwaliza awamu, yalaba enkyukakyuka ya kitaawe. Kino kye kimu ku byokulabirako ebikulu eby'obuyigirizwa bye tuyinza okuwa abaana baffe.

Katonda atulongoosa. Atubugumya n'abikkula embeera zaffe embi, ez'okwefaako. Tetusobola kudduka nkola eno. Tulina okukikwatira ddala n'okutwala obuvunaanyizibwa, enkyukakyuka yaffe okubeerawo.

### **Okwekebera**

Nnyonnyola ebimu ku "biseera eby'ebbugumu" n'abaana bo ne bye bakubikkulira ku bulamu bwo. Oluvannyuma bitwale eri Mukama mu kusaba.

---

---

---

---

---

---

---

Bw'oba ofunye ekifo w'oyinza okulongoosaamu ng'oyiga engeri y'okwagala obulungi abaana bo, ekintu ky'osooka okukola kiteekwa okuba nga kwe kukikiriza eri Mukama nti: "Nneetaaga obuyambi. Nze nnemereddwa. Nze nneetaaga okukyuka, Katonda. Nkwolesezza mu bubi nga \_\_\_\_\_. Nsonyiwa."

Oluvannyuma wandiika okweyama okukyusa mu nsonga y'okwagala abaana bo. Bintu ki Mukama bye yakuleetera? Sabira ekiseera (mu bbanga ttono) ly'ojja okusaba abaana bo bakusonyiwe. Okwagala abaana baffe kyetaagisa nnyo okusobola okubakuza obulungi. Tetusobola kukkiriza kintu kirala kyonna kusooka.

---

---

---

---

---

---

---

### **Entegeka ey'Okukola 2**

Okusobola okulaba obulungi ebitundu bye twetaaga okulongoosaamu, tuteekwa okwekebera. Maliriza

Empuliziganya ey'Okwagala

*Eky'ongerezedwako F: Okwetegereza obulungi bw'empuliziganyayo.* Oluvannyuma maliriza eky'ongerezedwako *G: Okulongoosa empuliziganya yo ey'okwagala.* Bwe muba bafumbo, mubikole buli omu yekka n'oluvannyuma muteese ku bivaamu okwezzaamu amaanyi nga muyita mu nkyukakyuka yammwe.

Bw'oba weetaaga obuyambi obulala okusobola okukulaakulanya enkolagana ey'okwagala n'abaana bo, weetegereze Ekyongerezeddwako H: Okulaga Omwana wo Okwagala.

## Ebyongerezeddwako Eby'okukozesa

Eby'ongerezeddwako bino bigatidwako ng'ebikozesebwa ebirala. Bisangibwa mu miszingo ennya gyona, naye si buli muzingo nti gusangibwamu buli by'ongerezeddwako. Bw'oba oyagala okwekenneenya eky'ongerezeddwako ekituufu, funa we kiri mu lukalala luno wammanga.

Ekyongerezeddwako A: Ebbaluwa y'obweyamo bw'abazadde	Omuzingo 1
Ekyongerezeddwako B: Okuwaayo Obulamu Bwo eri Kristo	Omuzingo 1
Ekyongerezeddwako C: Okukulaakulanya Enkolagana ey'oku lusegere ne Katonda buli lunaku	Omuzingo 1
Ekyongerezeddwako D: Ebitabo Ebisembewa	Omuzingo 1& 3
Ekyongerezeddwako E: Obwesige n'okusonyiwa	Omuzingo 2
Ekyongerezeddwako F: Okwekebeera Mu Bulungi Bw'okuwuliriza	Omuzingo 2 & 4
Ekyongerezeddwako G: Okulongoosa Empuliziganya Yo ey'Okwagala	Omuzingo 2 & 4
Ekyongerezeddwako H: Okulaga Omwana Wo Okwagala	Omuzingo 2
Ekyongerezeddwako I: Ebintu Ebikulu eri Abazadde abali Obw'omu	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako J: Okukuza Abaana Mu Maka ag'omugaate	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako K: Okukulemba Omwana Eri Kristo	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako L: Eby'amasanyu Ebitasaana	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako M: Okukangavvula Enneeyisa	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako N: Amateeka n'Ebivaamu	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako O: Okubiriza n'ebirabo	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako P: Olukalala lw'emirimu gy'awaka	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako Q: Ebibuuzo eri Abatiini	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako R: Ebibuuzo eri abavubuuka	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako S: Okwekebeera kw'abazadde	Omuzingo 1-4
Ekyongerezeddwako T: Enkuluze	



## Ekyongerezeddwako P: Obwesigwa N'okusonyiwa

Zabbuli 139 eyigiriza nti Katonda amanyi buli omu ku ffe, nti ebikolwa byaffe byonna n'ebirowooza byaffe bimanyiddwa gy'ali ne bwe biba nga tebinnaba kumanyibwa gyetuli. Nga tonnaggulawo mutima gwo eri Katonda, okukkiriza Yesu nga Mukama era Omulokozi, yali amanyi nti ojja kujja. Katonda tayagala muntu yenna kuzikirira; kyokka, okuyita mu kukozeza eddembe ly'okwesalirawo, awa buli muntu eddembe okumugaana.

### Okwesiga katonda n'ebiyayita byaffe n'okugezesebwa

Abantu bonna ab'oku nsi abalwooza nga si kintu,  
era akola nga bw'ayagala mu ggye er'yomu ggulu,  
era ne mu abo abatuula mu nsi.

Tewali ayinza okuziyiza ky'ayagala okukola,  
wadde okumubuuza nti, "Okola ki?" (Danyeri 4:35)

<sup>1</sup>Ayi Mukama, wannoonya nze, wammanya.

<sup>2</sup>Omanyi bwe ntuula, era ne bwe ngolokoka,  
Otegeera okulwooza kwange nga kukyali wala.

<sup>3</sup>Onoonyeza ddala ekkubo lyange n'okwebaka kwange,  
Era omanyi amagenda gange gonna.

<sup>4</sup>Kubanga simuli kigambo mu lulimi lwange,  
Laba, Ayi Mukama, ggwe ky'otomanyira ddala. (Zabbuli 139:1–4)

#### FAYILO y'AMAZIMA

*Omufuzi*—Okubeera n'obuyinza  
obw'oku ntikko, amagezi  
agataliiko kkomo, n'obuyinza  
obujjuvu.

Katonda yatonda Adamu ne Kaawa, era yabagaana ekintu kimu kyoka: temulya ku Muti gw'Okumanya Ekirungi n'Ebibi. Naye baalimbibwa Sitaani era, mu bujeemu, ne basalawo okulya ebibala by'omuti ogwo. Kino kyaleeta ekikolimo ky'ekibi ku bantu bonna. Mu Adamu, Katonda yawa abantu eddembe okulonda ebirungi, naye n'akyuka n'adda mu bibi. N'olwekyo bonna kati abasalawo okuddamu okuzaalibwa ng'abaana ba Katonda, olw'okukkiriza mu Kristo, bakyabeera mu nsi eyagwa era bakwatibwako obubi obubeetoolodde. Singa Katonda yakuuma abaana be okuva mu bizibu byonna n'ebibi byonna, abantu bandibadde bakubirizibwa okuddukira gy'ali olw'obukakafu bw'obulamu obwangu. Ensonga eno yennyini ye yatandika ebyaliwo mu ggulu wakati wa Katonda ne Sitaani ku bikwata ku bulamu bwa Yobu.

<sup>9</sup>Awo Setaani n'addamu Mukama nti, "Yobu atiira bwereere Katonda?" <sup>10</sup>Tomusizaako lukomera okumwetooloola, ye n'ennyumba ye, ne byonna by'alina? Owadde omukisa byonna byakola, n'ebintu bye byaze mu nsi. <sup>11</sup>Naye kaakano golola omukono gwo omuggyeko byonna by'alina, ajja ku kwegaanira mu maaso go." (Yobu 1:9–11)

Katonda yakkiriza Sitaani okugezesa okukkiriza kwa Yobu ng'ayita mu kufiirwa ebintu bye, abaana be, n'oluvannyuma obulamu bwe. Katonda Kitaffe ayagala era taleeta bubi mu bulamu bwaffe; kyokka, olw'ekigendererwa kye n'olw'obulungi bwaffe obw'enkomerero, atukkiriza okukwatibwako okugezesebwa. Yobu yeeyongera okwesiga Katonda mu kubonaabona kwe kwonna, era okukkakkana ng'alina enkolagana ey'oku lusegere n'Omutonzi we n'okuzzaawo emikisa mu bujjuvu.

Yobu yebuza ensonga lwaki Katonda yali amukkiriza okubonaabona. Katonda yali alangidde Yobu okuba omusajja omutuukirivu mu Yobu 2:3, n'olwekyo n'abuuza lwaki. Okumala essuula eziwerako, yabonaabona olw'ensonga eyamuleetera okugezesebwa. Katonda teyaddamu butereevu wabula yakyusa amaaso ga Yobu n'atunuulira amaanyi ge n'ekitiibwa kye, ebyolesebwa mu butonde. Okunoonya kwa Yobu kwatuuka ekiseera ne kumatizibwa okuyita mu kutegeera okusingawo ku bukulu bwa Katonda. Okufaanako Yobu, bwe tufuna ebigezo, tunoonya okunnyonyola. Era bwe kityo bwe kiri ne ku bufumbo bwaffe n'okugezesebwa okulabika ng'okuzitoowerera ennyo. Ekimu ku bintu bingi bye tuyinza okuyigira ku Yobu kwe kuba nti *lwaki* kibuuza kikyamu. Mu kifo ky'ekyo tusaanidde okubuuza Katonda *kiki*.

Kiki Ky'ogezaako Okunjigiriza?

Kiki ky'oyagala gyendi mu kiseera kino eky'okubonaabona?

Omuntu yenna bw'akemebwanga, tayogeranga nti Katonda ye ankema, kubanga Katonda takemebwa na bubi, era ye yennyini takema muntu yenna. <sup>14</sup>Naye buli muntu akemebwa, ng'awalulwa okwegomba kwe ye n'asendebwasendebwa. (Yakobo 1:13–14)

<sup>1</sup>Awo Yobu n'addamu Mukama ng'agamba nti:

<sup>2</sup>Mmanyi nga ggwe oyinza byonna,

Era nga tewali kigambo kye wateesa ekiyinza okuziyizibwa. . . . <sup>5</sup>Nnawuliranga buwulizi bye bakwogerangako,

Naye kaakano nkulaba na maaso gange." (Yakobo 42:1–2, 5)

Waliwo ekimu ku bitundu by'obulamu bwo ekisukka amaanyi ga Katonda, amagezi ge, oba obuyinza bwe? Lwaki oba lwaki nedda?

---



---



---

Mbeera ki mu bulamu bwo Katonda gye yali tamanyi nga bukyali nti ojja kwolekagana nayo?

---

*Mu oyo naffe mwe twafuukira abasika, bwe twayawulibwa edda mu kumalirira kw'oyo akola byonna nga bw'ayagala mu kuteesa kwe. (Abaefeso 1:11)*

Osaanidde okwanukula otya eri okunyiiga, ebizibu, okubonaabona, n'okugezesebwa?

---

---

Singa Katonda yali amanyi byonna ebyali bigenda okubaawo nga tetunnazaalibwa, kiba kitegeza nti, okuyita mu kumanya kwe okwasooka, twategekebwa dda okuyita mu kisa kye okubeera n'obulamu obwatuweebwa. Katonda takugira kugezesebwa oba bubu obutatukwatako, oba okulemesa okusalawo kwaffe okubi, naye asubiza okukola byonna ku lw'obulungi mu bulamu bw'abo abeewaddeyo gy'ali.

*Era tumanyi nti eri abo abaagala Katonda era abayitibwa ng'okuteesa kwe bwe kuli, ebintu byonna abibakolera wamu olw'obulungi. <sup>29</sup>Kubanga abo bonna be yamanya edda, era yabaawula dda okufaananyizibwa n'engeri y'Omwana we, abeerenga omubereberye mu b'oluganda abangi. (Abaruumi 8:28–29)*

Oyinja okusalawo okukuuma obusungu eri abazadde abakumalamu amaanyi, omwagalawo mubufumbo eyakulekawo, mikwano gyo egyakulemesa, oba ddereeva atamidde n'atta omwagalwa wo. Oba tuyinza okussa okukkiriza kwaffe mu Katonda Omufuzi wa byona.

Bwe tujja eri Kristo, twesigisa Katonda n'enkomerero yaffe ey'olubeerera. Era tulina okumwesiga n'embeera zaffe ez'emabega n'ez'omu kiseera kino. Kristo asobola okutubudaabuda n'okutunyweza mu kugezesebwa kwaffe n'okutuyisamu era asobola okuggya ebirungi mu bubu. Okuyitira mu kukkiriza n'obuwulize bwaffe kwokka Katonda mw'asobola era ajja kutuwa emirembe n'okuleeta ettendo, n'ekitiibwa eri Mukama waffe Yesu Kristo.

Nnyonnyola ennyiriri zino kye zitegeeza n'engeri gye ziyinza okukozesebwa mu mbeera zo.

<sup>6</sup>Obwo bwe mujagulizaamu, newakubadde nga mwanakuwazibwa mu kukemebwa okutali kumu akaseera akatono kaakano, oba nga kibagwanira, <sup>7</sup>okugezebwa kw'okukkiriza kwammwe okusinga omuwendo ezaabu eggwaawo, newakubadde ng'egezebwa mu muliro, kulyoke kulabike okuleeta ettendo n'ekitiibwa n'okugulumizibwa Yesu Kristo bw'alibikkulibwa. (1 Peetero 1:6–7)

---

---



---



---



---

## Okugezesebwa Kwaffe N'ebibonyoobonyo Byaffe

Ekigambo kya Katonda kiyigiriza nti okugezesebwa n'ebibonyoobonyo kitundu ku bulamu bw'Ekikristaayo.

*Ebyo mbibabuulidde, mube n'emirembe mu nze. Mu nsi mulina ennaku: naye mugume; nze mpangudde ensi.*" (Yokana 16:33)

Yesu atugamba nti tusobola okufuna emirembe era nti awangudde ensi, naye wakati mu kugezesebwa twebuza nti, "Lwaki? Ekigendererwa kya Katonda kye ki?" Nga omulongoosa bw'ateeka zaabu atali mulongoose mu kibya n'ayongeramu ebbugumu okuleeta ebisasiro (obucaafu) ku ngulu, Katonda akkiriza abaana be abaagalwa okugenda mu kibya ky'okubonaabona okulongoosebwa n'okufuulibwa ekifaananyi ky'Omununuzi waffe, Yesu Kristo.

*Alituula ng'oyo alongoosa effeeza n'agimalamu amasengere, era alirongoosa batabani ba Leevi, era alibasengejja ng'ezaabu n'effeeza; okutuusa lwe baliwaayo eri Mukama ebiweebwayo mu butuukirivu.* (Malaki 3:3)

Singa twesiga obulungi bwa Katonda n'ekigendererwa kye, emitima gyaffe gijja kujjula okwagala, essuubi, n'obwesige bwa Yesu Kristo. Abalala bajja kulaba obutuukirivu bwa Yesu Kristo nga bukolebwa mu ffe.

Ojjukira Abaruumi 8:28–29? Katonda tagamba nti ebintu *ebimu* bikolera wamu olw'eborungi, wabula *byonna*. Ekikulu kwe kukkiriza. Singa tusalawo okukkiriza ebisuubizo bya Katonda n'okumwesiga mu kugezesebwa kwaffe kwonna n'ebibonyoobonyo byaffe, tujja kuba bawanguzi, era Katonda ajja kugulumizibwa. Mu kitundu kino, "eri abo abaagala Katonda" kitegeeza abo abafunye Yesu nga Mukama era Omulokozi, nga muno mulimu okutegeera nti ekigendererwa kya Katonda mu bulamu bunu kwe kutununula okuva mu maanyi g'ekibi, ekivvuunulwa okufuuka omuntu asobola okulonda obutuukirivu okusinga obubi, ekitiibwa kidire Katonda.

*Naye Katonda yeebazibwe, atutwala bulijjo ng'abawanguzi mu Kristo, era naatukozesa okumumanyisa mu bantu bonna, ng'evvumbe erisaasanira wonna.*  
(2 Abakkolinso 2:14)

Oli mwetegefu okwesiga Katonda n'okugezesebwa n'okusoomoozebwa mu bulamu bwo? \_\_\_  
Yee \_\_\_ Nedda

Oli mwetegefu okukkiriza Katonda okukyusa obulamu bwo ng'ayita mu kugezesebwa kuno?  
\_\_\_ Yee \_\_\_ Nedda

Oli mwetegefu okwesiga Katonda ng'okola okuyita mu bulumi n'okugezesebwa kuno mu bulamu bwo? \_\_\_ Yee \_\_\_ Nedda

Waliwo ebiseera, Yesu bw'ayogera, Katonda lw'atasobola kukuggyako kizikiza, naye mwesige. Katonda ajja kulabika nga owomukwano atalina kisa, naye si bwe kiri; Ajja kulabika nga Taata atafaayo, naye si bwaali; Ajja kulabika ng'omulamuzi atali mwenkanya, naye si bwe kiri. Kuuma endowooza engamba nti ebirowoozo bya Katonda bili emabega w'ebintu byonna mu ngeri ennywevu era ekula. Tewali kibaawo mu ngeri yonna okuggyako nga okwagala kwa Katonda kuli emabega waakyo, n'olwekyo osobola okuwummulira mu kwesiga okutuukiridde mu ye. — Oswald Chambers, *My Utmost for His Highes (Ekyange Ekisingayo eri Oyo Asinga Obukulu)*.

### **Omuwendo Gw'obutasonyiwa**

Ebbanja bwe lisonyiyibwa, eddembe ly'okusasulwa liweebwayo. Ekigambo *okusonyiwa* kitegeeza butereevu "*okuwaayo*." Singa omuntu annumya ne mmusonyiwa, mpaayo eddembe okweyongerera okunyiiga. Kino kimenya ebigo bingi ebivaako obuzibu mu nneewulira n'eby'omwoyo. Okusonyiwa omuntu kitegeeza okuwaayo ebituluma eri Katonda, okumuleka okubituggyako. Mu ngeri eno tuwaayo ebirowoozo byonna eby'obusungu bye tuyinza okuba nabyo ne tumalawo ebikolwa eby'okwesasuza.

Nga Katonda bw'atusonyiwa, naffe tusonyiwa omusango. Katonda alagira tusonyiwe abalala nga bwe yatusonyiwa. Ekigambo okusonyiwa kiva mu Luladini, *perdonare*, ekitegeeza "*okuwaayo ku bwereere*." Okusonyiwa okwa nnamaddala tekusaanidde, era kwa bwereere. Si kifo kyaffe okusalawo eky'obwenkanya—tuyitibwa okusonyiwa. Mu Byawandiikibwa, okwerabira kitegeeza "okuvva ku amaanyi g'omuntu."

Bwe tugaana okusonyiwa, wabaawo omuwendo gwe tulina okusasula. Obutasonyiwa, obutayagala kuleka bisobyo bwe tukkiriza nti omuntu omulala atusobeza, kivaamu embeera embi ey'enneewulira. Ekisinga okubeerawo kwe kunyiiga, ekitegeeza "okuddamu okuwulira." Obusungu bunywerera ku bulumi obwayita, ne buddamu okubuwangaaza enfunda n'enfunda.

Obusungu, okufaananako okulonda ekikuta, bugaana ebiwundu byaffe eby'ebirowoozo okuwona.

*mulabe waleme kubaawo omuntu yenna asubwa ekisa kya Katonda, era mwekuume "ekikolo kyonna eky'okukaawa" kiremenga okuloka mu mmwe, okugwagwawaza abangi; (Abaebbulaniya 12:15)*

Obukaawu bulinga ekikolo ekiwanvu ekisimbibwa mu mutima gw'omuntu, oluvannyuma ne kikula ne kibala ebibala. Kyokka, mu kifo ky'okuliisa abalala, ekibala kino ekikaawa kinoona n'abalala.

Abantu abasinga obungi tebakkiriza mangu nti batereka obutasonyiwa, obusungu, oba obukaawu kubanga bakitegeera ng'okwanukula oluvannyuma lw'okulumwa. Embeera yaabwe bagilaba ng'entuufu era banoonya abalala okuwuliriza okwemulugunya kwabwe oba okubasaasira. Abaefeso eyigiriza nti wajja kubaawo obukakafu obutagambika mu bulamu bw'omuntu ssekinnoomu nti omuti ogukaawa ogw'okunyiiga gukula munda mu mutima gwe.

*Okukaawa kwonna n'obusungu n'obukambwe n'okukaayana n'okuvuma bibavengako, awamu n'ettima lyonna. (Abaefeso 4:31 NASB)*

Waliwo ku bino ebitera okubeerawo mu bulamu bwo?

- Amalala
- Okwefuula omutuukirivu
- Okwesaasira
- Okutaataaganyizibwa mu nneewulira
- Okweraliikirira, okusika omuguwa oba situleesi
- Ebizibu by'ebulamu
- Obuzibu mu kulya
- Okwekkiririzaamu mu ngeri etali nnungi
- Obutabeera na bwesige mu mukwano
- Obutabeera na mukwano mu bufumbo
- Obutakola bulungi mu by'okwegatta
- Okusala omusango oba okunyenya abalala
- Entondo nga kyangu okunyiiga
- Obutabeera na mirembe oba essanyu
- Okuwulira ng'oli wala ne Yesu
- Okutya okukulembera ng'omwami
- Okutya okugoberera ng'omukyala

### Lwaki Osonyiwa?

Ng'oggyeeko okusaanyizibwawo mu nneewulira n'embeera z'abantu okuva mu butasonyiwa, tubanjibwa okusonyiwa.

### Katonda akiragira.

Okugondera Katonda si kya kwesalirawo. Okusalawo ddi lwe tunaagondera ebiragiro bye era ddi lwe tutaagondera ebiragiro bye kituleetera obulamu obutabala bibala, obutakola bulungi, era obugumba mu by'omwoyo.

*Naye mwagalenga abalabe bammwe mubakolenga bulungi, mwazikenga nga temusuubira kubaddiza; n'empeera yammwe eriba nnyingi, nammwe muliba baana b'Oyo Ali waggulu ennyo: kubanga ye mulungi eri abateebaza n'ababi. 36Mube n'ekisa, nga Kitammwe bw'alina ekisa.”(Lukka 6:35–36)*

*Awo bwe munaayimiriranga nga musaba, musonyiwenga, bwe mubanga n'ekigambo ku muntu; ne Kitammwe ali mu ggulu abasonyiwe ebyonoono byammwe. (Makko 11:25)*

Mu kusonyiwa, twetikka ekifaananyi kya Yesu.

### FAYILO y'AMAZIMA

*Ekiruyi*—Obusungu  
obw'amaanyi, obw'okwesasuza

*Obusungu*—Embeera  
y'ebirowoozo emanyiddwa  
olw'okweraliikirira n'okukola ku  
kusoomoozebwa kw'obulamu  
n'obunyiivu.

*Okwogera obubi*—Ebigambo  
ebitali bya kisa, okuvuma  
omuntu, okuleekaana,  
okuvvoola, okwonona erinnya  
ly'omuntu olw'amawulire  
amabi, okuvuma, okulimirira,  
n'okutyoboola erinnya lye.

*Obubi*—Enneewulira  
ez'obukyayi ze tukuza mu  
mitima gyaffe. Okwagala  
okulaba omulala  
ng'abonaabona oba  
okweyawula ku muntu oyo, nga  
tetwagala kukola ku  
kutabagana.

Ng'Abakristaayo, tuyitibwa okutwala erinnya lya Kristo mu nsi eyabula. Ekigambo *Omukristaayo* kitegeeza "Kristo omuto." Kristo yayolesa okusonyiwa, n'ajja ku nsi kuno, n'afa okuteekawo okusonyiyibwa kw'abalina omusango, era n'alagira ekkanisa okulangirira okusonyiyibwa. Okusobola okwetikka ekifaananyi kye tulina okuba abeetegefu okusonyiwa abalala nga bw'atusonyiwa.

*Awo Yesu n'agamba nti, "Kitange, basonyiwe; kubanga tebamanyi kye bakola."  
Ne bagabana ebyambalo bye, nga bakuba akalulu. (Lukka 23:34)*

*ayogera ng'abeera mu ye kimugwanira naye yennyini okutambulanga era nga ye  
bwe yatambula. (1 Yokana 2:6)*

Okusonyiwa kukomya obulumu, okunenya, n'ebigo.

Okusonyiwa kuleeta okuwona eri omuntu alumizibwa era kukola ng'eddagala eriwonya obutwa bw'obusungu. Kyokka tekukola ku nsonga zonna ez'okunenya n'obwenkanya wabula kutera okusuulirira ddala ensonga ezzo. Obulumu n'okunyiiga birekebwa Katonda, ate ng'okuwaayo okusonyiwa mu buwulize kireeta eddembe era kisobozesa omuntu okutandika obuggya mu mukwano.

Amazima gano galagiddwa mu bulamu bwa Yusufu, obusangibwa mu Olubereberye 37–45. Baganda be ba mulyamu olukwe n'atundibwa mu buddu, yagaana okukkiriza ekikolo ky'obusungu okumera mu bulamu bwe. Oluvannyuma lw'emyaka nga baawukanye, famire ye bweyadamu okusisinkana, Yusufu yawa obujulizi ku mulimu Katonda kwe yali akoze mu bulamu bwe ng'ayita mu kusonyiwa, nga lyolesebwa amannya ga batabani be.

<sup>51</sup>Yusufu n'atuuma omwana omubereberye erinnya Manase; eritegeeza nti, "Katonda aneerabizza ennaku yange yonna." <sup>52</sup>N'ow'okubiri n'amutuuma erinnya Efulayimu; eritegeeza nti, "Katonda anjalizza mu nsi ey'okubonaabona kwange." (Olubereberye 41:51–52 NASB)

Mu kitundu kino, okwerabira tekitegeeza kulekera awo kujjukira. Kitegeeza "okuleka," oba okulekera awo okukiriza obulumu okufuga obulamu obuliwo kati. Okubala ebibala kwa Yusufu kwalina akakwate butereevu n'okussa obwesige bwe mu bufuzi bwa Katonda n'okusonyiwa abalala. Mu kifo ky'okukubisaamu okulumwa kwe ng'akuwulira enfunda n'enfunda (okunyiiga), Yusufu yasalawo okwesiga Katonda ng'omulabirizi w'ebintu byonna ebibaawo mu bulamu bwe.

Obutasonyiwa kutusibira mu biseera eby'emabega era ne kusiba obusobozi bwonna obw'obulamu obuvaamu ebibala.



Emyaka Yusufu gye yamala mu Misiri, yakkiriza Katonda okuwonya omutima ogwali gumenyeddwa baganda be bennyini. Oluvannyuma, bwe yaweebwa omukisa, yayolesa okuwona kwe ng'ayita mu bikolwa eby'okwagala, okusonyiwa, n'ekisa eri baganda be.

*<sup>5</sup>Ne kaakano temunakuwala, so temwesunguwalira, kubanga mwantunda muno; kubanga Katonda ye yankulembeza okubawonya mmwe mu kufa. <sup>6</sup>Enjala yaakamala mu nsi emyaka ebiri; ate ekyasigaddeyo etaano, gye batagenda kulimiramu newakubadde okukungula. <sup>15</sup>Yusufu n'anywegera baganda be bonna, nga bw'akaaba amaziga; n'oluvannyuma baganda be ne banyumya naye. (Olubereberye 45:5, 6, 15)*

Tewaaliwo kunenya era tewaaliwo kunnyonnyola kwetaagibwa, eddoboosi lyokka ery'okusaasira n'okusonyiwa. Ekkubo lyaggulwawo Yusufu ne baganda be okuddamu okukolagana batandike omukwano omupya.

*Bwatyo mu mirembe egigenda okujja alyoke alage obugagga obusinga ennyo obw'ekisa kye mu bulungi obuli gyetuli mu Kristo Yesu (Abaefeso 2:7 NASB)*

Okusonyiwa kuleeta eddembe eri bonna abakwatibwako. Katonda yasumulula Yusufu, naye baganda be bandibadde batwala ennaku yaabwe mu ntaana singa Yusufu teyabasonyiwa. Tusonyiwa kubanga Katonda atusonyiwa mu Kristo. Okusonyiwa okwo kwe kumu, okutasaana era okutali kokolere, okutubanjibwa abalala. Kiwummuza omugugu ogw'okunyigiriza gwe tumanyi ng'okwesalira omusango.

Singa Yesu teyalaga kisa n'okusonyiwa aboononyi, ffenna twandibaddewo emirembe gyonna mu muguwa gwo kusalirwa omusango. Yatwala ekigere ekisoka okujja gye tuli, ekyatusobozesa okutabagana naye.

## **Okutabagana**

Okutabagana kwe kuggyawo obulabe, okugonjoola enkaayana. Kitegeeza nti enjuyi ezitabagana edda zaali za bulabe oba nga zaayawukana. Okutabagana kwonna okutuuse ku buwanguzi kujja kuwerekerwako ekisa n'emirembe okusinga obusungu n'obutabanguko.

FAYILO y'AMAZIMA

*Okutabaganya—* Okuzzaawo enkolagana entuufu, okugonjoola oba okumulawo obutakkaanya.

*Okukaawa kwonna n'obusungu n'obukambwe n'okukaayana n'okuvuma bibavengako, awamu n'ettima lyonna, <sup>32</sup>era mubeerenga n'obulungi mwekka na mwekka, abakwatibwa ekisa, nga musonyiwagananga, era nga Katonda bwe yabasonyiwa mu Kristo (Abaefeso 4:31–32)*

Okutabagana kulina okunoonyezebwa ab'omu maka n'abakkiriza abalala mu bulamu bwaffe. Mu nkolagana yaffe yonna ebweru w'embeera y'afamire zaaffe, ensalo ezissa ekitiibwa n'okukuuma omukwano omulungi kikulu.

Naye waliwo ebisera oba embeera ezimu nga okutabagana tekyetaagisa, nga tekusoboka, oba n'okwetaagibwa, gamba ng'omuzadde atulugunya oba eyali omwagalwa wo oba omuntu yena eyakulumya oba omwagalwa wo (omulisa mmanyi, omutamiivu eyakosa oba eyatta omuntu wo, omusomesa oba omutendesi omukadde eyakukosa mu bigambo, n'ebirala).

Ebyawandiikibwa bitulagira okuggyawo obusungu bwonna, okubeera ab'ekisa, ab'omutima omugonvu, era abasonyiwa.

Tuggyawo tutya obukaawu?

---

---

Tutabagana tutya n'omuntu gwe twanyiiza?

---

---

Tuddaabiriza tutya obulumi bwe tutuusizza ku balala?

---

---

Tusonyiwa tutya omuntu atunyiizizza?

---

---

Tuyinza tutya okukyusa enneewulira yaffe ku kibi ekikoleddwa?

---

---

**Bwoba Weetaaga Okusonyiyibwa**

Ng'ekikolwa ky'okualawo kwo, olina okukola ebintu bina.

Okusooka okwatula ekibi kyo eri Katonda, musabe akusonyiwe, era saba Omwoyo we Omutukuvu ajjuze omutima gwo okwagala kwe.

*<sup>1</sup>Wa mukisa oyo asonyiyiddwa ekyonoono, n'aggyibwako ekibi kye. . .*

*<sup>3</sup>Bwe nnasirikiranga ekibi kyange,  
naggweeramu ddala amaanyi,  
Olw'okukaaba kwange obudde okuziba.*

*<sup>4</sup>Kubanga wambonerezanga emisana n'ekiro,  
Amaanyi gange ne ganzigweramu ddala ng'amazzi bwe gakalira mu kyeya.  
(Seera)*

*<sup>5</sup>Ne nkwatulira ekibi kyange, n'obutali butuukirivu bwange ne ssibukweka. (Zabbuli 32:1, 3–5)*

*Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu. (1 Yokana 1:9)*

Ebuvanjuba n'ebugwanjuba bwe biri ewala,  
Bw'atyo bw'atuggyako ebyonoono byaffe, ne bitubeera wala (Zabbuli 103:12)

Twala akaseera kano okaabirire Katonda. Musabe akusonyiwe, akujjuze Omwoyo we Omutukuvu, era akunyweze okugondera.

Katonda yekka yasonyiwa ebibi. Asonyiwa era yeerabira. Olw'okukkiriza, kkiriza okusonyiyibwa kwa Katonda okujjuvu n'okutukuzibwa.

Okusonyiwa si nneewulira. . . Okusonyiwa kikulwa kya kwagala, era ememe esobola okukola awatali kulowooza ku bbugumu ly'omutima. —Corrie ten Boom

Ekyokubiri, bwe kiba kisoboka, genda eri abo be wasobya, mu bwetoowaze obatulire, era obasabe okusonyiyibwa.

*Kale, bw'obanga oleese ssaddaaka yo ku kyoto, bw'osinzira eyo n'omala ojjukira nga muganda wo akuliko ekigambo ky'akwemulugunyiza, <sup>24</sup>Ieka awo ssaddaaka yo mu maaso g'ekyoto, oddeyo, osooke omale okutagabana ne muganda wo, olyoke okomewo oweeyo ssaddaaka yo. (Matayo 5:23–24)*

Wandiika okweyama kwo okugondera Matayo 5:23–24.

---

---

---

Wandiika amannya n’okunnonnyola mu bufunze ebyo byewetaaga okwogerwa okusobola okusonyiyibwa.

---

---

---

---

---

---

Ebigambo mukaaga ebisinga amaanyi mu lulimi Olungereza bye bino, “nnali mukyamu. Bambi nsaba onsonyiwe.”

Toleka biwugulaza oba ebiziyiza ebirala kulwawo kikulwa kino eky’obuwulize. Gabana okusalawo kwo ne mukwano gwo Omukristaayo eyeesigika, omusabe okusaba naawe era akubanje okuvunaanibwa okugoberera obweyamo buno. Kirungi okunoonya okusonyiyibwa maaso ku maaso. Wabula olw’ebitagisa mu nteekateeka oba okulwanagana okuyinza okubaawo, oyinza okwetaaga okuwuliziganya ku ssimu oba mu buwandiike. Omuntu gw’osobezza bw’aba yafa, genda eri Katonda n’okwatula kwo.

Ekyokusatu, Twala ekiseera buli lunaku ne Mukama mu kigambo kye ne mu kusaba.

Ekimu ku bintu ebingi ebibi ebiva mu butanoonya oba okuwa okusonyiwa kwe kulemesebwa mu nkolagana ne Katonda. Mukama mutendereze nti tatuvaako wadde okutuleka, naye emitima gyaffe gyennyini giyinza okunnyogoga ne gibeera ewala, bwe kityo ne kikosa enkolagana yaffe ey’oku lusegere naye. Katonda yateekateeka ekivvamu kino okutukubiriza okusonyiwa.

*Naye musooke munoonye obwakabaka bwe n’obutuukirivu bwe; era ebyo byonna mulibyongerwako (Matayo 6:33)*

Wandiika okusalawo kwo okumala obudde ne Katonda buli lunaku ng’osoma Ekigambo kye ne mu kusaba n’okufumiitiriza.

---

---

---

---

---

---

Eky'okuna, fumiitiriza ku makulu g'omusaalaba ne ssaddaaka Yesu gye yawaayo olw'ebibi byo.

*Kubanga era naffe edda twali basirusiru, abatawulira, abalimbibwa, nga tuli baddu ba buli kwegomba okubi, n'ebinyumu ebitali bimu, nga tuli ba ttima era ab'obuggya, nga tukyayibwa abantu era nga tukyawagana ffekka na ffekka. 4Naye obulungi n'okwagala okw'ekisa okwa Katonda Omulokozi waffe bwe byalabika, (Titos 3:3–5)*

Twala akaseera kati okwebaza Yesu olw'ebyo byonna by'akukoledde, olw'okukusonyiwa ebibi byo byonna, olw'enteekateeka ye etuukiridde ey'okukukyusa mu kifaananyi kye, n'olw'ekirabo ky'Omwoyo we Omutukuvu.

### **Bw'oba Weetaaga Okusonyiwa**

Ng'ekikolwa ky'okusalawo, olina okukola ebintu bibiri.

Okusooka, saba Katonda amaanyi okugondera n'okusonyiwa.

*Yesu n'addamu n'abagamba nti, "Mazima mbagamba nti Bwe munaabanga n'okukkiriza, nga temubuusabuusa, temuukolenga kino kyokka eky'omutiini, naye bwe muligamba olusozi luno nti Situlibwa osuulibwe mu nnyanja, kirikolebwa (Matayo 21:21)*

Katonda yatusubiza okutuwa amaanyi okujjawo ensozi. Luno luyinza okuba nga lwe lusozi lwo olwa Everest!

Buli lwe nneeraba mu maaso ga Katonda ne ntegeera ekintu ku Mukama wange ow'omukisa by'ankoledde e Kalvario, mba mwetegefu okusonyiwa omuntu yenna ekintu kyonna, sisobola kukiziyiza. Saagala na kukiziyiza—Dr. Martyn Lloyd-Jones

Tukimanyi nti Katonda ayagala tusonyiwe abalala. Beera mukakafu nti bw'onoosaba amaanyi gano, gajja kuwebwa.

Ekyokubiri, tegeeza omuntu oyo oba abantu abo okusonyiwa kwo.

*Era bunu bwe bugumu bwe tulina eri ye, nti bwe tusaba ekintu nga bw'ayagala, atuwulira. (1 Yokana 5:14)  
Kale bwe kityo tugobererenga eby'emirembe, n'eby'okuzimbagananga fekka na fekka. (Abaruumi 14:19)*

### **Okwagala Okutabagana**

Mu Matayo, Mukama waffe Yesu yabuuzibwa ekibuuzo ekikulu. "Omuyigiriza, etteeka ki erisinga obukulu mu mateeka?" (Matayo 22:36). Eky'okuddamu kye kyalaga amazima amakulu: 37Yesu n'amuddamu nti, "Yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna. Kino kye kiragiro ekikulu eky'olubereberye. N'eky'okubiri ekikifaanana kye kino nti Yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka. Mu biragiro bino byombi amateeka gonna mwe gasinziira, era ne bannabbi. (Matayo 22:37–40). Yesu yennyini yagamba nti okwagala kwaffe eri abalala kikulu kyenkanyi n'okwagala kwaffe gy'ali.

Twagala Katonda atusonyiwe, era kino tukisaba buli kiseera era ne twesigama ku kyo. Katonda atulaga okwagala kwe, era tulina okuddamu nga tusooka kumwagala ate oluvannyuma ne twagala abalala. Olunyiriri luno terukubiriza kwagala okwanditutadde mu kukontana n'okwegomba kwa Katonda oba by'ayagala gye tuli, naye lugamba nti okwagala kwonna kwe tulaga eri abalala kulina okuba mu buwanvu bw'okumugondera. Tetulina kussa kwegomba kwaffe oba okwagala okumatiza abalala okusinga obuwulize bwaffe eri Katonda.

*naye nange mbagamba nti buli muntu asunguwalira muganda we, aba azizza omusango; n'oyo anaagambanga muganda we nti Laka, asaanidde okutwalibwa mu lukiiko, ate anaagambanga muganda nti, 'Musirusiru,' asaanidde okusuulibwa mu muliro gwa Ggeyeena. (Matayo 5:22)*

Ka twongere okutuleeta okutegeera ku bigambo ebiri mu lunyiriri luno. 'Okusunguwalira muganda we' kitegeeza okuyisa omuntu mu birowoozo, mu bigambo, oba mu bikolwa mu ngeri etalaga kwagala. N'abakkiriza bayisa abaagalwa baabwe mu ngeri etali yakwagalwa era ne beekwasa okusinga okunoonya okutabagana.

Ekigambo *Laka* kitegeeza "okunyooma omuntu, okumusalira omusango, oba okumukkiriza nti talina mugaso oba mutono okusinga ggwe mu ngeri emu." Ekigambo *omusirusiru* kitegeeza "oyo atalina mugaso mu mpisa era atagwanidde kulokolebwa." Bino misango gya maanyi abakkiriza bangi gye baluubirira abalala olw'ensonga emu oba endala. Mukama agamba nti, "*kubanga mwagulibwa na muwendo, kale mugulumizenga Katonda mu mubiri gwammwe, egya Katonda*" (1 Abakkolinso 6:20).

Tulina okugulumiza oba okwoleka Kristo eri bonna awatali kotaliza. Ebirowoozo oba enneeeyisa eri abalala ezitali za kwagala oba ezitali za Kristo sizakwekwasa era zeetaaga okwenenya eri Katonda n'omuntu oyo.

*Kale, bw'obanga oleese ssaddaaka yo ku kyoto, bw'osinzira eyo n'omala ojjukira nga muganda wo akuliko ekigambo ky'akwemulugunyiza, <sup>24</sup>leka awo ssaddaaka*

*yo mu maaso g'ekyoto, oddeyo, osooke omale okutagabana ne muganda wo, olyoke okomewo oweeyo ssaddaaka yo. (Matayo 5:23–24)*

Tugenda ddi ku kyoto? Kino kitegeeza okussa ekimu kwaffe ne Yesu, ebiseera byaffe mu kusaba n'okwebaza n'okumusaba mukwegayirira, ebikolwa byaffe ebya buli lunaku eby'okwewaayo n'okwagala okubeera mu ye.

*Nze muzabbibu, mmwe matabi: abeera mu nze, nange mu ye, oyo abala ebibala bingi: kubanga awatali nze temuliiko kye muyinza kukola. (Yokana 15:5)*

*Okubeera* kitegeeza "okubeera naye, okubeera mu kutegeera buli kiseera nti ndi yeekaalu y'Omwoyo Omutukuvu." Era kigamba nti bwe tunaakikola, tujja kubala ebibala bingi; kubanga awatali kisa kye tetusobola kukola kintu kyonna. Okugenda ku kyoto kitegeeza okussa ekimu ne Yesu n'obusobozi bwaffe okufuna ekisa ekyetaagisa okubala ebibala n'okugondera by'ayagala.

### **Okwekebejja Obulamubwo**

Bwe tubanjibwa omuntu okusonyiyibwa, oba nga ya kisabye oba nga ffe abakisazewo, Katonda agamba nti kino tulina okusooka okukirongoosa nga tetunnasuubira mukisa gwe n'ekisa kye. Birabo ki eby'okuleeta mu Matayo 5:23? Okuleeta ssaddaaka mu yeekaalu yali nkola ya bulijjo eri Abayudaaya ng'ekitundu ky'okutangirira ebibi byabwe. Ebirabo byaffe leero kwe kutendereza, okumuwa ekimu eky'ekkumi, okusinza, okugondera Mukama n'okumuweereza. Naye Yesu yagamba nti tajja kufuna birabo bino singa waliwo omuntu yenna akubanja okutabagana.

*Samwiri n'ayogera nti, "Mukama asanyukira ebiweebwayo ebyokebwa ne ssaddaaka okwenkana nga bw'asanyukira okugondera eddoboosi lye? Laba, okugonda kusinga ssaddaaka obulungi, n'okuwulira kusinga amasavu g'endiga ennume. (1 Samwiri 15:22)*

Okuweereza Katonda n'okukolera Katonda tebijja kutereza kizibu kino. Tukubirizibwa okwekebejja obulamu bwaffe nga tetunnakwata kussembera ku mmeeza Ya Mukama waffe.

<sup>26</sup>*Kubanga buli lwe munaalyanga ku mugaati guno ne lwe munaanywanga ku kikompe, munaayolesanga okufa kwa Mukama waffe okutuusa lw'alijja.*

<sup>27</sup>*Kyanaavanga azza omusango ogw'omubiri n'omusaayi gwa Mukama waffe buli anaalyanga ku mugaati oba anaanywanga ku kikompe kya Mukama waffe nga tasaanidde. <sup>28</sup>Naye omuntu yeekeberenga yekka alyoke alyenga ku mugaati bw'atyo, era anywenga ne ku kikompe. <sup>29</sup>Kubanga buli alya era anywa nga tategeera makulu ga mubiri, aba yeesalira yekka omusango okumusinga. <sup>30</sup>Mu*

*mmwe kyemuvudde mubeeramu abangi abanafu n'abalwadde, era bangi na bafudde. <sup>31</sup>Naye singa tusooka okwesalira omusango fekka, tetwandisaliddwa musango. <sup>32</sup>Naye Mukama bwa tusalira omusango, atukangavvula, tuleme okusingibwa omusango awamu n'ensi. (1 Abakkolinso 11:26–32)*

Emirundi emeka Abakristaayo gye basembera nga tebasoose kwekenneenya mitima gyabwe okulaba oba baba bakuumye obusungu oba nga baakosa omuntu ne bateenenya oba nga tebategese kutabagana?

#### **FAYILO y'AMAZIMA**

*Okutabagana—* Okutereeza ebintu; okukyusa enneewulira oba endowooza y'omuntu eri omulala; oba okusasula ebbanja eribanjibwa.

*Temubeeranga na bbanja lyonna eri omuntu yenna, wabula okwagalananga; kubanga ayagala muntu munne, ng'atuukirizza amateeka. (Abaruumi 13:8)*

### **Ebbanja Eribanjibwa.**

Ng'Abakristaayo tulina ebbanja lye tulina okusasula Katonda yennyini ly'agamba nti tulina okusasula abalala: okubaagala mu birowoozo, mu bigambo, ne mu bikolwa. Kuno kw'ogatta n'okusonyiwa abo abatulumya. Abakristaayo bangi bakuuma obukaawu, obusungu oba obutasonyiwa omuntu era ne balaga obutuufu bw'enneewulira zino kubanga omuntu ono tannasulira nsobi ye oba okutwala obuvunaanyizibwa ku nneeyisa ye. Naye tujja kulumizibwa abalala, n'abo abateekeddwa okutwagala, oba mu butamanya oba mu bugenderevu.

Ekigambo *sonyiwa* kigambo kikozi—kikolwa. Katonda akozesa Ekigambo kye okwogera naawe mu kiseera kino, ng'abikkula amazima ageetaagisa okukola. Okusonyiwa si kyangu. Kiyinza okuyamba okunoonya obuwagizi n'obuvunaanyizibwa bw'Omukristaayo akuze mu by'omwoyo okukukubiriza okulaba nti otukuriza akikolwa kino.

Wandiika okweyama kwo okusonyiwa omuntu oba abantu oba okusaba okusonyiyibwa olw'ebyo Katonda bye yakubikkulira. Weewe nsalesale gy'olina otukuriza akikolwa kino.

---



---



---



---



---



---

*"Kubanga bwe munaasonyiwanga abantu ebyonoono byabwe, nammwe Kitammwe ali mu ggulu anaabasonyiwanga." (Matayo 6:14)*



Mu mbeera ezimu, olw'ontekateeka eyetagisa, ssente z'entambula, obukuumi gy'oli, oba obusobozi bw'omuntu omulala okusirika ekiseera ekimala okukuleka okwogera ky'olina okwogera, ebbaluwa, email, obubaka bw'okusimu oba okukuba essimu ziyinza okuba emikutu egisinga obulungi.

### **Byolina Okujjukira Mu By'Empuliziganya**

Ensonga zino zikuume mu birowoozo ng'oyogera oba ng'owuliziganya mu buwandiike.

1. Kino okikola olw'okugondera Kitaawo ow'omu ggulu, akwagala era akufaako.
2. Ayagala ove mu buddu n'okunyigirizibwa kw'obadde oyitamu nga kiva ku butasonyiwa.
3. Teweetaaga kunyonyola buli kantu akalaga nti bakusobya.
4. Emirundi mingi naddala ng'asonyiwa omwagalwa wo mubufumbo, ayinza obutamanya ky'akoze okukulumya.
5. Towaliriza balala kukkiriza misango gyabwe.
6. Katonda akuyise okumugondera, so si kubeera munnamateeka avunaana, omulamuzi, oba okugezaako okubaleetera okwatula nti bye baakola bikyamu.
7. Kikuume nga kimpi.
8. Emirundi mingi, olw'enneewulira ey'amaanyi, tusobola okwesanga nga twogedde ebintu bye tutagenderera kwogera ne tutyoboola ekigendererwa ky'olukiiko, embooji, oba ebbaluwa.
9. N'ekisembayo (bwe kiba nga kituufu), saba okusonyiyibwa olw'okubasibira obusungu.
10. Jjukira nti bayinza okuba nga byebaakola byali bikyamu era nga binyiiza, naye obukaawu n'obutasonyiwa kyenkanyi bikyamu.

*ku lunaku olwo, okusinziira ku njiri yange, Katonda asala omusango gw'ebyama by'abantu ku bwa Yesu Kristo. (Abaruumi 2:16)*

*Kyova olema okubeera n'eky'okuwoza, ggwe omuntu, kyonna kyoli, bw'osalira omulala omusango; kubanga mu kusalira abalala omusango, naawe oba ogwesalidde okukusinga; kuba bo bye bakola, naawe agusala by'okolera ddala. (Romans 2:1)*

Ekigero kye nsobola era kye ndi omwetegefu okusonyiwa abalala kiraga bulungi ekigero nze kennyini kye nnalaba Katonda Kitange okusonyiwa. —**Phillip Keller**

## Okukuuma Obweyamo Bwo obw'Okusonyiwa

Oyinza okusanga olutalo wakati w'Omwoyo n'omubiri ng'omaze okusaba okusonyiyibwa oba okusonyiwa omuntu omulala.

<sup>22</sup>Naye ebibala by'Omwoyo kwe kwagala, okusanyuka, emirembe, okugumiikiriza, ekisa, obulungi, okukkiriza, <sup>23</sup>obuwombeefu, okwegendereza: ku biri ng'ebyo tewali mateeka. <sup>24</sup>N'abo aba Kristo Yesu baakomerera omubiri wamu n'omululu gwagwo n'okwegomba kwagwo.

<sup>25</sup>Bwe tuba abalamu ku bw'Omwoyo, era tutambulenga ku bw'Omwoyo. <sup>26</sup>Tuleme okwenyumiririzanga obwereere, nga twesunguwaza fekka na fekka, nga tetukwatibwa buggya fekka na fekka. (Galatians 5:22–26)

Obumanyirivu bw'okusonyiwa bujja kukukyusa ne bokolagana n'aabo okumala ekiseera. Katonda afunye obuwanguzi obw'amaanyi mu bulamu bwo, okukutuusa mu kifo kino eky'okwewaayo n'obuwulize. Naye eno ntandikwa yokka. Kati olina okufuba okulaba nti oyita mu nkyukakyuka ezeetaagisa. Kino kijja kwetaagisa okunoonya Katonda buli lunaku olw'amaanyi ge okweyongerayo mu kkubo lyo ery'okusaasira n'okukwatibwa ekisa.

